Luganda
The Spoken Word Is The Original Seed
62-0318E

Obubaka Obwabuulirwa William Marrion Branham

"... mu nnaku z'eddoboozi ..." Okub. 10:7

Ekigambo Ekyogere Y'Ensigo Nnakabala # 2

Jeffersonville, IN USA
Maaci 18, 1962

Ennyanjula

Obuweereza obwayatiikirira obwa William Branham kwaali okuddamu okw'Omwoyo Omutukuvu eri obunnabbi obw'Ebyawandiikibwa mu Malaki 4:5,6, Lukka 17:30, n'Okubikkulirwa 10:7. Buno obuweereza obw'ensi yonna ebadde entikko ey'obunnabbi obulala bungi obwa Bayibuli, n'okugenda mu maaso okw'okukola kwa Katonda n'Omwoyo We Omutukuvu mu Biseera bino eby'Oluvannyuma. Obuweereza buno bwayogerwako mu Byawandiikibwa, okuteekateeka abantu olw'Okukomawo okw'Omulundi ogw'okubiri okwa Yesu Kristo.

Tusaba nti Ekigambo ekyakubibwa kinnafuuka obuwandiike mu mutima gwo bw'osoma obubaka buno eno nga bw'osaba.

Okufuba kwonna kukoledwa okukutuusaako obuwandiike obutakyusidwamu, entambi z'okuwuliriza ez'Olungereza ze zisinga okuba ennungi ez'obubaka obwayogerwa Ow'oluganda Branham.

Ebika by'entambi n'ebitabo eby'obubaka obusoba mu 1,100 obwabuulirwa William Branham kati obufuna ku bwereere okubuggya n'okubukubisa mu nnimi nnyingi ku:

www.messagehub.info

Obubaka buno osobola okubukopa n'okubugaba kasita bubeera nga bukopeddwa nga bwe buli, tebukyusiddwamu, era nga bugabibwa ku bwereere.

ku mmwe wano alemererwa n'okusubwa ekiseera ekyo eky'ekitalo ekijja.

296 Kati, mikwano, nnenyezeddwa olw'ebintu bingi, era ebintu bingi ebinnennyamiza. Nngaaniddwa; ekyo bwe kiri. Simanyi lwaki bwe kiri. Nneetaagayo omuntu ansindiikirize nsobole okulwana. Simanyi; obwo butonde. Nkoze ebintu bye mbadde siteekeddwa kukola, nga seeyagalidde, naye nkyenyigiddemu. Ekyo kye kindeetera okutya, okulaba mu lunaku luno (ekiseera kye tulimu)—era kati mulabye kye nzikiriza. Njagala nnyo okuwulira okuva eri Katonda bwe kiba kisoboka, nga sinnabaako kye nkola, olaba, kubanga saagala kumuyiwa. Njagala kubeera naye buli wamu. Era njagala munsabire.

297 Kati jjukira, mbabuulidde amazima. Era mbeebaza okutuula wano olunaku luno lwonna (okuva ku makya ennyo); bangi nga muyimiridde mu bisenge ne mu nkuubo, ebigere n'amagulu bijugumira, n'abalala abatudde ebweru mu mamotoka; bbaatule zammwe zinaatera n'okuggwaamu, kati kye kino: byonna biri ku lutambi. Abaana babitaddeko, mujja kuba nga musobola okuzifuna.

298 Era bwe muzifuna, muzitwale eka muzetegereze nnyo n'amagezi, mulabe Mukama ky'anaababikkulira. Mumwagala? Teddy ali wa? Nga tetunnasabira butambaala buno n'abantu, njagala kubasabira buli omu ku mmwe. Kati njagala kuyimba oluyimba luno, olwo ow'oluganda Neville alange ebirango eby'olukunngaana luli.

Mmwagala, mmwagala (Mwagala Ekigambo kye?)
Kubanga ye yasooka okunjagala Nangulira obulokozi
Ku muti e Kalivaaliyo.

299 [Ebbanga ejjereere ku lutambi]... lowooza, Katonda, yennyini, okuwa okuvvuunula okw'obwakatonda; Mukama, ndi mukakafu, bwe mba ndeese Kigambo, kijja kugwa ku abo abaateekebwateekebwa okugwako. Ekigambo kyo mazima. Kitange, gunsinze kubanga nkuyiye emirundi mingi. Era nkusaba onsonyiwe. Nsaba osonyiwe ekibiina kyange, ekiri wano n'ekitali wano, ebibi byabwe byonna; nti era Mukama Katonda, tutegeere nti tuli ku nkomerero y'olugendo. Buli kabonero kali ddala wano wetuli. Mukama, ndi mukakafu nti endowooza y'omwoyo, etwala ekyo kye naakogerako eddakiika ntono eziyise. Mukama, nsaba bategeere, nti tuli... awo wetuli.

Ekigambo Ekyogere Y'Ensigo Nnakabala # 2

1 Buli omu awulira bulingi kaakati? Kale kati, tugenda kutandikira ddala okutuusa ettumbi, kati olwo tujja... Tuli basanyufu kubanga Katonda atuyambye, era n'atuwa omukisa.

2 Kaakati, nga tetunnatandika nate, ka tumale okubaako kye tusaba eri oyo gwe twogera naye.

3 Kitaffe ow'omu ggulu ow'ekisa, owulidde obujulizi bwa nnamukadde ono, omutukuvu, owa Katonda. Mu myaka gyonna, ye ne mukyala we bambi, nga bakolera wamu, omukyala bwe yakwekwatako n'okwegayirira okufuula omwami we omubuulizi, kati wuuno wano. Era bwe yali awo ng'agalamidde ng'afa, abasawo abasingayo mu ggwanga nga bagamba nti awedde, "Takyayinza kuba mulamu wabula essaawa entono. Awedde; omubiri gwe guliiriddwa kookolo; tagenda kuddamu kutambula wadde—okuliibwa mu bukongovvule bwe n'ebirala bye bimututte." Naye wuuno wano, wayise emyaka, akyeyongerayo. Kitaffe, tukwebaza nnyo. Kikakasa nti ensi bwe yateekebwawo, n'efukirirwa, n'ereeta ebimera.

4 Kitaffe, kati tukusaba, otukkirize tubeeko kye tusoma mu Kigambo kyo olweggulo luno. Mukama, bwe kiba Kigambo kyo, ate twagala okukireeta nga bwe kiri, olwo okifukirire, n'Omwoyo.

5 Kati twagala kwanguwa. Mukyala wange ku makya abadde ambuulira ku ngeri abantu gye bazibuwalirwa... omanyi, amagulu gaabwe gabaluma n'ebirala—abakazi, n'abantu bangi kati nga nze abagenda bakaddiwa ne bayimirira bwe batyo. Ekyo nkisiima—obwasseruganda bwammwe. Era kati, tuddeyo butereevu ku bubaka tugende mu maaso. Saagala kupapa nnyo, ate nga njagala twanguweko kino tusobola okukimaliriza eggulo lino bwe kiba kisoboka. Amangu ddala nga tukimaze, tugenda butereevu mu Tifton, Georgia, si nti olukunngaana lweyongereyo; tujja kubeera ku High School Auditorium olunaku lumu. Lwe lunaku lw'enkya, ate... lukunngaana lwa kubuulira; era nja kubeera n'ekyokuyigako kitono ekyabulijjo oba ekyo kye mbuuliddeko wano kubanga kusisinkana busisinkanyi n'abantu abo eyo. Si lukunngaana lwa buli lunaku oba kyonna.

LUB1:11 LUK8:11

6 Kale tu... era kati amakya gano twakomekkerezza nga twogera ku ky'okuyigako kyaffe ekiri mu Lubereberye essuula esooka, olunyiriri lwa 11, ng'omulamwa: "Ekigambo Ekyogere Y'ensigo Nnakabala." Kati ekigendererwa kyange amakya gano n'olwaleero kwe kugezaako okunnyonnyola abantu—okugezaako okunnyonnyola abantu enkola zange kati, era lwaki nkoze ebintu bye nkola kati. Nga nkimanyi nti entambi zino zikwatiddwa era zijja kugabibwa; osanga abantu bangi bajja baliziwuliriza bwe ndimala okuva wano, Yesu bw'aliba aluddeyo; naye nngamba nti nzikiriza Ekigambo kya Katonda, nti ge... ago ge mazima.

7 Kati twakomye awo nti... mu nnaku ez'oluvannyuma. Kiki ekyaba ku buweereza bw'ababuulizi obwanyeenya eggwanga emyaka mitono egiyise ne kirabika nti bwonna bwazikira. Kati, sigamba nti bavudde mu lwokaano. Bakyagenda mu maaso, naye kirabika nti, tewakyali kibuvaamu, tebakyeyongerayo, olaba. Kiki ekyabaawo?—ennimiro ewedde okusiga,

olaba. Kati jjukira, teweerabira...

YO2:28

8 Waliwo eyansabye okuddamu nate Ekigambo ekyo eky'Olwebbulaniya. Mu Yoweeri essuula 2 (Yoweeri 2:28) waayogerera ku nkuba eya ttoggo n'eya ddumbi, ekigambo "former" ky'ekigambo eky'Olwebbulaniya m-o-u-r-e-h, moureh, ekitegeeza okuyigiriza. Mu ngeri endala, enkuba ey'okuyigiriza n'enkuba ey'okukungula. Kati enkuba y'okuyigiriza tugifunye, era twetegekedde enkuba y'amakungula. Omanyi enkuba esooka y'eyo mwosigira ensigo. Eyo etandisa ekimera kyo okukula. Eyo gye bayita enkuba y'amakungula. Tumanyi nti bwe—enkuba etojjeza, olwo ate eya jjuuni, y'ekikuza ekimera kyo.

9 Kati, twakizudde ng'enkuba gwe Mwoyo. Era kati nakomye awo we naweeredde ekirowoozo kyange ku kintu kyonna bwe kinaabeera ekyo, kye nzikiriza nti enkuba etuweereddwa—enkuba. Eyo y'ensonga lwaki tusirisiddwa, kubanga ettaka lisigiddwa. Kizibu okubaako w'osanga nga tewasigiddwa. Era kigenze okuyita mu laadiyo, ttivvi, entambi, ekigambo, ne byonna. Kisigiddwa wonna mu ggwanga. Ensigo zisigiddwa. Kati nsigo ki ezisigiddwa, tolina kirala kyosobola kuggyamu wabula ekyo kye wasiga. Kati musobola okukitegeera? Eteekwa kuba nsigo eyo eyasimbibwa. Kati, enkuba eyinza okutonnya, naye ejja kuleeta amakungula g'eyo ensigo yennyini kw'etonnye. Kati, jjukira.

KUB13:15,17

10 Kale, ndagula nti ebibiina by'amadiini ebibiri, Pentekoote n'ekya Evangelical, bijja kukolera wamu mu kibiina ky'eddiini, bijja kwegattira wamu, era bafuuke bammemba (bonna) ba ttabamiruka w'olukiiko lw'amakanisa oba olukiiko olugatta amakanisa. Gye baamala edda okubeera—bonna bonna. Era okuyita mu bo wajja kubeerawo okukakibwa oba okujeema, okunaaziyiza ebirala wabula ekyo ekiri mu makanisa ago ageegatta. Ekyo ye... Bayibuli egamba nti wagenda kubaawo ekkobaane, ekirireetera n'abantu okuba nga tebasobola kugula oba okutunda wabula nga balina kino, akabonero k'ensolo, nga y'enkola ya Rooma, n'ekifaananyi ky'ensolo, nga bwe Pulotesitante, nga ekifaananyi... ensolo yalina amaanyi, n'obuyinza okuwa ekifaananyi obulamu okwogera, era n'ekikikola. Kati ekyo kwe kwegatta kw'amakanisa, bwe beegatta awamu.

11 Kati, wano waliwo ebibiina by'abavubuka bingi. Simanyi, Yesu ayinza okukomawo eggulo lino; ayinza okudda omwaka ogujja. Simanyi ddi lw'anaakomawo. Naye jjukira, bwe sibeerewo kulaba lunaku olwo olw'okujja kwe—kye nsuubira nti naabaawo, era nsuubira nnyinza okubaawo—kati bwe siirulabe, toganya bigambo bino kuva mu matu go ne mu mutima gwo. Jjukira bujjukizi nti, nkyogera mu linnya lya Mukama. Kati, nzikiriza n'omutima gwange gwonna, eyo y'engeri gye kirikomekkereza. Walibeerawo okwegatta, ekkobaane. Ebifo byonna nga kino biriggalwawo. Era olibeera tosobola kwogera wabula ng'ofunye olukusa oba ebbaluwa okuva mu ttabamiruka w'amakanisa okukuba olukunngaana.

12 Kiringa kumpi... kikiraga nti kati kikoleddwa mu bibiina by'amadiini. Kiragira ddala we kiri. Yee, ssebo, muteekwa okukiraba. Era awo we kigenda

ky'essaawa. Kyayita okuva mu nsonda ennya ez'ensi n'ekiggyayo abalonde ab'o mulembe. Okuyita mu bo abalonde bazimbye ennyumba ya Katonda omulamu.

291 Kati, obuweereza buno wano bulina okutuukirira okutuusa buli mulimu Yesu gwe yakola—kubanga bw'ajja, ejjinja ly'oku ntikko lwe linaakwatira ddala ku kyo, kubanga teba... Wabeerewo okukwakkulibwa, bagenda kujja n'ekitundu ky'omubiri ekisigadde; olwo ng'agenze mu ggulu. Mikwano, si kibiina kya ddiini, ekkanisa y'Ekigambo kya Katonda. Mukikkiriza? Waliwo wano obutambaala, wano.

Kaakati, nga nngenda, sirina we mmanyi. Nnoonya, okwagala kwa Katonda, nga nammwe bwe muli. Singa nsobola okusigala mu tabernacle eno; sisobola kukikola. Waliwo nkumi... mpulira okukaaba... emyoyo emibi gibataagula. Sisobola kwebaka. Mpulira abaana bambi nga bakaaba ndaba bamaama nga banyigiriza abaana baabwe mu lunyiriri lw'ab'okusabira, ndaba bamaama abalala nga babikkiridde abaana, mu luggya nga bababisseeko enkuba ereme okubakuba. Omutima gwange gukulukuta ku lwabwe.

292 Bwe twazimba ekkanisa eno, olunaku lwe nasimba ejjinja ly'oku nsonda wali, nzijukira ekwolesebwa okwo amakya ago. Kyawandiikibwako ku jjinja ly'oku nsonda; nga kigamba, "Eno si kkanisa yo. Kola omulimu gw'enjiri y'ebweru; kola amazima amajjuvu ag'obuweereza bwo." Njagala; njagala abaana ba Katonda yonna gye bali. Simanyi gy'agenda kuntwala. Simanyi; nindirira. Nindiridde okumala omwaka, nnyinza okulindirira okumala emyaka ebiri; nnyinza okulindirira esatu, simanyi. Simany kiddako. Nkirindirira. Naye, nsuubira okusinziira mu Byawandiikibwa, ekigambo kisigiddwa. Ekintu ekiddako kwe kujja kw'Omwoyo.

293 Billy Graham ayinza okubuulira wonna; Oral Roberts, abasajja ba Katonda abo bayinza okubuuli buli wantu. Mukama ayinza okuntuma okusiga ensigo buli wantu (mu nnimiro awantu), naye nzikiriza eggwanga lyaffe lisigiddwa, nzikiriza lyetegese kati olw'amakungula.

294 Omwoyo bw'akka wabaawo okugenda mu maaso eri abantu, ebibiina by'amadiini bijja kwekunngaanyiza wamu ddala nga bwe ndi ku kituuti. Era ekkanisa ya Katonda ejja kugobebwa, era bajja kubafuula ekitagasa okutuusa lwe banaagigatta ne beekobaanira oyo yenna atali mu bo. Rooma, ejja kufuga ensi mu ssaawa emu. Ejja kufugira ebbanga ttono. Si naakalyako-ani—Rooma, ejja kufuga ensi ng'ekolagana n'Abapolotesitante, mu nkola y'ekkanisa ey'ebibiina by'amadiini, Katonda gye yagaana. Ekyo kiri kumpi nga bwe mmanyi Ekigambo kya Katonda.

295 Mbaagala. Mbasiima. Oba oli awo nja kudda ku sande nga wayiseewo wiiki. Kati nngenda mu Florida, Mukama ng'ayagadde, mu Georgia olunaku lw'enkya. Nnina enkunngaana ezeetoolodde. Mukama bw'anankulembera, nnina ekitabo mwe zijjudde ow'oluaganda Roberson... manya Boarders kye yampeereza jjuuzi. Nsuubira waliwo... awali ebifo waliyo amakanisa amakuni asatu oba ana gaasuubira okukolagana nago, naye Omwoyo alabika anziyiza. Simanyi lwaki. Simanyi lwaki. Kale munsabire, nange nja kubasabira. Tuyimirire wamu. Nsaba Katonda atuyambe. Nsaba waleme okubaawo omu

gw'Endiga gwa Katonda!" kigenda kuva mu kamwa ke. Katonda tuyambe okwategekera omukolo guno ogusembedde. Kati, kisingako nkibeere okutandikira wano.

285 Mukkiriza? Kino lwaki kibaddewo? Kati mutegedde? Mukwano, Kigambo. Zino zibadde nga ssaawa mukaaga (tukituuseeko), ttaano-n'ekitundu oba mukaaga. Waliwo bingi ebirala eby'okwogera, naye mazima mu kiseera kino Omwoyo Omutukuvu amaze okukisimbira ddala mu mmwe, okumanya kye njogerako. Tuli mu kiseera eky'enkomerero. Kati ensigo zisigiddwa; enkuba ya ddumbi eteekateeka okujja.

286 Jjukira, mangu ddala wagenda kubeerawo okukunngaana kw'ebibiina by'amadiini; kujja kubeera kulungi nnyo. Era bagenda kwekunngaanyiza wamu mu lukiiko lw'amakanisa, olwo ekkanisa ey'engeri eno egenda kugobebwa mu kukolagana (ddala nga bwe bamanyi). Mu kiseera ekyo Yesu w'alirabikira, alage omugole y'ani era n'atali.

KUB13:16,17

287 Kati jjukira, mikwano Abakulisitaayo, ndi muntu; nsobya, naye Katonda, nga bw'ali Katonda, takola nsobi. Ebigambo byonna ebyawandikibwa birina okutuukirira, ekyo Yesu yakyogera. Kale tulina wano ekintu mu Byawandiikibwa, ekirina okutuukirira, era kino kye kimu ku bintu ebyo—ekkobaane lino okubaawo. Naye ng'ekkobaane lino terinnabaawo (okulambibwa ensolo), walina okubaawo ensigo esigiddwa olwa Katonda okuggyamu ekkanisa. Kati mutegeera? Ensigo esigiddwa. Ensigo y'ebibiina by'eddiini—okukola enkola manya ekifananyi ky'ensolo (Ekereziya y'e Rooma); era wateekwa okubaawo omugole omutuufu.

288 Era tukimanyi nti omugole wa naleero agaaniddwa. Omugole wa Adamu yagaanibwa okuzaala obulamu. Yaleeta okufa; ffe kintu ekyamuvaamu (emibiri gyaffe); ffenna tufa. Tutunuulire, osobola okulaba.

289 Omugole wa Yakuwa yafa; yamugoba ne yeefunira abantu okubaggya mu Baamawanga olw'erinnya lye. Si bwe kiri? Erinnya lye... ng'omukazi bw'atwala erinnya ly'omusajja, omugole. Kati akoze ki? Ekintu kye kimu nga bwe baakola ku mulundi guli, yeekolamu ekibiina; n'ayonooneka. Naye mu buli mulembe, buli okudda obuggya kuleetayo nnabbi wa Katonda (nnabbi mubuulizi, omubuulizi omutuufu ku Kigambo abeera n'Ekigambo), ne baleeta okudda obuggya okukunngaanya abalonde okubaggya mu mulembe ogwo. Olwo n'afuuka ensigo. Olwo Katonda taddamu kugukozesa nate. Mbuuza eyasomerera eby'eddiini yenna, munnabyafaayo yenna okumbuulirayo omulundi gumu ekibiina ky'eddiini lwe kyagolokoka; tekikikolangako. Bwe yeekolamu ekibiina yafa, era awo waali.

290 Ndowooza ku Dwight Moody (Bayibuli ya Moody), mufu n'okusinga ettumbi. Ndowooza ku Bamethodist, Abapentekoote, Abapresbyterian, Abaluther, Abanazaleni, aba Pilgrim Holliness; abasajja ba Katonda abaagolokoka, Buddy Robinson ne George Whitfield n'abo abalala abasajja ba Katonda abaabuulira enjiri, omulembe ogwo gwafuna ensigo eyasigibwa olw'ekitundu kyabwe. Ng'empeke—oba yali nduli, oba kikoola, oba kakuta, oba mpeke, kyonna kye kyali, omuweereza oyo yaleete Ekigambo

okukomekkerezebwa. Okwo kwe kulagula kwange, ng'omuddu wa Kristo okuyita mu kutegeera kwennina okw'Ekigambo n'okulunngamizibwa. Obubonero bwonna busonze ku nkomerero. Nkifuna okuyita mu kwogera ku ekyo.

MAT25:8 2KOL11:2 KUB17:5,6 KUB18:24

13 Era kiri n'eri embeerera ensiru... bw'etandika okusaba amafuta. Kati jjukira, yali mbeerera, era bw'aba nga y'embeerera, y'ekkanisa. Olaba, ekyo tujja kukigendako eggulo lino mu Kubikkulirwa. Bw'aba nga mbeerera, y'ekkanisa, embeerera. Pawulo yagamba nti, "Mbaleeta eri Kristo ng'omuwala omulongoofu." Omwenzi w'omu Kubikkulirwa 17 yali kkanisa. Yokaana yamwegomba olw'obulungi bwe, ekyo kye yali; yali mulungi, naye kyokka mu ye mwe mwasangibwa omusaayi gw'abatukuvu ba Yesu Kristo—battirwa mu ye. ky'ekyo.

KUB17:6 KUB18:24

14 Nsuubira bulinga obukadde nkaaga-mu-munaana obw'abajulizi Ekereziya Katolika be yaakatta okuva ku Mut. Augustine ow'e Hippo. Abapolotesitante obukadde nkaaga-mu-munaana be battibwa Ekereziya Katolika ne balangirira mu biwandiiko nti batukuvu olw'obutakkiriziganya na njigiriza yaabwe. Y'ensonga lwaki Bayibuli egamba nti, "Mu ye mwe mwasangibwa omusaayi gwa buli mutukuvu."

LUK8:11 KUB17:6 KUB18:24

15 Kaakati, kati Yesu teyagamba nti walibaawo ekiseera lwe balibatta, nga balowooza nti bakolera Katonda omulimu, ng'era beesigwa mu ekyo. Si bannanfuusi. Ekyo bakikkiriza; baayigirizibwa batyo. Era Ekigambo ekyo bwe kyasigibwa, kyalina okuvaamu ekisimbe. Ekyo ky'ekyokuyigako kyaffe—ensigo yaffe. Ekigambo kya Katonda ekyogere eba nsigo, olaba. Kirina okukomawo ku Kigambo kino, era Ekigambo ekyo kijja kuvaamu ekyo kye kyogera.

LUB46:2 LUK9:1

16 Eyo y'ensonga lwaki nzkiririza mu kuwonyezebwa okw'obwakatonda; y'ensonga lwaki nzikiririza mu kwolesebwa; eyo y'ensonga lwaki nzikiririza mu bamalayika; eyo y'ensonga lwaki nzikiririza mu bubaka buno, eri nti biva mu Kigambo kya Katonda. Era kyonna ekiri ebweru w'Ekigambo kya Katonda, sikikkiriza. Kiyinza okuba kyo, naye era njakusigala n'ekyo Katonda kye yagamba olwo mmanye nti ndi mutuufu. Kati Katonda asobola okukola kyonna ky'ayagala; Ye Katonda. Naye kasita nsigala n'Ekigambo kye, olwo ne mmanya nti ekyo ky'ekyo. Ekyo nkikkiriza.

KUV13:21 YOK1:14 YOK14:16,26 YOK15:26

17 Kati, embeerera eno ensiru mukazi, kkanisa, naye nsiru, olaba. Yagayaala bugayaazi. Kyokka nga yeeyita mugole. Kati jjukira nti byonna bitambulira mu ssatu olw'okutuukirizibwa. Ssatu y'ennamba y'okutuukirira. Woofiisi za Katonda—Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Katonda, nga ye Kitaffe, ye yali Katonda eyali mu mpagi ey'omuliro. Yali agezaako okusembeza Isiraeri gy'ali. Ne batayinza kujja. Katonda, nga Kitaffe, yabeera mu Mwana, ekyamufuula Katonda Omwana—Katonda y'omu, ekifaananyi kya Katonda ekirabisiddwa, okweyoleka kw'ensigo ya Katonda, ng'agezaako okuwalulira abantu gy'ali—baamukomerera. Omwoyo Omutukuvu ye Katonda y'omu eyaliwo ku lubereberye mu Mwana wa Katonda nga kati ali

wano mu woofiisi ya Katonda endala mu nnaku ezisembayo, ng'ali mu kkanisa, ng'agezaako okuleeta Ekigambo (Ekigambo ekyogere nga woofiisi ziri endala bwe zaakola) eri abantu, naye ne bakigaana. Ky'ekintu kye kimu. Ze ziwoofiisi essatu oba okulabisibwa kwa Katonda omu ng'akola. Era Katonda ng'akolera mu bantu be leero ye Katonda ng'akola, olaba. Ye Katonda mu bantu.

18 Ekyo nja kukyogerako olunaku lw'enkya, Katonda ng'ayagadde—Katonda mu butonde bwe, Katonda mu Mwana, Katonda mu bantu be, n'ebirala. Nsuubira, kati ekyo nakyogerako nga sinnaba kujja wano.

LUB18:2 MAT25:9,10

19 Kati olwo, embeerera eno ensiru, bwe yagenda okugula amafuta—yatumibwa okugenda okugula amafuta. Bwe yakikola, yeesanga ng'obudde buyise. Lwaki? Mikwano, lwaki?—ensigo zisigiddwa. Ne mu kiseera kya Sodoma baali basatu. Buli kiseera wabaddengawo omuwendo gwa ssatu. Waliwo okujja kwa Kristo kwa mirundi esatu. Lumu yajja okununula omugole we. Oluddako ajja mu kukwakkulibwa okutwala omugole we. Akomewo nate n'omugole we mu myaka lukumi. Buli kimu kiri mu busatu. Obusatu muwendo gwa kutuukirira. Ttaano gwe muwendo ogw'ekisa. Musanvu—kumaliriza; kkumi-na-bbiri—kusinza; abiri-mu-nnya... manya ana—kukemebwa; ate ataano jjubiri. Ekigambo kyennyini "Pentekoote" kitegeeza jjubiri—ataano, olaba.

KUB17:2,5

20 Kati, era kati Katonda yeeragira mu miwendo gye, atuukiridde mu miwendo gye; atuukiridde mu Kigambo kye; atuukiridde mu bikolwa bye; atuukiridde mu buli kimu kubanga ye Katonda atuukiridde. Era twakirabye nga mu mbeerera zino—kati laba, mu Byibuli ziyitibwa mwenzi. (Kati, njagala bannyinaze bansonyiwe. Ekyo Bayibuli ky'egamba. Olwaleero nkyogera mu lwatu.) Emuyita mwenzi era nnyina w'abenzi, nga ky'ekintu kye kimu.

KUB17:5

21 Kati, bwe weetegereza, waliwo omwenzi ayogerwako mu Bayibuli, nga y'ekkanisa, omwenzi ayogerwako mu Bayibuli, eyo y'ekkanisa, n'omugole ayogerwako mu Bayibuli, nayo kkanisa. By'ebyo ebisatu. Nngenda kubigendamu oluvannyuma mbalage nannyini bagole abo n'engeri gye bagaaniddwamu ne byonna ku kyo Mukama bw'anaaba ayagadde.

22 Kati, ekintu ekisooka... ka nsooke njogere kino nga sinnakyerabira. Temutyanga naakalyako-ani. Naakalyako-ani akolera bukolezi mu mikono gya Katonda. Kintu si kya bwakatonda nga ddala Nebukaduneeza bwe yali, naye yamutumayo n'asuula Isiraeri olw'obujeemu bwabwe. Nnabbi yababuulira ekyali kigenda okujja nti musigale mu nsi yammwe mujjukire Katonda, era ne batakikola; beeyongerayo bwe batyo, awo kabaka n'afuluma butereevu n'abawamba, kubanga yagamba nti ajja kukikola. Naakalyako-ani kintu eki... Ensonga lwaki naakalyako-ani yagolokoka eri nti Ekereziya Katolika yeewanngamya ku Russia. Baatwala ssente zonna era ne byonna ne babikweka, era ebyo bye byakireesa. Ekyo kyennyini ky'ekyagolokosa naakalyako-ani.

kyawandiikibwa oba nedda." Yesu yatulabula ku bintu ebyo mu nnaku ezisembayo. Nga bwe nngambye, mu Matayo 24, emyoyo ebiri, nga kumpi gifaananagana, kirimbe n'abalonde oba kiyinzika. Onoobamanya otya? Bagezese na Kigambo. Onoobamanya otya? Yogera Ekigambo; olabe kye bakyogerako. Bwe baba tebakkiriza Kigambo, mu bo temubaamu kasigo ka bulamu. Baba mubi ne bakulimba. Ng'omugole eyasooka bwe yalimbibwa, bwe kityo n'omugole owookubiri yalimbibwa. Be balimbi b'omugole owookusatu nga batabulatabula Ekigambo, oba nga bagezaako.

280 Katonda tagulumizanga bubonero kusinga Kigambo kye. (Amiina! Ekyo kyokya.) Katonda tagulumizanga bubonero kusinga Kigambo kye. Bw'agattibwako kukakasa Kigambo kye, naye Ekigambo kye kisooka.

1BASSEK17:11

281 Okukikakasa, Eriya yagamba omukazi nti, "Nfumbira akamere, okusooka." Olwo olabe ekyamagero nga kibaawo. Jjangi eri Ekigambo okusooka olyoke olabe ekyamagero. Ensigo y'Ekigambo yennyini Omwoyo Omutukuvu gy'awa amaanyi. Omubaka atumiddwa okuva eri Katonda ayinza atya okukkirizaako Ebyawandiikibwa ebimu naye si Ekigambo kyonna?—ne yeegaana ekitundu ku kyo.

MAL4:5 MAT3:7 MAT12:34 MAT23:33 LUK3:7

282 Nnabbi wa Katonda omutuufu agenda kwogera Kigambo mu nnaku ezisembayo; ebibiina by'amadiini bigenda kumukyawa. Tagenda kulwanagana nabo. Agenda kubeera ng'oyo eyajja mu kujja kwa Kristo okwasooka. "Mmwe abaana ab'emisota!" Naye abalonde bajja kuwulira beetegekere okubala kw'akaddannyuma. Ensingo ennangira ey'okukkiriza kwa Ibulayimu (nga ye) nga yeekutte ku Kigambo kya Katonda, nga tefuddeeyo, kubanga yalondebwa. Omubaka wa Malaki 4 ajja kulabika mu kiseera kya Katonda ekituufu. Ffenna tumulindiridde. Tukkiriza nti agenda kujja. Ekyo kiri ku kusinziira ku Kigambo kye; kijja kubeerawo mu kiseera eky'enkomerero, nga kino ky'ekiseera okukiraba.

LUK17:28

283 Agenda kuba nga yaweebwayo bulungi ddala eri Ekigambo nga bwe kibaddenga; ng'alagibwa n'Ekigambokya Katonda—n'okulabisibwa. Katonda agenda kwoleka ky'abuulira okuba amazima nga bwe yakola Eriya; kuba kujja kwa Eriya, nga kuteekateeka okukwakkulibwa kw'Olusozi Sayuni. Yesu yagamba nti ennaku ezisembayo zigenda kubeera nga mu kiseera kya Lutti. Okubuulira kwe kulibeera n'Omwoyo era ddala mu lunyiriri lw'Ekigambo kya Katonda. Kubanga bingi biyitiddwa amazima ga Katonda, bangi tebagenda kutegeera mubaka ono omutuufu. (Nawandiise wano obunnabbi, obunnabbi.) Kubanga bingi ebiyitiddwa amazima ga Katonda n'abakyamu, abaweereza bangi abatuufu abataageere mubaka ono.

YOK1:29,36

284 Ng'ekiseera eky'enkomerero... nzikiriza, obunnabbi bugenda kweddamu. Ng'eyakulembera okujja okwasooka bwe yava mu ddungu n'ayogerera waggulu nti, "Laba Omwana gw'Endiga gwa Katonda," n'omukulembeze owookubiri alikorera ddala ekintu kye kimu ng'asongera abantu ku mugole azaaliddwa Ekigambo. Omugole wa Kristo agenda kusongerwa ddala mu bbanga kukulabisibwa kwa Yesu, ng'ayogerera waggulu nti, "Laba Omwana

kyayogerwa Mukama waffe... abantu, nga Eriya bwe yali ku mulundi ogwasooka eri ekiseera kya Akabu. Kijja kubaawo wano mu ggwanga lino, ng'eggwanga lino bwe liri ekifaananyi kya Isiraeri.

274 Soma, oba wuliriza "Eddiini ya Yezeberi." Ng'eggwanga lino.... Bajjajjaffe baasinzanga mu ngeri gye baayagalanga, mujje mu ggwanga lino mugobemu bannansi mugiwambe; bwe kityo nga Isiraeri bwe yawamba bwe baava e Misiri. Twalina abasajja ba Katonda nga Washington, Lincoln. Baalina abasajja ba Katonda ab'ekitalo nga Dawudi n'abalala. Ate ku ntebe baalinako Akabu ne Yezeberi emabega we okumulagirira—bwe tutyo naffe bwe tuli! Kale kiri mu kiseera kino, mu ggwanga lino, nti omuntu oyo agenda kujja. Kuba kiri mu Byawandiikibwa, era kiri "Bw'atyo bw'ayogera Mukama."

1BASSEK18:42 MAL3:1 MAT17:1,3,5

275 Olwo mu nkuba ya ttoggo olusozi Kalumeeri we lujjira, okusalawo eggoye—Bayibuli yatuukirizibwa n'eggwaayo. Yokaana omubatiza, omubaka we eyamukulembera ali mu Malaki 3 yasimba enkuba ya ddumbi n'agaanibwa amakanisa (ebibiina by'amadiini—Abafalisaayo n'abasaddukaayo) mu kiseera kye. Yesu yajja ne wabaawo okulabisibwa kw'Olusozi olw'Okuwaanyisibwa. Omubaka ono ow'ennaku ezisembayo y'alisiga olw'enkuba eya ddumbi. Yesu y'agenda okubeera eky'okusalawo wakati w'ebibiina by'amadiini n'ebikwate (nga ky'Ekigambo kino). Bw'Ajja, alabisibwa—okukwakkulibwa kw'omugole we! Ekyasooka lwali lusozi Kalumeeri; ekyaddako lwali lusozi olw'Okuwaanyisibwa; ekyokusatu kigenda kubeera lusozi Sayuni! Kitiibwa!

276 Enneeyisa ya Eriya, enneeyisa ya Musa, enneeyisa ya Yokaana, nga bava mu kisaawe kyabwe eky'obuweereza—bangi ku bantu tebaabategeera. Kiri lwa kubanga baaganibwa n'obubaka bwabwe. Ensigo yali esigiddwa; ng'omusango gwe guddako, era baali kabonera eri abantu okuva eri Katonda nti omusango gusembedde. Okusiga kwali kuwedde.

KUB13:16

277 Nzikiriza nti lumu omugole wa Kristo owannamaddala agenda kuwalirizibwa okulekeraawo okubuulira Ekigambo kya Katonda. Bayibuli ekiragulako mu Kubikkurirwa 13:16 (bwe muba mwagala okukiwandiika.) Ebibiina by'amadiini bijja kumuwalirirza okulekeraawo oba okukkiriza akabonero. Bwe kityo Omwana gw'Endiga bw'alitwala omugole we asalire omwenzi omusango olwa kino.

278 Jjukira Musa, yazaalibwa olw'omulimu, yalina okulindirira Katonda olw'ekirabo ekirala olw'omulimu. (Yalina okuddayo n'alindirira) Olw'ekiseera kya Katonda ekituufu ku namulondo kwali kulina okubeerako Falaawo omulala. Era abantu baali balina okubeera n'obwetaavu bw'emmere ey'obulamu nga Katonda tannamutuma kuddayo. Kati, n'enkumi n'enkumi z'abakozi b'obubonero mu nnaku zino ezisembayo kutonze omulembe gw'abanoonyi b'obubonero, abatalina kye bamanyi. . . wadde ku kutambula kwa Katonda okutuufu mu Kigambo kye mu nnaku zino ezisembayo.

MAT24:24 MAK13:22

279 Nga bwe nagambye, "Babawa omusaayi amafuta n'okukola okw'omubiri ku bituuti, ne bakiwagira oba Kigambo kya Katonda oba nedda, oba

KUB13:18

23 Omulenzi oyo bambi bwe yazuukizibwa eri mu Finland, bwe nayitawo abaserikale abo ab'ekitalo aba naakalyako-ani nga bali awo ne bankubira ssaluti, ng'amaziga bwe gabayitamu nga bagamba nti, "Mazima ddala—twagala kukkiriza Katonda ng'oyo" Katonda asobola okuzuukiza abafu n'akuuma Ekigamba kye, ddala, olaba. Naye bwe kituuka ku kugenda obugenzi mu kkanisa n'okubeera nga setaani n'ebirala, ng'abalala ab'ensi, nga tetulina kye tukola, olwo babeera tebakikkiririzaamu. Era mu bwesimbu, nange bwe ntyo. Ky'ekyo. Bwe kiri. Tewaliiwo Kyawandiikibwa kigamba nti naakalyako-ani alifuga ensi, naye waliwo Ekyawandiikibwa era Ebyawandiikibwa byonna bigamba nti Rooma ejja kukikola. N'olw'ekyo eriiso lyo likitunuulire.

24 Labayo olwaleero; era olabe ekyo ekyabaawo jjuuzi—omubaka ono ow'omu Kentucky yayogera ku kubeera kati ng'akikiikirira essaza lya Kentucky n'agamba, "Ye Mupolotesitante kyokka nga takirinaako kakwate konna"—oyo Omukatoliki. Beeyongerera ddala kwonooneka. Kati jjukira, waliwo ebintu ebirala ebikwatagana n'ekyo. Ekiseera ky'embeerera ensiru—ekyo tukiraba. Ebintu ebitabangawooko—nti tekuli n'omu ku bantu, abasomesa mu mulembe gwonna eyayinza okwogera ebigambo bino nga bwe tubyogera kati, kubanga weebali wano.

25 Kati, embeerera ensiru ne Pentekoote maleeto (ekyo ky'ekintu kye kimu—kyetabulatabula n'ebintu by'ensi)... Kati jjukira, ndi Mupentekoote, naye si Omupentekoote olw'ekibiina ky'eddiini. Ekyo kintabula. Ndi Mupentekoote lwa bumanyirivu; Ababaptist Bapentekoote; Abakatoliki Bapentekoote bwe baba baafuna okukkiriza kwa Pentekoote. Tosobola kukanika Pentekoote, kubanga kukkiriza, kuba Katonda, ate Katonda tategekebwa.

26 Kaakati, kati, Yesu yatugamba nti ebintu bino bigenda kujja, kati... yatubuulira ekiribeerawo—embeerera ensiru egenda kugolokoka n'ebintu by'egenda okukola era n'abantu abalifuluma mu kiseera kyayo nga baagala amafuta, naye obudde buliba bugenze, olaba. Kati wekkaanye ekkanisa essatu. Waliwo omwenzi, teyajjira bwereere, nga y'ekkanisa ya Polotesitanti. Ate n'omugole, olaba? Kati ekkanisa erina emitendera esatu mu nnaku ez'oluvannyuma. Kati wekkaanye, tugenda kubiggyayo butereevu wano okuva mu Lubereberye tubireete wano tubiteeke mu Kubikkulirwa mu kukwakkulibwa, Mukama ng'ayagadde.

YOK3:5,6

27 Ebintu bino byonna birabika ng'ebyannamaddala. Abapentekoote bafaanana okuba abatuufu. Lowooza, "Lwaki ndi mu kibiina kya Pentekoote." Ekyo tekirina njawulo na kubeera mu kiyumba kya mbizzi! Tekirina njawulo yonna gye kiteekawo. Kikomo ekivuga obuvuzi era ekitaasa ekisaala. Sifa ku wa wooli, naye bw'oba tozaalibwanga na Mwoyo wa Katonda n'ofuna Omwoyo Omutukuvu—era ensonga—bw'oba tonnaba—tokkiriza Kigambo kya Katonda kyonna, tofunanga Mwoyo Mutukuvu. Ky'ekyo. Ekyo bwe kiri ddala Omwoyo Omutukuvu... Bw'owulira amazima, Omwoyo Omutukuvu n'atakikulunngamyako, olwo mulimu omwoyo omulala ogukikuziyizaako. N'olw'ekyo omwoyo gwe wafuna si ye Mwoyo Omutukuvu.

LUB1:11,12,27 YOK1:14 2TIM3:8

28 Kale, tukizuula nga... bwe tweyongerayo, nti, nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa (Ekyo twakyogeddeko), engeri ebintu bino gye binaaberawo mu nnaku ezisembayo. Kati, okunokola okwasembyeyo kwe twalabye kwabadde nti Katonda yatonda buli nsigo mu ngeri yaayo; ekyo kwe ku... olaba. Kati bwe yakola omuntu we mu kifaananyi kye—yali nsigo ya Kigambo kye. Kati Yesu bwe yayambala omubiri, ye yali omubiri gw'Ekigambo kya Katonda. Era bwe tufuna Ekigambo kya Katonda, olwo tufuuka Kigambo kya Katonda mu mibiri gyaffe, olaba? Ekkanisa eteekeddwa kubeera mu mbeera eyo.

LUB1:27 LUB2:21,22 LUB3:6

29 Kati, ng'amaze okukola omuntu mu ngeri ye... "mu kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera... ." Kati ng'amaze kino okukikola (kati kino tokisubwa), Katonda ng'amaze okukola omuntu mu kifaananyi kye n'Ekigambo kye kyennyini ekyogere—kati oyo yali omuntu atuukiridde, naye okugwa we kwava, we wo bwe yamuggyiramu akatundu n'amukolera omugole. Awo we wali obuzibu kati. Singa mubadde ba mwoyo, mwandibadde mwakifunye dda, olaba. Adamu si ye yayingira mu buzibu; omugole we ye yabuusabuusa Ekigambo. Era Yesu si y'abuusabuusa Ekigambo, kuba ye yali Kigambo; naye omugole we.

ZAB119:50 YOK6:63

30 Awo okutabulatabula ensigo we kuva—tekwava mu Adamu. Zibasanze ekyo abatakiraba! Si buzibu bwa Adamu. Talina kye yakikolako. Singa Adamu ye yaleeta okufa, olwo kuba kwaleetebwa Katonda. Okufa kwaleetebwa kutabulatabula nsigo. Okufa tekusobola kuleetebwa Kigambo kya Katonda. Okufa kuleetebwa kukutabulatabula n'abibiina by'amadiini n'ebikwate. Mu kifo kya Kristo, ekikwate—mu kifo ky'Ekigambo. Tekuleetebwa Kigambo. Ekigambo bulamu. Yesu yagamba nti, "Ebigambo byange bulamu," era Omwoyo azuukiza Ekigambo ekyo n'akifuula obulamu. Bw'okitabulatabula, awo okufa we kuva. Era oba Adamu, ye yali Ekigambo kya Katonda, Ekigambo kye ekyogere, ensigo ye nnakabala (kuba ye yasooka, okutondebwa), era ne Adamu we owookubiri naye yalina kutondebwa (Ekigambo ekyogere) Mugoberera? Kati Adamu si ye yalimbibwa. Leero Kristo si y'alimbibwa. Ekigambo tekirimba. Omugole y'alimbisa Ekigambo. Mukiraba?

MAT28:19 BIK2:38

31 Kati, yamuwa mugole—okwoleka kwa Adamu owookubiri; yagwa. Adamu owookubiri, Kristo, yamuwa omugole; naye n'agwa. Ekyo ky'ekyo kyennyini. Lwaki?—teyatondebwa; kintu ekiggyibwa mu kirala. Leero omugole kintu ekyaggyibwa mu kirala. Olaba, yeeyita mugole. Naye ky'ali, yaggyibwa mu kintu ekitegeke, si mu Kigambo—ekyalimu Ekigambo ne kimufuula ekintu ekiva mu kirala ekimuleetera okuba omunnanfuusi. Ekigambo kyonna kumpi Kaawa yakikkiriza, naye n'ayongerako ku ludda lwakyo olumu. Leero tasobola na kutegeera Bikolwa 28... manya Matayo 28:19 butereevu ne Bikolwa 2:38, olaba. Kimutabula. Ako katundu bundu ku bikumi n'ebikumi ebirala.

32 Kati, omugole wa Adamu kyali kifaananyi kya mugole wa Adamu

okwogera wano? Waliwo by'enngenda okubuuka wano, kati.

KUV32:4 KUBAL16:3

268 Nga kyawufu nnyo leero! Bangi abeeyita ababuulizi bagamba mbu balina eky'okuddamu eri abantu okuva ewa Katonda, ddala nga Koola bwe yakola—okugaana, okuwakanya obuyinza bw'okulabisibwa kwa nnabbi wa Katonda, Musa, nga yeegamba okuba n'ekyokuddamu. Kino kyali nkola ya kukolamu ssente, ate era—ennyana eya zaabu, nga bangi bwe bakola leero—ebizimbe ebinene, amasomero amanene, ebyuma byabwe nga byalula ensigo yaabwe. Olwo... olwo abantu, nga ddala kati, kibasuula nga bamaze okuwulira Ekigambo kya Katonda eky'amazima okuyita mu nnabbi we eyafukibwako amafuta eyayolesebwa.

KUBAL16:3

269 Baagwa olw'obulimba bwa Koola. Nnabbi wa Katonda, era Katonda yamanya... era baamanya nti Katonda yabagamba... Isiraeri yamanya Katonda yabagamba nti ddala olyoleka bannabbi be n'Ekigambo kye. Koola teyali nnabbi wa byawandiikibwa, naye kyalabika nga kirungi nnyo eri abantu; ddala nga bwe kikola kati. Leero musaayi ku mikono gyammwe, enkulungwa z'omuliro, amafuta mu ngalo zaabwe; era kintu kye kimu ekireese ababuulizi abakazi, ab'obuviiri obumpi, nga babusazeeko... okwewunda. Mulina ki? Temulowooza nti abantu bajja kukigoberera, naye ku Koola baakikola, era na kati bakola ekintu kye kimu ne bava ku Kigambo ekituufu olw'ebibiina by'amadiini. Ebiwale ebimpi: biraga ekikula ky'ensigo ebalimu.

KUBAL16:26,27

270 Naye twebaza Katonda nti Isiraeri yonna teyagwa olwa Koola. Abamu baasigala ne Musa, nnabbi eyafukibwako amafuta n'Ekigambo kya Katonda. Bwe kiri ne leero bangi ku balonde ba Katonda, n'Ekigambo kye n'Omwoyo we.

MAT13:30

271 Mujjukire, ebisusunku, omuddo, gwa kukunngaanyizibwa wamu mu biganda. Si bwe kiri? Kino kibaddewo. Ebibiina by'amakanisa eby'enkwe bisibiddwa wamu nga bwe bitasibwangako. Bisibiddwa wamu mu lukiiko lw'amakanisa, nga byetegekedde omuliro gw'omusango gwa Katonda. (Kino si nze nakiwandiika, muli mpulira nga Ye ye yakikola.) Abapentekoote ba naleero basusse... nga bafaanana nga bo. Enngaano y'Ekigambo lumu egenda kukunngaanyizibwa nga tennagenda, eri Mukama waayo.

MAL4:5,6

272 Katonda yasuubiza... (mwegendereze!) Katonda yasuubiza Malaki 4 olw'ennaku zino ezisembayo, era Malaki 4 tennaba tukuukirizibwa, naye eteekeddwa okutuukirizibwa kubanga Kigambo kya Katonda ekimera, ekyayogerwa okuyita mu Malaki, nnabbi. Yesu yakijulizaako. Kirina kubeerawo ng'okujja kwa Kristo okwokubiri tekinnabaawo.

273 (Kati, muwulirize nnyo.) Ebyawandiikibwa byonna ebitannaba kutuukirira, birina okutuukirira, ng'ekiseera ekyo tekinnaba. Bayibuli erina okutuukirira; omulembe gw'Abaamawanga gulina okuggwa n'omulembe gw'ekkanisa. Omubaka ono eyafukibwako amafuta bw'alijja, butereevu, alisimba ensigo ya Bayibuli yonna, okuviira ddala ku musota okutuuka ku mubaka, mu nkuba ya ddumbi. Olwo bagaanibwe abantu b'ebibiina by'amadiini nga kitaabwe eyabasooka, Yokaana ne Eriya, nga bwe

ekituufu. (Kati wuliriza. Kino kiriko kye kitegeeza.) Ekiseera ekyo Yoswa yakirinda! Oh, nga... Si nsonga abantu baagamba ki, "Katonda yatuwa ensi, ekisuubizo; ka tugende kati kugitwale." Bayinza okuba nga baagamba, "Yoswa, waleka okutumibwa kwo. Mwenna mumaliddwawo. Lwaki tolina ky'okola? Wateranga okumanya 'Bw'atyo bw'ayogera Mukama' n'okwagala kwa Katonda, mu kaseera katono." Naye nnabbi ono omugezi eyatumibwa Katonda yamanya ekisuubizo kya Katonda era yamanya n'okulindirira ekisuubizo ekyo—okusalawo okulungi okuva eri Katonda okw'ekiseera kye.

YOS21:43

263 (Mulaba engero zino? Kati mwetegereze.) Kati ekiseera bwe kyatuuka, Katonda n'akiwa Yoswa, eyali ayimiridde naye n'Ekigambo, kubanga teyayinza kwesiga balala; yeesiga ye mwene. Bwe kityo kigenda kweddamu!

264 Nga nnabbi ow'ekitalo Musa eyafukibwaka amafuta yamanya nti Katonda ajja kumukozesa, kuba yali akakasizza Musa okubeera omuweereza we n'okuzaalibwa kwe okwawufu. Mu kiseera ekituufu, ng'okununulibwa kw'ezzadde lya Ibulayimu kusembedde. (Mukifuna?) Musa teyasigala Misiri n'awakana nabo ku ebyo ebyamuwandiikwako. Teyeegatta na bakabona, naye yagenda mu ddungu n'alindirira Mukama okutuusa ng'abantu beetegese okumukkiriza. Yali azze okubawaako obujulizi, naye tebaamusembeza. Katonda yatwala nnabbi we ddungu. Katonda yali amaze okujulira; yamulonda, naye okulindirira tekwali kwa Musa, naye olw'abantu okwetegeka okusembeza Musa. Musa yalowooza nti abaana bajja kutegeera nti baamutuma. (Si nze nakiwandiika, Ye ye yakiwandiika; na kati bwe kityo bwe kiri.)

265 Nga Eriya, oluvannyuma lw'okulabisibwa kwa nnabbi ow'ekitalo Ekigambo kya Katonda gwe kyajjira ng'amaze okubuulira obubaka bwe eri ebibiina bya America eby'omulembe ogwa mukembuga n'enviiri zaabwe ensaleko ekibiina kya Yezeberi abeetonaatona... Katonda n'akakasa nnabbi we; buli mulundi lwe yalagulanga, kyali kituufu. Katonda yalina okumuggyayo okutuusa lwe yakolimira omulembe ogwo n'ebikolimo eby'amaanyi olw'okugaana obubaka bwa nnabbi we n'Ekigambo kya Katonda kye yali abaweerezza.

1BASSEK18:31,32 1BASSEK18:4

266 Katonda yamusindika mu ddungu okumukweka. Nga ne kabaka tayinza kumuggyayo. N'abo abaagezangako okumusendasenda okumuggya ku kwagala kwa Katonda baafa olw'okukikola! Oh, Katonda! Whew! Mmm! Naye Katonda bwe yayogera ne nnabbi we omwesigwa mu kwolesebwa, n'avaayo mu ddungu ne "Bw'atyo bw'ayogera Mukama." Yakola ki? Butereevu ku Kigambo, yaddayo ku Kigambo. Yaleeta amayinja ekkumi n'abiri n'agakunngaanya wamu.

267 Nga Yokaana omubatiza, omukulembeze wa Kristo omwesigwa, nnabbi ayafukibwako amafuta, ataayigirizibwako kitaawe, ataayigirizibwa Bafalisaayo, tewaaliwo kibiina kya ddiini kiyinza kumuggyayo mu ddungu eyo Katonda gye yali amusindise okutuusa lwe yawulira eddoboozi lya Katonda, Omwana gw'endiga ogwa Masiya!

Muwuliriza endowooza y'omwoyo? Kiki ekisingako kye nnyinza

owookubiri. Kati, omugole wa Adamu—omugole wa Adamu teyayinza kulinda. Katonda yali agambye Adamu ne Kaawa: "Mweyongere mujjuze ensi." Kyali kintu eky'okujja—kisuubizo. Yali tannabeera mukyala we kubanga yali tannaba kwetaba naye. Omugole wa Kristo tannabeera mukyala we; ekyeggulo ky'embaga kirina okubaawo. Mukifuna? Weetegereze, oh kino kirungi nnyo! Yapapa, era yakola ki?—yatabulatabula ensigo ye. Yagitabula n'ensigo y'omusota; era bwe yakikola, yaleeta e... yaleeta ki? Yaleeta omwana ow'okufa, omwana eya... yawaanyisa buli mwana oluvannyuma lw'ekyo. Era ekkanisa ya Yesu Kristo bwe yawaanyisibwa mu biseera bya Rooma, oluvannyuma lw'okuzaalibwa embeerera, n'eweebwa Kristo ku Pentekoote. Yakola ki? Yetabulatabula n'ekikwate ky'e Rooma. N'ekkanisa y'Abapolotesitante ekoze ekintu kye kimu. Teyinzizza kulindirira.

33 Omukazi okumala okukkaanya n'omuvubuka omuto, mulungi, omuyonjo, kyokka nga tebannafumbiriganwa, n'akola ki? N'asangibwa n'olubuto nga lwa muntu mulala. Olwo ensigo ye mwene eyakkaanya, omubiri gwe mwene gwe yawa muganzi we, omwami we gwe yakkaanya naye, ne gusangibwamu ensigo y'omusajja omulala. Nga kya buswavu! Ekyo kyennyini Adamu kye yasanga

34 Ekyo Kristo kye yasanga. Ng'omugole tayinzizza kulindirira. Obwo bwe buzibu eri abantu leero. Tebasobola okulindirira Mwoyo Mutukuvu owannamaddala okusimba ekkanisa. Balina okubaako kye bakolayo, okubaako kye bakolagana nakyo—obukakafu obwasooka, okwogera mu nnimi—okuleeta bammemba abalala mu kkanisa, n'ebino byonna eby'amangu mu kifo ky'okulindirira Mukama olw'okulabisibwa kw'okuzuukira kwa Kristo nga yeemanyisa mwene mu bantu. Tayinzizza kulindirira.

35 Yakola ki? Yafuluma n'afunyisibwa olubuto lw'ebibiina. Asokera mu Assemblies of God; n'agenda mu Oneness, olwo n'adda mu birala oluvannyuma lw'ebyo. Kati omugole wannaleero ng'afunyisiddwa olubuto bino ebyamangu, kya buswavu. Abakazi tebagenda kuwuliriza nate wadde akatono ku ekyo Katonda ky'agamba okusinga ensi, newankubadde abasajja abo, oba n'ababuulizi. Ekyo ne bakiyita omugole!

ISA14:12-15

36 Eki? Ali lubuto. Omugole wa Kristo ali lubuto lwa nsi—ayambala ng'ensi, nga yeeyisa nga nsi, amakanisa amanene, ebirungi... kiraga ky'ali. Wa Setaani! Ekyo Setaani kye yakola mu kifo ekyasooka, ng'agezaako okuzimba obwakabaka obunene obw'ekitiibwa mu ggulu n'agobebwayo olw'ekyo—n'agobebwa mu ggulu. Kati ekyo omugole wa Kristo ow'omulembe ky'ali, agobeddwa, kubanga agobeddwa Katonda, kubanga mwenzi si mbeerera. Ky'ebuziba, naye nsuubira mujja kukifuna.

37 Omugole wa Adamu teyayinza kulinda, naye n'atabulatabula ensigo ye mu bujeemu, nga mujeemu. Tuteekeddwa okukkiriza Ekigambo kya Katonda era ekyo kyokka!

YOK1:14

38 Kati ab'oluganda, abali wano n'abali ku ntambi, mulaba lwaki mpagira Ekigambo ekyo, kigambo ku kigambo. Mbagambye nti ekyo nkikkiriza okuba amazima ga Katonda. Katonda akuuma Bayibuli eyo. Alina ky'agenda

okulamuza ensi... okuyita mu Yesu Kristo nga ye Kigambo. Era Ekigambo kino kyayambala omubiri okufuuka Yesu Kristo. Nkinnyikiza bunnyiza. Jjukira, ekigambo. Kati yamusanga yeeyonoona dda. Olowooza asobola okuwasa ekintu ng'ekyo? Tasobola. Ye mutukuvu.

Teyayinza kulinda. Yajeema, ekyo Adamu kye yasanga.

LUB3:13

39 Kati baganda bange, bannyinaze, mutunuleeko emabega. Bw'otunuulira ekisiikirize ky'ekintu kyonna, kwe kwoleka kw'ekifaananyi ky'ekyo kyennyini ekijja. Olaba Adamu yalina okusanga omukyala ng'ali lubuto. N'agamba, "Omusota gwe gwansenzesenze."

40 Kati, mu kaseera katono nngenda kukitwalira ku njuyi zombi, Mukama ng'ayagadde, olaba, mbalage nti kizibu kyo okubeeramu ekirala.

41 Kati, omugole wa Adamu teyayinza kulindirira, naye yeesookayo. Bwe kiri ne leero, omugole leero. Ayagala kubaako kye yeekolerawo. "Ekitiibwa kidde eri Katonda!"—ateekeddwa okukikola ku kituuti. Ateekeddwa okubeera na buli kimu, olaba. Akola ki—aliko kye yeekolerawo.

42 Laba gye kigenda. Olaba tekiriiko kye kiri; kikyamu. Ddala bwe kiri. Singa si bwe kiri, ensi eno yandibadde ku muliro n'amaanyi ga Katonda; ekkanisa yandibadde ebugujja; oh, abafu bandibadde bazuukizibwa na buli kimu kyandibadde kigenda mu maaso. Naye kiki kye yasigibwamu Kristo nga tannamusisinkana, nga tannamusisinkana okusigamu ensigo ye mwene? Yalina ki?—ensigo z'omuddo, ensi, ensigo z'ebibiina by'amadiini. Eyo y'ensonga lwaki akunngaanya amakungula ge katikati. Nsuubira sibatabulatabula, naye nsuubira kigendera ddala mu kifo we nzikiriza nti Katonda akibawadde, olaba.

LUB3:5

43 Kati, yatabulatabula ensigo ye ng'ajeema, mu kumenya Ekigambo. Kiki kye yali agezaako okunoonya? (Kati wuliriza nnyo.) Kiki kye yali anoonya?—kumanya! Kumanya! Era ekyo ky'ekikoleddwa ne leero. Asindise ababuulizi be mu masomero, abaaluzaamu na byuma, endowooza ey'amagezi g'omuntu, na buli kalonda yenna atali na mu Bayibuli. Kati ayaluza magi ge. Kati bw'akikola, afulumya ekibinja ky'abantu abajja okwekkiriranya na buli kimu bagaane obubaka bwa Katonda, nga tamanyi kiki ky'akola.

44 Talina ky'akimanyiiko. Takkiriza—tamanyi nti mukyamu. Ne Kaawa teyakimanya nti mukyamu. Kaawa yalowooza nti yali mutuufu. Era bwe kiba nti ekyo kye kikyoleka ate kino nga kikontana nakyo, kirina kubeera mu ngeri y'emu ekifaananyi kye kyakola. Kati, ekyo kiri... ku nze ekyo kibanga bbiri emirundi ebiri zenkana nnya.

LUB1:28

45 Kati weetegereze, kiki ekyaba ku baana ba Kaawa? Eyasooka okuzaalibwa—kati oba nga Katonda yagamba, "Mweyongere [eri omugole we, eri omugole wa Adamu] mwale—mweyongere mwaze ensi," ekyo kye kyali ekiragiro kya Katonda; era yandikikoze, yandikikoze, nga beetabulatabula. Naye kiki ekyabaawo? Adamu bwe yeetegeka okujja gy'ali, yali yamaze dda okufuuka maama. Mulaba kye ntegeeza?

okugwa, naye; kuba yaweebwa okwesalirawo nga mukyala wa Adamu, okukkiriza Ekigambo kya Katonda n'obeera mulamu, oba okukibuusaabuusa n'ofa—n'akikola.

LUK1:38

257 Ate okuva mu kabiina akatono ak'ensigo entuufu ey'Ekigambo, Katonda agenda kuwa Kristo omugole omwagalwa, embeerera—embeerera y'Ekigambo kye—era okuyita mu bo era nabo agenda kutuukiriza byonna ebyasuubizibwa embeerera mu Kigambo kye, etamanyi bikwate ebyakolebwa abantu oba ebiyiiye. Ekigambo ky'ekisuubizo mu ye nga bwe kyali mu Malyamu—Katonda mwene ng'alabisibwa. Ajja kukola, mwennyini, n'Ekigambo kye kyennyini eky'ekisuubizo bw'atyo atuukirize byonna ebyamuwandiikwako. Nga bwe yakola bwe yava mu nda embeerera (ekifaananyi ky'enda y'omwoyo kati), bwe kityo n'embeerera bw'eri kati, ng'ekkiriza Ekigambo kye: "Kibe gyendi nga bw'ogambye," wadde nga kyagambibwa malayika nga kikyali Kigambo kiwandiike. (Isaaya 9:6) Bagenda kumwagala, kwagala... era balibeera n'obusobozi bwe, kubanga ye gwe mutwe gwabwe, era bo by'ebitundu bye, kitundu ku mutwe gwe. Obufuzi bwa Kristo bwali bubwe.

YOK5:19

258 Weetegereze, enkolagana ng'eyo. Yesu taliiko kye yakola wabula ky'alaba Kitaawe oba Kitaawe ky'amulaga okusooka. (Enkolagana wakati wa Katonda ne Yesu, olaba. Yokaana 5:19.) bw'atyo n'omugole, Amulaga Ekigambo kye eky'obulamu (Amulaga), n'akikkiriza. Takibuusabuusa.

259 Tewali kisobola kumukolako kabi, wadde okufa; kuba ensigo bw'eba esigiddwa amazzi gajja kugimeza. Amiina. (Kati, nnina aleruuya ennene!) Wano we wali ekyama: Ekigambo kiri mu mugole n'endowooza ya Kristo ey'okumanya ky'Ayagala okukozesa Ekigambo, n'akikola mu linnya lye. Alina "Bw'atyo bw'ayogera Mukama."

260 Olwo kiba kimera; kale Omwoyo Omutukuvu akifukirira okutuusa lwe kikula n'ekikola ekigendererwa kyakyo. Bakola kwagala kwe kwokka. (Amiina! Ekyo nja kukikkiriza.) Tewali asobola kubasendasenda kukirala. Balina "Bw'atyo bw'ayogera Mukama," oba bakikuuma. Olwo ne bakola emirimu gya Katonda. Olwo abeera Ye mu bo, ng'ayongerayo Ekigambo kye okutuukirira nga bwe yakituukiriza mu nnaku ze. Ebintu byonna—bwe yali wano—teyabimaliriza bwe yali wano, kuba ekiseera kyali tekinnaba.

KUBAL14:7,8 YOS14:7

261 Kati, ka tuyimirire nga Yoswa ne Kolebu. (Kati, wekkaanye nnyo, kino kigenda kuleeta ensibuko ey'omwoyo.) Kati, ka tuyimirire nga Yoswa ne Kolebu nga bwe tulengera ensi ensuubize ng'esembedde. Ekiseera kisemberedde. Okuweebwa... Yoswa mu Lwebbulaniya kitegeeza mulokozi n'okukiikirira omukulembeze w'ekiseera eky'enkomerero eyasuubizibwa okutwala ekkanisa. Kolebu yaliwo ng'akikiirira omukkiriza owannamaddala eyasigala ne Yoswa. Katonda yatandisa Isiraeri ng'embeerera, n'Ekigambo kye, naye bo ne baayagala kintu kirala. Bw'etyo n'ekkanisa ey'ennaku ezisembayo bw'ekoze.

YOS14:9

262 Weetegereze engeri Katonda gy'ataggyayo Isiraeri okutuusa ekiseera kye

ng'oserengeta okujja wano." Yategeera atya? Yalina Ekigambo. Ekigambo kya Katonda kyajja eri nnabbi. N'alagula, bwe yagendayo, yagamba, "Antumye wano nkuteekeko emikono, era ogenda kuwonyezebwa n'okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu—laba!" Ebigamba ne biva ku maaso ge, n'agolokoka bw'atyo n'abatizibwa mu linnya lya Yesu n'agenda okuyigirizibwa. Malayika yamulunngamya. Ky'ekyo. Naye, Pawulo yalina akaweke k'obulamu.

250 Kyetaagisa Mwoyo wa Katonda, ensigo okuwa obulamu obutaggwaawo. Whew! Abange!

251 Ziweze essaawa omunaana? Nkimanyi. Nngenda kusomako ebimu. Ka nsomeko mu ddakiika nga kkumi, munaasobola? Nnina ekirowoozo ekirungi... Nnyinza okusigala wano, naye ka nsembereko wano katono, era tulina obudde bwaffe. Ebulayo eddakiika abiri-mu-ttaano okuwera ekkumi-n'emu. Simanyi we tunaatukira mu Georgia! Nandyagadde okuwummulamu njogereko ku kino katono, naye nngenda kukisoma, mpola ddala.

252 Kati muwulirize nnyo. Kiikino ekyankwasizza ekkalamu, ekitundu ku kyo. Mukwano, mulaba, kye njagala... engeri gye nnyimiriddemu bwendi? Mulaba lwaki mbawakanya—n'ejja ku bibiina by'amadiini ne nfuna ekkanisa ya Katonda eyannamaddala? Mulaba lwaki kirina kuva mu Kigambo? Tekisobola okujja na magezi ga bantu; kirina kuleetebwa Kigambo kya Katonda. Eyo y'ensonga lwaki nzikiriza Ekigamba nga bwe kyawandiikibwa. Sijja kukyongerako wadde okukitoolako; nja kukibuulira bwe ntyo; bwe ntyo.

253 Kati, ab'oluganda (mmwe mwenna abali ku lutambi) bwe muba temukkaanya nange, nja kubasabira; bwe mba nze mukyamu, munsabire. Kati nngenda kubaako bye nsoma... "Mukwate ekkalaamu." ebimu nngenda kubireka ebirala nnina okubibawa.

LUB1:11

254 Kale. Kati, kiikino kye nngenda okubabuulira: etteeka ly'okuzaala lireeta engeri yaalyo (Lubereberye 1:11). Ennaku zino ezisembayo, omugole w'ekkanisa omutuufu ajja eri ejjinja ly'oku ntikko. Enngenda kuba kkanisa esinga obulungi; lulyo lulungi nga bwebasemberera ejjinja ekkulu ery'oku nsonda. Bagenda kubeerera ddala nga ye, bagenda kubeera mu kifaananyi kye kyennyini, mu ntegeka okwetaba naye. Balibeera omu. Bagenda kubeera kwolesebwa kwa Kigambo kya Katonda omulamu kwennyini. Ebibiina by'amadiini ekyo tebikisobola. Kino kijja kuba... bajja kuzaala ebikwate byabwe n'ebiyiiye nga bitabuddwatabuddwa n'Ekigamba olwo bireete maleeto.

255 Omwana eyasooka, kyali Kigambo kya Katonda ekyogere. N'aweebwa omugole. (Nziramu buzzi kwekkaanya Mwoyo, era nnali nziramu buzzi okwogera ekyo kye nayogedde, olaba.) Omugole okumuzaala. Yagwa... (Mulaba, ekyo omugole kye yaweebwa, okumuzaala nate omwana wa Katonda omulala, naye n'agwa olw'okutabulatabula ensigo, olaba.) yamuzaala—naye n'agwa; kyamuleetera okufa.

256 Omwana owookubiri, ensigo y'Ekigambo kya Katonda ekyogere yaweebwa omugole nga Adamu, naye nga tannaba kumuwasa, yali amaze

LUB1:28 MAT24:35 MAK13:31

46 Kati ekintu kye kimu ekiri ku kkanisa ya Kristo, omugole wa Kristo. Kati mu ddakiika tugenda kuddayo tweyongereyo okusingako ku ekyo. Weetegereze, mu mugole ono, olwo yakola ki? Omwana we eyasooka yajja, yali mwana wa bwenzi, era ng'ajjudde okufa era yaleeta kufa. Era okuva ku olwo buli muntu afa! Kati mukiraba nti kirina kuba kwegatta kwa mukazi na musajja. Lwaki ofa oba tekwali kwegatta kwa mukazi na musajja? Ng'ate Katonda yawa ekiragiro ekitasobola kuzikirira! Ekigambo kya Katonda tekiggwaawo! Tekiremererwa! Bwe yagamba nti, "Mweyongere mwaze ensi"—ekyo ky'ekyali ekigendererwa kya Katonda ekitaggwaawo. Bw'okikola tosobola kufa, kubanga Kigambo kye. Oteekwa kuba mulamu. Singa omwana oyo yaleetebwa butereevu wano, tewandibaddewo kufa, naye teyayinza kulindirira.

47 Obwo bwe buzibu ne leero. Mwagala ekintu ekikanike ekirina okuleekaana, okubuuka, okwogera mu nnimi oba kyonna, mu kifo ky'okulindirira Ekigambo kya Katonda ekyannamaddala okubeera nga kirabisibwa mu mugole. Abo ab'ekikula ekyo abatwala Ekigambo kya Katonda ye mugole wa Kristo omutuufu, ng'azaala abaana. Tebasobola kufa. Omwana, omugole gw'azadde mu Kigambo tajja kufa kubanga Kigambo. Amiina. Mukifunye? Tayinza kufa kubanga ali... omwana oyo tasobola kufa kubanga mwana wa Kigambo; mwana wa nsigo; mwana ataggwaawo. Aleruuya!

48 Ekyo kyennyini Kristo kye yali—omwana ataggwaawo omwogere. Yali tateekeddwa kufa, naye yakikola okusobola okusasula ebbanja. Eyo yokka y'engeri gye lyali lirina okusasulwamu. Tewaliwo n'omu eyali asobola okukikola; bonna bazaalibwa kwegatta kwa mukazi na musajja oluvannyuma lwa setaani, mu nteekateeka ye. Mukifuna kati? Olaba?

49 Naye buli muntu, si nsonga oli ppaapa, kabona, bisopu, kyonna ky'oli, afa kubanga maleeto. Ekyo bwe kiri ddala! Yazaalibwa wakati wa Setaani ne Kaawa. Kiyite kyonna ky'oyagala okukiyita, yali Setaani na Kaawa. Ekigambo nnakabala tekirina kye kikikwatako. Ekigambo nnakabala bwali bulamu. Yakitabulatabula ne kivaamu okufa! Era ekkanisa leero, abeeyita Abapentekoote, abeeyita Ababaptist, kyonna kye baagala okukiyita, bwe batabulatabula Ekigambo kino n'ekikwate, kizaala mwana mufu. Era tasobola kuteeka bulamu mu ye! Mufu era n'abaana be bafu!

MAT13:30 KUB2:23

50 "Ndimusuula ku kiriri ky'ensi era n'abaana be ndibatta." Ekyo Katonda yakyogera mu kubikkulirwa. Bameka abamanyi nti ekyo kituufu? Kumuteeka ku kiriri ky'ensi (awo waali kati), n'abaana be ndibatta, n'omuliro. Tulaba awo... Kiki ekyaba ku bisusunku ebyali ku nngaano?—byokebwe. Oh, tosobola kulimbisa Kigambo. Ge mazima. Emirundi egimu oyinza okubuusabuusa osanga ne tusobya, naye bw'okikuuma mu bugokofu, kijja kutambulira ku emu-bbiri, emu-bbiri, emu-bbiri, emu-bbiri, bwe kityo. Ndimusuula ku kiriri ky'ensi. Taliiko ky'ayinza kuzaala wabula abaana b'okufa.

KUB17:2,5

51 Kati ekibiina ky'eddiini bwe kiba kisobola kuzaala mwana maleeto yekka, olwo lwaki oyagala okukibeeramu? Kati ab'oluganda, eyo y'ensonga lwaki nkikyawa. N'ekyokusooka kyenzi. Bayibuli egamba nti yali—mwenzi. Ebyo bigambo ebyetadde, naye nababuulidde nti leero nngenda kwatula. Ekyo kyali. Akola okwenda kwomwoyo ng'atwala ekikwate n'ekiyiiye mu kifo ky'Ekigambo kya Katonda, ng'ayigiriza abaana be okukola ekintu kye kimu.

52 Kati, abaana be bava mu nda, nga bafu. Alina okufa. Ekyo bwe kiri ddala. Ddala nga buli muntu... Wuliriza, nga kituufu ddala nga buli muntu yenna ava mu lubuto lw'omukazi bw'afa, bwe kityo buli muntu yenna gwe bazaala alina okufa, kubanga maleeto, mujeemu, n'abaana be ba bujeemu. Ekyo kituufu. Ka nsuubire nti ekyo tekibayise ku mitwe.

1SAM8:5

53 Kati, lumu Yakuwa yalina omugole. Adamu yalina omugole, Yesu yalina omugole, Yakuwa yalina omugole. Ekyo mukimanyi? Yalina okumugoba. Yafuuka mwenzi, bw'atyo n'amugoba. Ekyo kyennyini kye yagamba. Yafuuka mwenzi, malaaya. Kiki ekyamuleetera okukikola? (kale singa tubadde n'obudde kino okukisoma. Nnyinza okugendako mu bimu eddako.) Katikati, kyali mu kiseera kya Samwiri Isiraeri bwe yalina kabaka, Katonda, era yali mbeerera. Yaliko kye yali egenda okuzaala. Kiki ekyabaawo? Yatandika okumagamaga n'eraba amawanga amalala nga galina bakabaka, bw'etyo n'eyagala okubeera nga bo.

MAT7:16,20

54 Mmwe Abapentekoote abaajungululwa, ekyo kyennyini kye mukoze. Omubuulizi ono nnamukade atudde wano leero, ng'anaatera okuweza emyaka kikumi, Pentekoote bwe yawaguza, nga toyinza kubabuulira bya kibiina. Ekyo nga tebayinza kukiwuliriza. Ekyo nga bakiyita bintu bya Setaani, era abantu abo baali batuufu! Naye kiki kye mwakola? Mwalina okweyisa ng'amakanisa amalala. Mwalina okukikolamu ekibiina. Kati, nga bwe yagamba, wakati wammwe mwateekawo olukomera. Nga mubuulira kino, nga mubuulira kino. (Ekitiibwa kidde eri Katonda! Aleruuya!) nga mudda eno nga mubuuka n'okwogera mu nnimi, ne mugamba, "Mumuyingize nga mmemba; akifunye." Tabatiziddwa bulungi—oba mu mazzi wadde n'Omwoyo. Mukyamu era n'ebibala bye bikikakasa. Agenda kumerera ku kikula ky'ensigo ekikyamu. "Ab'oluganda, Katonda atenderezebwe, tugenda kubassaako emikono wano tubafuule abakadde! Mbabuulire ki, tugenda kuzimba ekibiina kino wano okutuusa lwe kinaaba kinene okusinga ab'Assemblies!" Eyo y'engeri gye kyagwa. Soma ebyafaayo bya Pentekoote olabe oba ng'ekyo si bwe kiri, oba ekkanisa endala yonna.

YER5:24 KOS6:3 MAT7:14

55 Ababaptist baagala kuggyamu Bamethodist. Abamethodist baagala kuggyamu Baluther. Abaluther baagala kuggyamu ba Katoliki. Buli omu ng'ayagala kulemesa mulala, okubaako gw'aggyamu. Mulaba, ogwo gwe mwoyo gw'ebibiina. Yesu yagamba, "Naye baliba batono nnyo abalilokolebwa. Omulyango mufunda n'ekkubo lya kanyigo, n'abo abaliraba batono." Abatono. Bw'aba yagamba batono (ekyo ky'Ekigambo kya Katonda, eyo y'ensigo), baliba batono. Tebaliba bikumi bya buwumbi na buwumbi.

2TIM3:5 YUD:12

242 Kati, engeri y'ebibiina ekiikiriddwa mu Yuda 8-13. Eyo y'ekkanisa y'ensi. "Ebire ebitalina mazzi, ebyekuluumulula mu kweswaza." Ekkanisa ya Pentekoote ekiikirirwa ebibiina ky'eddiini ekyo ekiri mu 1Tomoseewo 3:1-8. "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda"—ensigo yaabwe yazaala ekikula kyabwe.

BAG1:8

243 Weetegereze, omulaawe... Oh, wano, tugenda kugendako ebuziba. Kati wekkaanye, ensigo y'ekkanisa eno, ekkanisa eno eyannamaddala erina akaweke k'obulamu akatuufu. Weetegereze, omulaawe yalina zi D.D. zonna. Kati jjukira, Katonda okuyigiriza kwe n'enjiri ye teyabiragira malayika. Ekyo bameka abakimanyi. Bameka abamanyi nti Abaggalatiya 1:8 egamba, "Oba malayika ava mu ggulu n'ababuulira si nga bwe twababuulira, akolimirwe"? Bwe kityo malayika aba mukyamu, bw'ayawukana ku Kigambo. Katonda yakkira ku bamalayika, n'akituma omuntu, abaali abaana. Ekyo mukikkiriza? Kati wekkaanye! Kati, teyakiwa bamalayika. Weetegereze, teyakikola.

244 Kati, Firipo yaliyo ku Pentekoote, mu Yerusaalemi, okusinza. Bameka ku ekyo abagamba nti, "Amiina." Omulaawe, yalina zi D.D ne zi L.D. n'ebirala. Naye lwaki teyaliiko kye yafuna? Yakomawo ng'asoma obunnabbi bwa Isaaya.

BIK6:5,6

245 Wadde nga malayika ye yatuma Firipo gy'ali, naye era akaweke k'obulamu kaalina kuva mu mubiri—Firipo. Oh, ow'oluganda, kati tuteredde! Akaweke k'obulamu kaava wa? Kuyita mu malayika? Malayika yamulaga bulazi wa kulaga. Malayika ye mubaka; mwana. Firipo yalina akaweke k'obulamu, obubaka, Ekigambo. Eyo y'engeri omwana gy'alina okuzaalibwamu. Firipo yamuteekako emikono. Firipo n'amubatiza mu linnya lya Yesu Kristo. Awo Omwoyo wa Katonda n'ajja. Mazima.

246 Kati, akaweke kaalina kuva mu mubiri. Mubiri ki?—Omubiri gwa Kristo. Kituufu. Era Firipo yali mmemba mu mubiri.

BIK10:3,22,28,30

247 Kati wuliriza, ekintu kye kimu kyaliwo mu Bikolwa by'Abatume 10:48. Peetero yali mu kisenge waggulu. Malayika n'amukulembera okugenda mu nnyumba ya Koluneeriyo, naye Ekigambo kyava wa?—omubiri. Oh! Mpulira bulungi nnyo; mpulira nga njagala kugendayo. Malayika yajja n'agamba, "Teweeraliikirira; tobaako ky'oyita kitali kirongoofu genda bugenzi mu maaso; biri biveeko." Era Peetero bwe yali ng'akyayogera ebigambo bino (si malayika, si kalidinaali), Peetero bwe yali ng'akyayogera ebigambo bino. Kiki? Ye yali omubiri. Yalina Ekigambo. Ekigambo kyanywera. Oh, ow'oluganda! Whew! Mmm! Oh, abange! Malayika ye yakirambika, naye obulamu buyita mu mubiri gwa Kristo.

BIK 9:6, 17

248 Pawulo, bwe yali ng'agenda e Damasiko, okwolesebwa kwamulunngamya; naye Ananiya (ako ke kaweke) yalina Ekigambo. Amiina! Nnabbi oyo, Ananiya, yalaba okwolesebwa nga kumugamba, "Yambuka omusseeko emikono."

BIK 9:17

249 N'agamba, "Ow'oluganda Sawulo, Mukama waffe yakulabikidde

235 Kati, amaanyi g'ekkanisa ekkiriza: Kristo alina obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. Ekyo mukikkiriza? Olwo watya ng'ali mu ggwe? Kristo alina obuyinza bwonna? Mataayo 28:18. Kale.

236 Ye y'ensigo ey'Ekigambo mu mubiri gwe, era ye mu ffe afuuka ensigo y'Ekigambo mu ffe. Watya . . .? "Ekyo kyonna Katonda kye yali, yakifuka mu Kristo, n'ekyo kyonna ekyali mu Kristo, kyafukibwa mu kkanisa." Obwo bwe buyinza.

LUB1:11,12

237 Kati wekkaanye! Jjukira etteeka lya Katonda ery'okuzaala. Kati jjukira, mu ngeri yaakyo. Si bwe kiri? Ensigo ya Kristo, Ekigambo, erina kuva mu mubiri gwe. (Mukooye? Kale, kati, mugumeemu eddakiika. Ka tusiriikiriremu tusabe.) Kino njagala mukifune mu bulungi. Kino njagala kigondere ddala. Ensigo ya Katonda eteekeddwa, e-t-e-e-k-e-d-d-w-a, eteekeddwa kuva mu mubiri gwe—si mu kibiina kya ddiini, naye okuyita mu nsigo y'Ekigambo ezaaliddwa omulundi ogwokubiri—mw'erina okuva.

BEB13:8

238 Kati jjukira, ky'eki? Ensigo ya Kristo—Ensigo yange ejja etya?—kuyita mu mubiri. Ensigo ya *apple* ejja etya?—kuyita mu mubiri. Ensigo eyita mu mubiri, era ekkanisa gwe mubiri gwa Kristo. Si bwe kiri? Ekkanisa ya Bayibuli. Okuzaala kuno kumuleeta (okuzaalibwa okuggya) mwene mu mubiri gwe. Ekkanisa ye ky'Ekigambo kye, n'olw'ekyo abantu abo baba basobola okulaba obukakafu bwa Abaebbulaniya 13:8: "Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Mukikkiriza? Bino si maleeto za bibiina by'amadiini, kati. Kino be bo abali mu ssenngendo abalindiridde okubala okw'akaddannyuma (mumanyi kye ntegeeza), nga beetegese okubuusa ekizungirizi. Ekitiibwa! Bano si maleeto za bibiina by'amadiini, tebali wano, nedda. Nedda, ssebo. Nsigo.

1KOL2:1,4

239 Pawulo yatya nti abantu bajja kutwalamu ebigambo ebinene by'anaayogera (obumu ku buyigirize bwe). 1Abakkolinso 2:1-8, bwe muba mwagala okukiwandiika. 1Abakkolinso 2:1-8, Pawulo agamba, "Ssajja gye muli na bigambo bugambo (amagezi, ge mumanyi) okukkiriza kwammwe kubeere mu seminaaliyo, naye najja gye muli mu bwetoowaze, mu maanyi n'okwolesebwa kw'Omwoyo Omutukuvu ekigambo kyammwe... okukkiriza kwammwe kuwummulire ku Kigambo kya Katonda." Yee, ssebo.

ISA54:1

240 Newankubadde ekkanisa z'amadiini zinaasinga omugole lukumi ku omu... Ekyo mukikkirza? Mukkiriza nti Bayibuli ekiyigiriza? Isaaya 54:1. Yakisuubiza. Kuba e... Mwagala nkisome? Kale, ka tukirabe. Bwe muba mwagala okulaba we kiri we yakisuubiriza, nti balisinga, ka tugende mu Isaaya 54:1.

Yimba, ggwe omugumba, atazaalanga; baguka okuyimba, oyogerere waggulu, atalumwanga kuzaala: kubanga abaana b'oyo atalina bba bangi okusinga abaana b'omukazi eyafumbirwa, bw'ayogera Mukama.

241 Si bwe kiri? Abaana b'oyo omwenzi bangi okusinga ab'omukazi eyafumbirwa. Ddala, babakubisaamu emirundi mingi. Newankubadde bangi mu muwendo tebalina kitaabwe mutuufu!

Baliba batono abaliriraba. Abo abaakitegekerwa, bakiwulira. Enkuba eya ttoggo kati emaze okubaawo.

2SAM8:6 BEB7:25

56 Kati, Yakuwa yalina omugole gwe yayagala, naye n'ayenda. Yakola ki?—oluvannyuma lw'obuyinza bw'ensi obulala. Kati kiki kye baakola namukadde, nnabbi eyafukibwako amafuta, owa Katonda? Gwe tumanyi nti Ekigambo kya Mukama kijjira bannabbi. Yatwala namukadde nnabbi oyo, Samwiri, n'agenda gy'ali, n'agamba, "Abaana, mukunngaanireko wendi katono, njagala kwogerako gye muli, mwenna. Lwaki mwagala kabaka? Yakuwa ye Kabaka wammwe. Lwaki mwagala ekikwate? Bayibuli ky'ekikwate kyammwe. Bayibuli ge mazima. Ebikwate bulimba. Bifu, byakolebwa muntu." Enzikiriza y'Abatume, ekyo kindage mu Bayibuli. Ani yali awulidde ku kintu ng'ekyo. "Nzikiriza okusseekimu okw'abatukuvu." Yenna akkiririza mu kusseekimu okw'abatukuvu musamize. Okusseekimu n'abafu. Wakati wa Katonda n'omuntu waliwo omuwolereza omu, nga ye Kristo, era ye si mufu, naye mulamu emirembe n'emirembe, yazuukira mu bafu. Abapolotesitante bakkiririza ddala ne kkoola zaakwo era simanyi kye balekayo, ne zikatekisimu z'amakanisa zonna, nazo bazikkiriza kye kimu. Mazima ddala, bakyagalira ddala, ng'abalala ab'ensi.

57 "Oh, omanyi, twateranga okubeera Abapentekoote. Bwe twabangako we tuyimirira nga tunyeenya ensaasi; nga waliwo n'abakazi abalina enviiri empanvu nga tutendereza Katonda n'ebiri bityo." Oh abange, ekyo mumanyi nnyo okukikola. Bajja kubasekerera, Omukulisitaayo omutuufu ajja kukikola. Ne bafuluma nga basazeeko enviiri bwe batyo nga beetonyetoonye batyo n'akagoye akamutipye, ne bafuluma batyo, ne weeyita omutukuvu wa Katonda? Ng'omanyi okusingako awo! N'ensi emanyi okusingako awo. Zikusanze. Kisingako okusigalayo, bw'oba tolina kisingako awo. Sivumirira, siri mulalu. Mbabuulira mazima, era mu biro ebirijja mugenda kukiranga nga... Naye kiri ddala nga lubeerera bwe kibadde, era kijja kweyongerayo era tebajja kukirengera okutuusa nga kiri wala nnyo. Bakikozenga buli kiseera. Bakikoze, bakikoledde ddala.

1SAM12:3,5

58 Omugole wa Yakuwa ayagala kugenda n'ayenda ng'abantu abalala bwe bakola, ng'abalala bwe bali. Ekyo omugole wa Kristo kye yayagala okukola. Nnamukadde Samwiri, Ekigambo gwe kyajjira... Ekigambo kijjira b'ani?—bannabbi. Namukadde oyo nnabbi bwe yagolokoka yagamba ki, "Kati abaana, mulindeemu katono. Kiki kye mwagala okugenda okukola?" Nti era, "Nnali mbagambyeko ekintu kyonna mu linnya lya Mukama ne kitabeerawo?" Ekyo mukijjukira? Ekyo bameka abaali bakisomyeko? Ddala mwakisoma. "Nnali mbagambyeko ekintu kyonna mu linnya lya Mukama ne kitabeerawo. Era ekintu ekirala, nnali nfulumyeko ebweru ne nkuba enkunngaana ennene, oba ebiri bityo, ne mbaggyako ssente zammwe? Nnali nkikozeeko," nti era, nnali mbasabyeko... ." Kati njogera ku Samwiri. Oyo ekigambo kya katonda gwe kyajjira. Yabuuza, "Nnali mbasabyeko... okuteekamu nnyo, n'okukola ekyo?"

"Nedda," baagamba, "nedda ekyo tokikolangako. Totubuulirangako kintu kyonna nga si kituufu."

Ko ye, "Kati lwaki mwayagala okugoberera ekyo?"

Ne bamugamba nti, "Samwiri oli mutuufu nnyo, naye tukyagala bwagazi."

59 Ekyo kyennyini ekkanisa ya Pentekoote kye yakola. Eyo y'ensonga lwaki sibeegattako. Mazima, njagala kuba mbeerera mu maaso ga Katonda n'Ekigambo kye. Oba ba... Tebeetaaga kubeera na ntegeka za kitalo n'ebiri bityo. Mbigaanyi. Saayagala kusibibwa. Ekyo tegaali magezi gange; ogo gaali magezi ga Katonda. Bwe nayagalanga okufuluma kale nako... okupepeyaamu n'abantu ne Setaani, ne babagamba nti, "Yee, nnina bingi nnyo eby'okuweereza ku mpewo, era nnina bingi ku bino; mulina okusasula," nange, nnandibadde nkola bwe ntyo. Naye sibagambangako kintu kyonna mu linnya lya Mukama ne kitabeerawo. Siriiko kye nnabagamba wabula Ekigambo. Mwesalire omusango. Nnali mbasabyeko olw'ekintu kyonna? Nedda, ssebo. Nedda, ekyo Katonda akivunaanyiziddwako. Sirina bibiina binene ebinnyamba. Sirina wadde n'emu. Kyonna ekya Katonda kijja kumuwulira! Bw'owulira ng'olunngamizibwa Omwoyo gy'ogenda na kiki eky'okukola ekyo ky'oba okola. Ekyo kyokka kye kyetaagisa. Kuuma ekyo, si essente ennyingi ez'ekitalo okukola entegeka n'okiteekamu obukadde bwa ddoola—bukadde na bukadde na bukadde, era abamu ku bo kati bakiggyeemu bukadde na buwumbi obwa ddoola.

60 Siwulira bubi bwe mba nkivumirira. Kisaanira okuvumirira. Saagala kulumya ndowooza ya muntu yenna, naye kisingako okulumya endowoooza y'omuntu omu okusinga okulumya endowooza ya Katonda. Bw'aba nga yakulagira n'akutuma wano okukola ebintu bino n'okukikakasa mu bantu, awo oteekeddwa okukikola. Mbabuulira mazima. Katonda akikakasa nti ge mazima. Kyokka na... Si na bubonero bwokka, naye akikakasa n'Ekigambo kye nti ge mazima. Ekyo kituufu ddala.

61 Kale omugole wa Yakuwa yayenda, bw'atyo naakola ki?—yazaala kibinja ky'abaana ab'obwenzi nate. Si bwe kiri? Tumanyi nti ge mazima. Era yalina n'okutwalibwa kabaka Nebukaduneeza n'ebirala. N'omugole wa Kristo ky'akoze. Lwaki?—tayinza kulinda. Oh, nedda. Unh-uh—tayinza kulindirira.

1KOL13:1

62 Bateekeddwa okubaako kye beekolera. Tebasobola kulindirira Mwoyo Mutukuvu kujja n'ayingira mu kkanisa. Olaba, bateekeddwa okweyongera okwennyika mu bibiina by'amadiini gaabwe. Singa kisigadde mu ngeri gye kyalimu edda emyaka kikumi emabega, oba emyaka ataano emabega, Pentekoote we yatandikira mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Ekigambo bwe kyatandika okubuulirwa, singa kyasigala bwe kityo, osanga olwaleero teyandibadde na bammemba bawera ataano. Ky'ekyo. Naye bandibadde banaaziddwa n'omusaayi! Bandibadde n'amaanyi ga Katonda mu bo! Ensi yandinyeenyezeddwa wansi w'amaanyi ag'ettutumu lye ag'omubiri gw'Ekigambo ekyogerwa kigambo ku kigambo. Naye leero, kale, kikomo ekivuga n'ekitaasa ekisaala. Ky'ekyo. Kifuuse butaliimu, ekisekererwa, ekyonoona ensi, ekinyiiza Katonda.

63 Waliwo gye nagenda, ab'oluganda basatu... Jjuuzi ku makya nze n'ab'oluganda babiri twagenda emitala w'amayanja bwe twali tuva mu

omubaka aba alabisiddwa. Ekyo ka tukikakaseeko katono. Njagala okukozesa Ekyawandiikibwa wano: Yokaana13:20. Ka tulabe; waliwo wano kye nawandiise. Kiringa... Kyazze mu ndowooza yange awo... Oh, yee, ky'ekyo.

Ddala, ddala, mbagamba nti, Asembeza buli gwe ntuma ng'asembezza nze; era asembeza nze, ng'asembezza oli eyantuma.

228 Omuweereza alabisiddwa. Oh, ow'oluganda, waliwo obubaka lukumi obuli wano kati, olaba. Ky'ekyo. Oh, abange, tteeka lya Katonda; kikkirize!

229 Samwiri yajja n'agamba, "waliwo kye njagala okubabuuza. Nnali mbagambyeko ekintu kyonna mu linnya lya Mukama ne kitatuukirira?"

Ne bamuddamu nti, "Nedda."

"Nnali ntutte ebiweebwayo okuzimba ebizimbe ebinene n'okukola ebintu eby'ekitalo, okwefunira ekitiibwa?"

"Nedda!"

"Katonda akakasizza ng'ayanukula Ekigambo kye mbagambye?"

"Yee!"

"Kale, lwaki temumpulira?"

YOK8:41,46

230 Yesu yagamba Abafalisaayo... "Tumanyi nti wazaalibwa mu bwenzi." Yabagamba, "Ani ku mmwe annumiriza ekibi? Ka mbalage Ekigambo kya Katonda ndabe oba nga mukikkiriza. Mulabe oba Katonda akiboolekeddemu. Nange mundeke neeyogererko. Bwe neeyogerako, mba mulimba; naye bwe njogera ku Katonda Katonda y'aba ayogera okuyita mu nze n'Ekigambo kye, olwo ge mazima. Olwo ani akkiriza Ekigambo kya Katonda: Nze oba mmwe?" Aha! Awo, baakifuna!

YOK13:20

231 Yesu yagamba, "Oyo asembeza abo be ntuma, ng'asembezza nze." Era kati—Abo baatuma. "Era abo abansembeza, basembezza oyo eyantuma." Singa tubadde n'obudde ne tukirwako.

232 Engeri yokka gy'osobola okuweereza Katonda nga bw'okola kwe kukkiriza abaweereza b'atuma. Engeri yokka gy'osobola okuweereza Katonda ku nsi (mulaba) y'eyo ng'abaweereza ba Katonda baatuma ku nsi ng'okulunngamizibwa kw'obwakatonda bakuvvuunulira Ekigambo.

LUK10:16 1KOL4:16 1KOL11:1 BAF3:17

233 Ekyo mukikkiriza? Mwagala okubaako Ebyawandiikibwa bye mukiwandiikako? 1Abakkolinso 14:16. Pawulo agamba, "Mungoberere nga bwe ngoberera Kristo." Ne, 11:1; Lukka10:16. Mulaba kye yagamba; Yesu kye yagamba awo. Lukka 10:16. Nsuubira tunaatera okutuukako wano. Ka tulabe lumu kye kyagamba wano. Lukka 10:16, nga bwe bakyawandiika ebirala. Kati, eyo 1Abakkolinso 14:16, ne, 11:1 ne Lukka 10:16. Kati, ka tusome. Nngenda kusoma wano mu Lukka 10:16, ng'abalala bwe mukebera ebirala kati, mu kaseera katono. Kale, ky'ekyo.

Oyo abawulira ng'awulidde nze;... abanyooma aba anyoomye nze;... oyo annyooma aba anyoomye oyo eyantuma.

234 Ekyo kikakasa nti Katonda awa obubaka bwe okuyita mu baweereza be. Bulijjo bwe kiba; ky'ekyo.

Obuyigirize buno bwava wa?" tebaayinza kulaba ssomero gye yagenda, ng'ate ku myaka kkumi-n'ebiri yeewunyisa Abawandiisi n'Abafalisaayo. Oh, abange! Ekyo ky'ekikyogerako.

2BASSEK2:9,13,14 MAK1:22

222 Lwaki tebaamugambako ng'akyali muto? Yali Kigambo kya Katonda. Tebaayinza kumuziyiza. Y'ensonga lwaki enjigiriza ye yabawuniikiriza. Ekyo mwali mukisomyeko? Makko1:22, bwe muba mwagala okukiwandiika. Abantu baawunirira olw'enjigiriza ye kubanga yayigirizanga nga nnanyini buyinza. Yamanya kye yali ayogerako, olaba. Ekkanisa kati erina okubeera n'omugabo gwa mirundi ebiri ogw'Omwoyo. Ky'ekyo, ng'omunagiro gwa Eriya agwagwa ku Erisa (omugabo ogw'emirundi ebiri), ky'ekintu kye kimu ekyava eri Yesu Kristo.

LUB2:23

223 Kati mugamba, "Oh, ow'oluganda Branham, oyogera ku kkanisa ye." Ky'ekyo. Ogwo gwe mubiri gwe. Mukyala wange si kitundu ku mubiri gwange? Mukyala wo si kitundu mu mubiri gwo? Nnyama ya nnyama yo eggumba ly'eggumba lyo; okutabagana okutukuvu, si bwe kiri? Eyo y'ensonga lwaki Omukulisitaayo tateekeddwa kufumbirwa malaaya, olaba. Ekyo si kituufu. Nedda, ssebo, kubanga kyonoona ebintu bya Katonda byonna.

ISA9:6 1KOL6:2

224 Kati mugamba, "Oh, kati, ow'oluganda Branham, lindamu katono; oyogedde ku Mwoyo wa Kristo okubeera ku... ." Bayibuli ekyogera nti bwe kiriba. Si bwe kiri? Isaaya 9:6 egamba, "Omwana etuzaaliddwa, omwana ow'obulenzi atuweereddwa ffe, n'erinnya lye liriyitibwa wa kitalo, omulangira w'emirembe, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo, n'obwakabaka bwe bwa lubeerera, n'okufuga kuliba ku . . ." Eki? [Ekibiina kiddamu: "Bibegaabega."] Ekyo kitundu ku kibegaabega kye. Ogwo mubiri gwe, si bwe kiri? Ku bibegaabega bye gwe mubiri gwe. Obufuzi ku nsi buli wa?—mu mubiri gwe. Abatukuvu balisalira ensi omusango. Si bwe kiri?

1KOL6:1,2

225 Pawulo yagamba, okuba otya munno mu mbuga; mu kifo ky'okugenda eri ekkanisa?" Ky'ekyo. Abatukuvu balisalira ensi omusango. Obufuzi bulibeera wa?—ku bibegaabega, omubiri gwe. Obufuzi buli ku bibegaabega bye. Ekyo kitundu ku mubiri.

226 Ky'eki?—amaanyi ge ku nsi. Obusobozi bwa Katonda ku nsi ky'Ekigambo ekyateekako ennyama mu mubiri wano ku nsi, ne kibaawo. Musa...

1SAM8:7 LUK10:16 YOK13:20

227 Wuliriza, ebimu ka tubibuuke. Lubeerera ababaka ba Katonda bagaanibwa. Ekyo mukikkiriza? Musa yagaanibwa. Si bwe kiri? Yesu yagaanibwa. Lukka egamba, mu 10:16 (ekyo bwe muba mwagala okukiwandiika, kale.)... baaganibwa; 1Samwiri 8:7, obubaka bwa Katonda bwagaanibwa. Katonda yalina omubaka, nnabbi ayitibwa Samwiri. Ekyo mukikkiriza? Baamugaana n'obubaka bwe. Ne batwalamu ensi. Lino ly'etteeka lya Katonda. Kino kigenda... Simanyi oba kino nandikyogedde oba nedda. Lino ly'etteeka lya Katonda. Etteeka lya Katonda kwe kukkiriza

Springfield, Missouri okufuna ekyenkya bwe twali tuva mu Arizona. Waaliyo omukyala ow'oluganda Woods gwe yandaga ng'afaanana mwannyinaffe Collins—ng'alina enviiri ennungi, empanvu. N'anngamba nti, "Oyo tafaanana mukyala wa ow'oluganda Willard Collins?"

64 Ne mmuddamu nti, "Bwe kiri." Ne wajja omukazi omukadde, n'anngamba nti, "Nsuubira oyo ye nnyina. Laba ekiganda ky'enviiri." Ko nze, "Bwe kiri wano ku kkanisa ya Assembly of God, ku kitebe ekikulu ekya Assembly of God; awo we... y'ensonga lwaki kiri bwe kityo." Era bonna bangi bannyinaffe abaali awo nga balina enviiri entotobaze; abo baali basomi. Ricky n'abalala bonna, omanyi, nga basitudde; bonna Bayibuli zaabwe nga bazikwatidde mu nkwawa zaabwe.

65 Bwe tutyo twabatunuulira okutuusa bonna lwe baggwaayo—nga beemwetula, baseka, nga beeyisa nga bamulembe... Ekyo ky'ekimera kya Petekoote ekyenkya—bwe kibaayo. Kale! Kale! Kale!—kubanga eyo y'ensigo esigiddwa. Bwe kiri ddala.

Bwe yafuluma, n'abalala bonna ne bafuluma, omukyala ono omulala n'akomawo n'agamba nti, "Nnyinza okubaako kye mbakolera mwenna?"

Ko nze, "Ndiko kye njagala okukubuuza."

"Yee, ssebo?"

Ko nze (nga, ng'omuyise, nalowoozezza nti anaatutegeera)—nti era, "Eryo si ssomero lya Bayibuli ebusukka kkubo eri?"

Nti era "Nsuubira mufunayo ebyobusuubuzi bingi eyo." (Kati yali ow'oluganda Sothmann ng'atudde awo n'o'w'oluganda Wood, abawanika b'ekkanisa ababiri.) Nti era... .

Ko ye, "Yee, ssebo, bwe kiri."

Ne mbagamba, "Ndowooza naawe oli waayo?"

Ko ye, "Nedda," nti era, "Bambi, si bwe kiri."

Ne mmugamba nti, "nkirowoozezza bwe ntyo olw'okuba olina enviiri empanvu. Ne ndowooza nti oba oyo ye mmaama wo?"

N'anziramu nti, "Nedda, ssebo"; nti, "akola wano." Nti era, "Nedda, siri... ." Nti "Njagala enviiri empanvu. Nnina kawala kange, nako njagala kabeere n'enviiri empanvu," nti era, "N'omwami wange ayagala enviiri empanvu."

Ko nze, "Mukama amuwe omukisa." Kati olwo n'anngamba nti, "Kale," nti era... Ko nze, "Kale, tekisangika. Bano ababadde wano be bayizi, bano abawala abalina enviiri ensale ezibeesimbye bwe zityo, ng'eza mukembuga?"

"Yee."

Ko nze, "Weebale"; ne nfuluma. Ne nngamba, "Katonda wange nenya omukyala oyo olw'abaana ab'obwenzi bonna abali ku nguudo!"

1YOK2:15

66 Ky'ekyo, mujeemu, oluvannyuma lw'ebintu by'ensi. Bakazi bameka, oluvannyuma lwa Yezeberi mukembuga w'ensi eyo, bameka ku bo boolowooza nti bali mu ggulu olwaleero, leero? Olaba? Ebintu by'ensi... Bw'oyagala ensi oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda tekuli mu ggwe. Ekiki?—ekimera kyenkya ekirungi ennyo ye Pentekoote—omugendo omunene mu ggwanga. Ky'ekyo. Oyo ye mugole. Sikifuna.

67 Kale, agezaako kukola ki? Oh, ayiiyaayo okubuukabuuka ku kituuti—

sikijerega; byonna birungi. Yeeyiiyizaayo ebirala. Lwaki?—okufuna bammemba mu kkanisa. Lwaki? Tasobola kulinda, olaba. Talinda Katonda kukikola. Balina okufuna bammemba wonna. Bwe batyo ne babagamba nti, "Ekyo mulina okukikola," olwo ne bafuluma. Olaba, waliwo ensigo emera. Mulina okukikola.

2BASSEK9:30

68 Ntambula mu nngendo z'enjiri. Ndabye Abafrica nga banywa omusaayi gw'ensolo ne bagweyiira bwe bati (abakazi n'abasajja, abali obwereere), ne beesiiga eggerenge mu maaso—awo we kiva; okwesiiga eggerenge kiva mu lulyo lukaafiiri, si kya bantu, Abakulisitaayo, abakkiriza; tekibangako. Tewaliiwo mukazi n'omu wonna mu Bayibuli eyeesiiga eggerenge, yali Yezeberi, Setaani.

69 Kale beesiiganga eggerenge mu maaso, ebintu ebinene ebiwanvu ku matu gaabwe ebiringa ebibajjo by'emiti (Abazulu)—bibajjo bya muti, ne baleebeesa ennyama y'oku matu. Oluusi bayuza emimwa gyabwe (nga balowooza nti balabika bulungi), ne bateeka ku mabeere gaabwe wonna ku bigere byabwe n'awalala, omusaayi, olwo ne beetekamu ebiba ng'ezentulege, ne baleekaana, nga bayimbira mu mwoyo ne boogera mu nniimi, ne basinza Setaani: obukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu!

70 Naliko mu India lwe baalina ebiriroliro n'ebintu ebirala n'okumanya nti ge mazima. Ogufaananyi ogw'ekitalo nga kirina ebikomo mu matu ng'eby'oku matu n'ebiri bityo, ne beerumya n'okwefumita ebintu mu mibiri gyabwe nga beekuba ne beewummula emimwa mbu balimbye, nga beebonyaabonya ne beesala ebiso ku mimwa gyabwe oba ne biyita mu bulevu ne mu nnyindo nga beefumita batyo; bakwata amalobo g'ebyennyanja amanene, agalinga ebirege bye batimba ku ssekukkulu, ne bagenda ne babijjuza amazzi ne beekubamu mangi mu mibiri gyabwe, mu mubiri, ne bagenda ne bazina nga beetooloola ekifaananyi kino bwe batyo, ne batta embuzi ne basinza, nga bayita mu muliro ogwokya nga tebayidde. Abamu ku mmwe Abapentekoote mukigezeeko!

71 Naye kyakolebwa—abaana Abaebbulaniya. Naye tebaakema Mukama Katonda waabwe; baasuulibwamu busuulibwa. Tebagezezzaako kubaako kye bayiiya. Obwo bwe buzibu obuli ku Bapentekoote leero. Beeyiiyirizzaawo ekyabwe! Tebasobola kulinda! Oh, Katonda, tebasobola kulinda, awo ne benda. Amiina. Nga bagezaako okubaako kye bayiiya, olwo kiki ekikivaamu?—nga bwe kyakola olwasooka, omugole eyasooka ataayinza kulinda.

72 Yaleeta okufa okuyita mu mwana ow'obwenzi ffenna gwe tuli abaana be. Naye Katonda yayambala omubiri okutuwa okuzaalibwa okulala okutukomyawo okubeera abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala nnakabala, olaba. Ky'ekyo. Akaweke ak'obulamu aka Kaawa tekaakikolako. Tekaakikola. Lwaki? Yakatabulatabula, n'akaggyawo. Mu kifo ky'okulinda Adamu ajje gy'ali ng'omugole we mu kiseera ekituufu—ddala nga Kristo bw'ajja eri ekibiina, Kristo yandizze eri ekkanisa ye; yasuubiza okukikola. Katonda yasuubiza okwongerayongera, naye baalina okulinda okutuusa ekiseera kya Katonda.

Ekigambo kya Kristo, naye tebamanyi Katonda eyali mu Kristo. Muliro omusiige. Ani asobola okubuguma n'omuliro omusiige—obumanyirivu mu sseminaaliyo? Baamanya Musa, naye si Katonda we.

215 Yesu yakimanya era n'agamba nti amiina! Ow'oluganda, wulira kino. Whew! Kati, mpulira nga Dawudi, ng'awuuba envumuulo ye. Mikwano, sibasalira musango. Kale, kyokka mpulira bulungi. Kati ntandise okuwulira obulungi.

YOK 10:37 YOK14:10 YOK20:21

216 Yesu yakimanya n'agamba nti, "Kitange eyantuma ali mu nze, era nga bwe yantuma, nange bwe ntyo bwe mbatuma"—era abayigirizwa be. "Kitange eyantuma ali nange. Bwe sikola mirimu egy'Ekigambo ekisuubize ekya Kitange, olwo temunzikiriza, kubanga bye bintegeeza nze." Aleruuya! Oh, kkanisa, muli wa? Yesu yagamba... Ne bagamba, "Oh, tumanyi nti kino Katonda yakikola, naye si leero." Yesu yagamba ekintu kye kimu... "Tumanyi nti Yesu yali ne Musa."

217 "Naye Katonda eyali nange ali mu nze, kubanga bw'otokikkiriza, laba ekyampandiikwako. Mulaba Ebyawandiikibwa kye bigamba nti kino ndikikola, era bwe sija mu byawandiikibwa, kati olwo temunzikiriza."

218 Ka mbabuulire kino si mu kweyitiriza, naye ekyo ka nkyogere ku lw'obubaka bwe mbuulira: kino Katonda bw'atakyoleka okuba amazima, olwo tekiba kyo; naye Ekigambo bwe kyoleka kye mbagamba nti ge mazima, olwo mukkirize Ekigambo! Bye bijulira nti kye njogera mazima oba nedda. Bwe bujulizi; bye bijulira oku... olw'obuweereza bwe yampa. Kino yakisuubiza mu nnaku ezisembayo. Kiikino! Yayogera ky'alikola. Kiikino wano; tukigendako kaakati! Mulabe oba bwe kiri oba nedda.

219 Katonda k'akijulire. Emirimu, ebintu bye mbuulira bwe bitategeeza nti ge mazima, olwo si ge mazima; naye, Ekigambo bwe kiba kikyogerako, era kiikino wano, olwo munaakikolera ki?

KUV3:14

220 Yesu yagamba nti, "Mbamanyi; mugamba nti mumanyi Musa. Muyinza okumanya ebyafaayo bya Musa, naye nga temumanyi Katonda we; kubanga nnaliwo nga Musa tannabaawo. Nze nnayogera ne Musa. Nze NDI; nze Kigambo." Tebaayinza kukiraba kubanga ba kitaabwe, Setaani. Ebibiina byabwe tebyabaganya kukiraba. Kyokka tebaaziyiza Kigambo kutambula nga bulijjo. Kyajja ku bamu, era mu abo ne muvaamu omugole ow'omulembe ogwo.

YOK5:36 YOK10:38

221 Kale, kyawufu. . . muliro omusiige. Yesu yagamba, "Kitange eyantuma ali nange, era emirimu gye nkola gye gintegeeza nze kubanga nngenda kukola ekintu kyennyini Ebyawandiikibwa kye bigamba nti kye ndikola." Abayudaaya baali bamanyi Katonda waabwe ow'ebyafaayo. Bwe kiri ne leero, yee. Katonda w'ebyafaayo baamumanya kubanga baalina ensigo y'ebyafaayo! Lwaki tebaamusembeza?—kubanga yeetabulatabula n'ebibiina by'amadiini. Yesu yamanya eyamutuma, kubanga oyo eyamutuma yali mu ye, era tewaaliwo kibiina kya ddiini kimusibiddwako. Amiina! "Mumbuulire ani . . .? Yava mu ssomero ki?" bwe baabuuza. "Amagezi gano yagaggya wa?

wamu; n'ebirala. Mazima, basonyiwa; baggyako ebibi mu nkola zaabwe bo, naye ebibala byabwe biraga kye kiri. Tekibasaanira, nedda, ssebo. Bakola ki?—bambala ebiwale ebimpi, basalako enviiri zaabwe, beetonaatona. Yesu yagamba nti, "Tulibamanyira ku bibala byabwe," ky'ekika ky'ensigo kye bali. Bwe kityo bwe kiri.

LUB1:11-12

209 Ensigo y'ebibiina by'amadiini ewa okusonyiwa kw'ebibiina by'amadiini. Ekyo bwe kiri ddala. Katonda yagamba, "Leka Ekigambo kibale engeri yaakyo," era bwe kiri. Ky'ekyo. Oh, ow'oluganda, ebyawandiikibwa bituufu. Mukikkiriza?

210 Kati Omwoyo Omutukuvu y'alina ebirabo ebyalondebwa ekkanisa bye yeegamba nti ebirina? Eki? Ng'afukirira Ekigambo, ng'akkaatiriza Ekigambo ne amiina.

BIK2:38

211 Bwe baagamba nti, "Mwenenye mubatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo"... "Amiina!" Bwe baayogera ebintu bino... "Amiina!" Ky'ekyo: "Amiina" ku buli kimu, olaba. Kifundikira Ekigambo. Era Katonda yategeza ekirabo eky'okujja, okusonyiwa ebibi. Naye kyaweebwa omubiri gw'Ekigambo ogwajjuzibwa Omwoyo, kubanga Ekigambo kye kyokka ekisonyiwa ebibi, kubanga Kigambo ye Katonda.

MAK2:7

212 Abafalisaayo baali batuufu. Kino nakyogeddeko ku makya nti tujja kukituukako, kati ntutte obudde bwange. Naye Abafalisaayo baagamba nti, "Omuntu ono asonyiwa ebibi. Tumanyi nti muvvoozi. Katonda yekka y'asonyiwa ebibi, kati ate omusajja ono y'asonyiwa ebibi"—nga tebakimanyi nti ekyo ky'ekyali Ekigambo. Ekigambo kisonyiwa ebibi kubanga ye Katonda. Kati bw'oteekulembeza—Katonda amanyi... amanyi era yakimanyirawo n'okumanya kwe okw'edda oyo alitwala ekirabo kino era n'alikikozesa mu ngeri entuufu. Abo abakirina, balabisiddwa n'Ekigambo kya Katonda n'Ekigambo ekirala n'Omwoyo. Ekyo kitegeerekese? Abamu bajja kukukkirizisa nti ekyo kijja na kusoma, bya kusoma, diguli; bw'obeera mu ssomero okumala ebbanga eddene; bw'ofuuka bisopu, bw'osoma okubeera ppaapa, oba okubeera kalidinaali oba okintu ng'ekyo (ng'abamu bwe batukkirizisa nti omwo mwe kiva) abantu, bwe babassaako emikono, nti kibaako kye kireeta. Naye baava ku Kigambo.

YOK8:58 YOK15:16 BAR11:29

213 Abaruumi 11:29 egamba, "Ebirabo n'okuyitibwa kwa Katonda tebyejjusibwa." Katonda abigaba. Era ne Yokaana 15:16, bwe muba mwagala okukiwandiika. Wuliriza nnyo, kati. Yesu nga yali wa njawulo nnyo ku bibiina by'amadiini mu nnaku ze! Baamunenyanga—njagala nkwateko ku kino katono, Whew! Bajjukizanga by'emabega, nga bagamba nti, "Tuli bayigirizwa ba Musa. Tumanyi nti Katonda yalabikira Musa mu kisaka ekyaka, ffe tukimanyi." Baali bamanyi ebyafaayo bya Musa, naye nga tebamanyi Katonda wa Musa, kubanga yayimirira mu maaso gaabwe mu Yokaana 6 n'agamba nti, "Nga Musa tannabaawo... nga Ibulayimu tannabaawo, nga wendi."—ekisaka ekyaka. Baamanya ebyafaayo bya Musa.

214 Bwe kityo ne leero bwe kiri. Bamanyi Katonda... bagamba mbu bamanyi

73 Obwo bwe buzibu obuliwo leero. Tebaagala kulinda kiseera kya Katonda. Baagala kufuna birala, olwo setaani abeera n'amagezi awo okugabawa. Mukole ekibiina; mubeere banene ng'abalala.

74 Kati mulaba lwaki nkikyawa? Mazima, nkikyawa lw'ekyo ekiri mu nze. Kasita Ekigambo kibeeramu, kiteekwa okukikyawa. Katonda akikyawa. Katonda yagamba nti waali. Ky'ekyo. Teyayinza kulinda.

75 Kale akaweke k'obulamu aka Kaawa tekaalabika. Kaatabulwa n'obulimba bwa Setaani, omugole we omwagalwa ng'ayonoonese. Bw'atyo n'omugole wa Kristo bw'ali. Omugole—kiki ekyamwonoona? (kati omugole wa Adamu)—kubanga teyayimirira na Kigambo kya Katonda. Kituufu ekyo? Mbuuza—kati, bwe kiba nga si bwe kiri, temukyogeera; naye bwe kiba bwe kityo, mukyogere. Ensonga lwaki Katonda... Ensonga lwaki omugole wa Adamu... Bali basatu: Adamu, Kristo, ne Katonda. Ensonga lwaki omugole wa Adamu teyazaala mwana wa bulamu mutuufu eri nti teyakkiriza Kigambo kya Katonda. Ekyo bwe kiba kituufu, gamba, "Amiina." Ensonga lwaki omugole wa Yakuwa yagobebwa, manya omugole we, eri nti yagaana Ekigambo kya Katonda, nnabbi. Si bwe kiri? Ensonga lwaki omugole wa Kristo agobebwa mu kwawukana eri nti agaanye Ekigambo kya Katonda, nga Kaawa bwe yakola, nga n'abalala abasigadde bwe baakola; mazima ddala, bonna bamalaaya, bonna baayonoonebwa. Abaami baabwe tebaayingira gye bali. Baafunyisibwa embuto ng'abaami baabwe tebannayingira gye bali.

76 Oh, Katonda, ekyo kyannaku nnyo mu maaso ge! Teebereza omuvubuka bw'ajja eri omukazi n'asanga ng'alina ensigo ey'omusajja omulala. Ekintu ng'ekyo! Ekyo Katonda ky'akoze. Ekyo Adamu kye yakola. Ekyo Kristo ky'akoze. Oh!

77 Yee, teyasigala ku Kigambo ne kireetawo embeera ya maleeto. Ekyo Isiraeri kye yakola. Olaba waali? Ekyo omugole wa Kristo kye yakola. Mulaba waali?—ng'addiddeyo ddala emabega n'abalala. Omugole wa Kristo Omupentekoote naye kye yakola.

78 Tasobola kuzaala baana ba Kigambo aboomwoyo, kubanga yeeyonoona. Anaakikola atya nga yeetabutalatabula n'ebibiina by'amadiini? Yeegasse nabo nga byonna alinga bwe bali. Wamu n'akakiiko akagatta amakanisa n'ebirala, nga maleeto ddala ng'abalala. Asobola atya okukikola? Tayinza.

79 Kati, nnina bingi eby'okwogera, era ku kino nnina okwanguya. Buli kimu njagala okukibuulirako, olaba.

80 Kati wekkaanye, omugole omutuufu. Aleruuya! Wateekwa okubaawo omu! Lwaki? Yalondebwa. Tagenda kukolebwamu kibiina kya ddiini, kubanga yalondebwa. Talina kye yeetaaga ku bibiina by'amadiini, yalondebwa dda okubeerawo.

MAT1:23 LUK1:27

81 Laba, nga Malyamu... Kati kino njagala mukifune obutakisubwa. Mwetegese? Mugambe nti, "Amiina." Kristo bw'ajja eri omugole we, alina kubeera mbeerera nga Malyamu bwe yali, kubanga Katonda tasobola okuleeta Kristo ng'ayita mu nda ya malaaya, wadde era n'omugole. Tasobola kufulumya Kigambo kye ng'ayita mu malaaya w'Ekigambo kye. Ebigambo

ebyo kizibu, naye ekyo Bayibuli ky'egamba. Njogera ekyo ky'egamba kubanga kino kirina okutegeerebwa.

LUK1:27 YOK1:1,14

82 Omugole omutuufu, nga Malyamu bwe yali, alina okubeera n'enda embeerera ey'omugole wa Kristo, nga ye Kristo. Kristo, Ekigambo, bw'ajja eri omugole, ateekwa kubeera nga Ye—mbeerera lwa Kigambo. Ow'oluganda Neville, nsuubira kiyingira, olaba. Nsuubira oteegera! Yali ki?—Kigambo! Ekigambo kya Katonda. "Ng'alina erinnya eriwandiikiddwa ku kyambalo kye, 'Ekigambo kya Katonda.'" "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda... Era Kigamba... n'ayambala omubiri, n'abeerako gye tuli." Ye Katonda, ate Katonda ky'Ekigambo. Kati omugole we bw'ajja, ateekwa kuba kintu kye kimu ddala nga Ye—mbeerera!

LUK1:38

83 Kristo wa kibiina kya ddiini? Oba Yakuwa? Wadde n'omugole we! Kuba kitundu ku ye. Teyeetaaga kikwate; tajja kubeera wadde n'ekimu. Ajja kubeerera ddala mbeerera. Atya?—Na Kigambo. Amiina. Buli kigambo Katonda ky'ayogera ajja kukikomekkereza na "Amiina. Amiina. Oh, 'kibe gyendi okusinziira ku Kigambo kyo.' Amiina." Oh, abange! Ky'ekyo. Ekigambo kya Katonda kiteekeko akabonera.

MAT1:23 LUK1:27,31

84 Beera n'enda embeerera. Eneevaamu ki?—enda embeerera, ekigambo. Yesu yava mu ki?—mu nda embeerera, olaba.

85 Adamu yagenda okujja eri mukazi we ng'ali lubuto. Yaliko kye yali akoze. Yali atabuddwatabuddwa. Yali... atabuddetabudde omwana, n'afa. Naye Yusufu bwe yajja eri omugole we, yalina olubuto, naye lwa bulamu. Mukazi wa Adamu, manya omugole wa Adamu, Adamu bwe—nga tebannaba kwegatta—ddala nga Yusufu ne Malyamu, ddala nga Kristo n'ekkanisa kati (mukiraba? Olaba)—nga tebannaba kwegatta (Adamu ne Kaawa), yali afunyisiddwa olubuto n'ensigo embi eva mu musota; kati Adamu bwe yajja eri mukazi we yasanga afunyisiddwa olubuto lw'okufa, olaba. Okufa! Atya?—mu mwoyo, okufa okw'omubiri; naye Yusufu, omuntu, bwe yajja eri mukazi we (ekitiibwa! Kyali kizibu okumuleka!), yalina olubuto lw'obulamu, Ekigambo kya Katonda mu mubiri nga kiri mu massekkati gaffe!

86 Komyawo Ekigambo ekyo ekyogere! Komyawo Ekigambo kya Katonda ekyo nga ye Kigambo eyali wano—n'ajja ng'ayita mu lubuto lw'omuntu. Amiina! Mu buli ngeri Katonda ajja kukikola. Oh, ab'oluganda, ekyo kirungi nnyo, bwe muba musobola okukimira—osobola okukifuna. Awo we twamusanze.

87 Adamu bwe yajja eri mukyala we, yalina olubuto lw'ensigo enkyamu. Ensigo y'okufa! Ate Yusufu bwe yajja eri owuwe, yalina olubuto. Kati kiki kyaleetawo enjawulo mu mbuto? Kubanga omukazi wa Adamu yabuusabuusa Ekigambo. Si bwe kiri? Omugole wa Yusufu n'akkiriza Ekigambo eyo y'enjawulo. Kati olwo kyali ki? Kigamba! Oh, Ekigambo ekyo eky'omuwendo! Ensi yakolebwa na Kigambo kya Katonda! Aleruuya! Okubeerawo kwange wano kwaliwo. Ka ebibiina by'amadiini n'ebirala bigwe, bakole ekyo kye bagenda okukola. Ku Kigambo ekyo kwe nnyimiridde.

YOK3:16

203 Mukkiriza nti Yokaana 3:16 ntuufu? Nngenda kugisoma. By'ebyo ku ekyo. Kale. Mu... buli akkiriza Yokaana 3:16: "Katonda bw'atyo bwe yayagala ensi n'okuwaayo n'awaayo Omwana we omu yekka," n'ebirala, ne muddamu nti, "Amiina." Mbeegayirira okukkiriza n'ebisigadde! Njogera ku mubiri, kaakati.

204 Ka tutwale Yokaana 20 gye tuba tutandika nayo. Kale, tutwale Yokaana essuula 20, tulabe. Yokaana essuula 20 era tugenda kutandikira ku, oh, nngambye ku lunyiriri lw'e 19. Omut. Yokaana 20, (Nsuubira ekyo nawandiise wano), okutandikira ku lunyiriri olw'e 19. Kati, muwulirize nnyo.

YOK20:19-22

205 Mbasoomoza mukikkirize! Oh, mpulira bulungi. Oh, singa mba... singa nsobola okulaba Omwoyo Omutukuvu ng'amaamidde wano wonna, bw'atyo; n'gamba, "Kati, ye Nze." Wuliriza:

> *... ku lunaku lwe lumu akawungeezi, olunaku olusooka mu wiiki, enzigi bwe zaali nga ziggaddwawo abayigirizwa mwe baali olw'okutya Abayudaaya, Yesu n'ajja n'ayimirira wakati mu bo, n'abagamba nti, Emirembe gibe mu mmwe.*
>
> *Awo bwe yamala okwogera bw'atyo, n'abalaga engalo ze n'embiriizi ze.* [Kati abayigirizwa be... ka tulabe... embiriizi ze era bwe . . .] *Abayigirizwa ne basanyuka, bwe baalaba Mukama.*
>
> *Awo Yesu n'abagamba... Emirembe gibe mu mmwe:* [Oh, mwetegese?] *nga Kitange bwe yantuma nze,* [Ye ye Kigambo, ensigo, Kigambo-nsigo] *nange bwe ntyo mbasindika mmwe.* [Mukikkiriza? Temuwummula; wakyaliyo ekirala ku kyo.]
>
> *Bwe yamala okwogera ekyo, n'abassizza omukka, n'abagamba, Mutoole Omwoyo Omutukuvu:*
>
> *Be munaggyangako ebibi bonna, baggibwako; be munaasibiranga ebibi bonna, basibirwa.*

MAT16:19

206 Ago ge mazima? Ekyo yakigamba B'ani?—ensigo, Ekigambo. Lwaki?—balina kuzaalibwa Kigambo kyokka. Y'ensonga eyo. Ekyo mukikkiriza? Kati ka tutwale Matayo 16, mu ddakiika. Matayo 16:19. Kino ka tukisome katono. Ky'ekyo:

> *Ndikuwa ebisumuluzo eby'obwakabaka obw'omu ggulu: kyonna kyonna ky'olisiba ku nsi kirisibibwa mu ggulu: kyonna kyonna ky'olisimulula ku nsi kirisimululwa mu ggulu.*

207 Nkusoomoza okukkiriza. Oba ng'ekyo si ky'Ekigambo, Yokaana 3:16 nga si ky'Ekigambo. Lwaki mutwalako ekimu ne muleka ekirala? Ekigambo kya Katonda kyonna kituufu, kirina kuva mu nda mbeerera omutali kintu kirala wabula Ekigambo. Mukikkiriza? Kale. Kati, kino mukyekkaanye nnyo.

MAT7:16,20

208 Nkimanyi nti ne malaaya akisaba, era basonyiwa ebibi n'obuyinza bw'ebibiina by'amadiini gaabwe. Naye tunuulira abaana baabwe: buli mazina bidandali, basalako enviiri zaabwe, beetonaatona nga bakazannyirizi, abasajja nga babeera ne bakazi b'abasajja abalala, nga beetunda ku nguudo, banaabira

195 Kati, n'omubiri gwe gulina kukola kye kimu kubanga omubiri ye... omutwe n'omubiri biri wamu. Si bwe kiri? Kristo bw'aba nga gwe mutwe... ye yali Ekigambo, omubiri gwe guteekeddwa okubeera kye kimu ng'omutwe bwe gwali. Si bwe kiri? Ekkanisa y'Ekigambo, ezaaliddwa Ekigambo. Embeerera ezaaliddwa Ekigambo, kati si kibiina kya ddiini. Embeerera ezaaliddwa okuva mu Kigambo.

196 Okukola kw'omubiri kuva ku mutwe. Si bwe kiri? Omubiri gwange tegusobola kutambula okuggyako ng'omutwe gugugambye gutambule. Kale, watya singa omutwe gwange nnyama ng'omubiri gwange y'enkokoto?—tegusobola kutambula. Omutwe gusobola okugamba nti, "Tambula, tambula, tambula, tambula, tambula," nate tewaliiwo gye guweereza bubaka. Si bwe kiri? Kale, singa omutwe gwange ye Kristo ng'omubiri gwange ky'ekibiina ky'eddiini, gunaakola gutya? Obulongoofu n'obwenzi biyinza bitya okukolagnira awamu?

BEF5:23

197 Ab'oluganda, mbabuulire; nkyagala. Nandyagadde ekyo okukibuulirako eddako. Omubiri gukola gusinziira ku mutwe. Era omutwe ky'Ekigambo. Si bwe kiri? Omutwe ky'Ekigambo.

198 Kati, geraageranya ekkanisa ya leero. Lwaki tetukirinaamu byamagero? Lwaki tetukirinaamu Kigambo? Lwaki tetukifunamu Kigambo; ekibiina ky'amadiini kikiggyawo. Ddala.

199 Ogamba, wuuno omusajja omutukuvu wa Katonda, ng'abuulira Ekigambo kya Katonda nga kiviiridde ddala ku Bayibuli nga bwe kisobola. Ekibiina ky'eddiini: "Hmm, nedda-a-a! Nedda, ssebo! Mumufulumye!" olaba? Omubiri tegusobola kutambula; gupipira... kiteekeddwa.

YOK14:12

200 Kati, omubiri gwe gukola, gutwala mu maaso emirimu n'okukola emirimu omutwe gye gugiragira okukola. Mbuulira we gwali gugambye nti, "Tegeka"! Mbuulira omutwe we gwagamba nti, "Kituufu abakazi okusalako enviiri zaabwe"! Okimanyi?—tekiriiyo. Mbuuliraayo omutwe we gwali gugambye nti, "Emirimu gye nkola, naye temuligikola!" kindage! Naye omutwe kino kye gwayogera (ekyawandiikibwa bwe mubeera mwagala okukiwandiika nja kukibawa: Yokaana 4:12), "Emirimu gye nkola, nammwe muligikola." Ogwo gwe mubiri gwe, mulaba.

201 Kaakati mulaba, lwaki mbadde nfaayo nnyo ku kika ky'ensigo eyo gye nnasimba ku lw'omubiri? Mangu ddala enkuba egenda kutonnya; ntegeeza enkuba yennyini. Naye erina okufuna ensigo ey'okutonnyako. Nsuubira nja kuwangaala nkirabeko. Mukitegeera kaakati? Kiribeera Ekigambo ekiramu nga bwe kyali ku lubereberye—Ekigambo kya Katonda ekyogere, nga kirina amaanyi ge; kubanga kiri muye mu Mubiri gwe, ng'akolera ddala mu nkola ye. Tunuulira ebisuubizo Katonda bye yawa eri omubiri gwe.

202 Kati, waliwo kye tugendako. Kati, tutuuse ku lusozi Sayuni. Ka tulabe kye yayogera ku mubiri guno—ntegeeza eyazaalibwa embeerera. Kati tulaba okugeegeenyezebwa kwakyo. Bulijjo tukiraba. Naye ka tugende ku mubiri ogwannamaddala, tulabe kye yakyogerako. Ka tulabe. Kale, kiikino wano kye yasuubiza.

88 Eyo y'ensonga lwaki nkoze ekyo kye nkoze. Eyo y'ensonga lwaki ebibiina by'amadiini mbissizza emabega. Mugamba, "Kale ali e... kumenya makanisa." Ky'ekintu kye kimu kye baagamba ne Mukama. Bakyogera buli kiseera, olaba.

89 Kati, tumulabye. Kristo ajja eri mugole. Amusanga wa?—kintu kye kimu. Lwaki? Bwe yali atandika... (Kati wuliriza, kino ssaagala mukisubwe.) Bwe yali atandika, yali mbeerera. Yali mutuufu. Mu kkanisa y'edda yatambulanga bulungi. Kyabeeranga kirungi. Katonda n'amuwa omugole, omugole n'akola ki? Bwe muba mumanyi ebyafaayo, mu 606 yagenda buterevu eyo n'afunyisibwa olubuto ebikwate bya Rooma, manya ebibiina. Kati okuva olwo okweyongerayo, nnyina w'abenzi oyo ali mu Bayibuli azaala amakanisa, bamalaaya, abenzi—ng'eyo ye Pulotesitante—kubanga zonna zaazaalibwa ye era buli emu n'ekolaekibiina—ekyayo. Kati mulaba lwaki nkikyawa? Kale.

90 Kati, ku okuzaala kw'Ekigamba ye Kristo. Tayonooneddwa na bibiina by'amadiini. Ekkanisa ey'edda—si ebibiina, Kigambo ekinaaziddwa n'Omwoyo. Ow'oluganda, Katonda ateeka awo bw'atyo Ekigambo Omwoyo Omutukuvu n'akinaaza, awo n'agenda. Mazima ddal, n'azaala abaana, naye ekkanisa eno tesobola kukikola. Yafuuka nnyo eddiini. Olaba, tesobola kukikola. Yeetabuddetabudde n'ensi. Olaba kye baakola.

91 Kati, kati wekkaanye, Katonda yakakasa Ekigambo kye okuyita mu mubiri gwe. Si bwe kiri? Kati n'ayenda nga mukazi wa Adamu bwe yakola mu Adeni nga ne mukazi wa Yakuwa bwe yakola mu nnaku za Samwiri, nga baagala kabaka, ne bakyawa Katonda (bbaawe eyali amwogereza) n'Ekigambo kye nnabbi we (ogwali omukutu gw'Ekigambo kye), n'ayenda ng'amawanga amalala; Katonda n'amwawukanako! Ne leero ky'Akoze. Kikolwa kye kimu.

92 Batabani b'omugole, baayenda (olaba) wamu n'omugole, batabani ba Katonda—Omugole we okuva ku Pentekoote, nga mbeerera na Kigambo kye, yayenda n'akola obwenzi ddala nga mukazi wa Adamu bwe yakola, ddala nga mukazi wa Yakuwa bwe yakola; kati wuuno omukazi w'Omwana—ng'agenda alaaya, ng'ayenda ne bakatonda b'e Rooma (mu bungi), bakatonda, era ku lw'abaagalwa be, bakatonda ba Rooma, baagezaako okutwala omwami we bamuyuzeemu bisatu—okusanyusa abagaalwa be! Katonda saasira ku lw'ekyo! Mazima ddala, balina bakatonda bikumi na bikumi, oh ddala—Asitaati, katonda njuba, ne Balamu, katonda njuba, ne nnamasole w'eggulu ne byonna bwe bityo. Bw'atyo omugole, okusobola okusanyusa abagwagwa be—Katonda teyakyogerako ekyo mu luyimba lwa Sulemaani ng'agamba nti mukyala we takyali kintu kirala wabula malaaya era atuula nga yeebambuula buli kaseera ng'akwana buli gw'alaba ayitawo? Mbyasanguza, kuba ekyo Bayibuli ky'eyogera. Buli musajja eyayagalanga nga yagenda naye, ng'asobola okugenda naye. Ekyo ky'ekintu kye kimu omugole wa Kristo ky'akoze—nga yeebambuula eri buli muze ogw'edda, omugwagwa buli kibiina gwe kyali kibadde nakyo. Akoze ekintu kye kimu.

93 Mmanyi nja kukolokotebwa olwa kino. Ekyo kale, naye ate era kijja kumpeesa omukisa, kubanga gagenda kubeera mazima, ge mazima ga Katonda, kubanga ayagala googerwe, kati wano—nkola kyonna ekisoboka

okugoogera, mulaba.

1SAM11:15 KUB17:5

94 Yagezaako okusanyusa enkuyanja ya baganzi be. Mu kukola ekyo yatabulatabula ensigo, nga yeetabika ne baganzi be, Ekigambo kya Katonda; mu ekyo tekijja kukola, bw'atyo n'agamba, "Kyegaane ekyo" ne yeekolera ekigambo kye. Kati yeegamba okubeera Ekigambo mwene. Naye toganya Bakatoliki—oba Abapolotesitante bayita Abakatoliki, kubanga bakola ekintu kye kimu mu lukiiko lw'amakanisa gaabwe—nga balaaya. Ky'ova olaba bayitibwa bamalaaya! Ekyo kikalabula, si bwe kiri? Ekyo kikubambula eddiba ku mugongo, naye ekyo emirundi egimu kye kyetaagisa okukugolokosa. Ekyo kyennyini kye yakola. Yava ku Yesu, omwami ow'Ekigambo. Era nga Samwiri—baaleka Samwiri ne batwala Sawulo, baaleka nnabbi eyafukibwako amafuta n'Ekigambo ne batwala kabaka ne ddamula; so nga oluvannyuma yandibadde ajja eri Kabaka, ng'akutte ddamula, mu bufuzi obw'emyaka olukumi, kyokka kati agaaniddwa. Kwe kugenda yeefunire omugole eri Abaamawanga. Si bwe kiri? Ky'Ekigambo.

95 Kati, yaleka Kristo Ekigambo, Kristo Ekigambo, n'afumbirwa omusajja omulala ayitibwa ppaapa alina ebiyiiye. Kati talina Yesu, alina ppaapa. Kati tetuli... Abapolotesitante tebalina Yesu; balina kibiina kya ddiini, kye kimu—kifaananyi eri ensolo.

KUB17:4,5

96 Bwe kityo tasobola kuzaala Kigambo eri abaana be, tekuli n'omu. Ye mwennyini mwenzi. Bayibuli egamba kye yali. Yalina ekikompe mu mukono gwe ng'awa abantu enjigiriza ye eky'omuzizo ky'obwonoonefu bw'obwenzi bwe. Obwenzi kye ki?—kubeera nga toli mulongoofu. Gy'ali enjigiriza gy'awa abantu, bwe bwonoonefu bwo bwenzi bwe. Ne bakabaka b'ensi n'abalala bonna nga batamidde omwenge gw'obwenzi bwe. Bwe kiri ddala, batunuulire. Ssebo, ku lw'ekyo basobola okukuggyamu omumiro mu ddakiika. Si Bakatoliki bokka, naye n'Abapolotesitante.

97 Mmwe Abamethodist, muwulirize. Ani yatta Joseph Smith? Kati mwerage. Wadde nga sikkiririza mu nzikiriza ye, newankubadde eyammwe. Ekyo tekiri eri bweru, kiri wano. Eyo y'ensonga. Joseph Smith yalina obuyinza okubuulira enjigiriza ye wano mu gwanga lino nga nammwe bwe mukola, naye mwamuttira wano mu Illinois; yakubibwa amasasi awataali nsonga, kubanga yalina eky'enjawuloko. Ate ne mwemulunyiza Ekereziya. Mubiveemu ebyo eby'obusirusiru mmwe Abamethodist abaalonderwa obulamu obutaggwaawo! John Wesley singa avaayo mu ntaana ye, nga mweyisa bwe mutyo. Mazima ddala, akikola. John Wesley teyateekawo kkanisa bw'etyo. Ky'ekyo. John bwe yafa ne walyoka wajja abo bakazannyirizi. Ky'ekyo. Si John Wesley. Abapentekoote abakadde ab'edda si be bavuddemu kino. Ky'ekibiina kye kimu bwe baamala okufa. Ky'ekyo. Yesu Kristo teyateekawo kintu nga kino kye tulina kati kye tuyita Pentekoote; k'abeere Omwoyo Omutukuvu, kintu kyebeefunira wano; naye Omwoyo Omutukuvu ky'ekintu kye batasobola kutta. Mu buli ngeri agenda kutwala omugole. Mu buli ngeri waliwo gw'agenda okutwala. Yagamba nti alimulonda.

ly'ejjinja ly'oku nsonda eriwanirira ekizimbe—ly'ejjinja ekkulu. Bameka abamanyi ejjinja ekkulu kye liri? Akasolya bwe kazimbibwa, ejjinja ekkulu lye likagatta. Ejjinja ly'oku nsonda lye liwanirira ekizimbe, si bwe kiri? Era ejjinja ly'oku nsonda mu piramidi lye lyali ejjinja ly'oku ntikko... ly'eryali ejjinja ekkulu eryakiwanirira kyonna. Kati, ejjinja lino ekkulu lyagaanibwa.

Wali weetegerezza, eyo, kiri waggulu, waggulu ku piramidi. Kati, kati ekyo kyali kyoleka ki Enoka bwe yagizimba?

189 Kino ky'ekyabaawo: kiringa ddala ekkanisa y'enjiri ejja. Mulaba, kati eno wansi ku kitundu ekigazi ekya piramidi, wooleka mu nnaku ez'edda ez'okuddaabulula. Nga kweyita bweyisi Mukulisitaayo, ne weegaana Ekereziya Katolika, nga kikuttisa. Ate ne wajja... ne babuulira okuggibwako omusango ku lw'okukkiriza.

190 Ate ne... Kati laba ebisatu bikomawo nate. Ne wajja John Wesley, ng'abuulira okutukuzibwa. Ekkanisa ne yeeyongera okukendeera. Olaba, mujje eno.

191 Kati oluvannyuma lw'ennaku za John Wesley ez'okutukuzibwa, ne wajja ekkanisa ya Pentekoote, Katonda n'aggya mu ekyo abaasigalawo; buli eyakkirizanga Ekigambo, mulaba. Kati, bwe kyatuuka ku Pentekoote, kyakisembereza ddala kubanga kwe kwali okuzzibwawo kw'ebirabo. Okukiggyayo... ky'eki? Wansi wano etandika okufunda ng'odda ku mutwe. Ate wano era ne yeeyongera okufunda ng'odda ku mutwe. Ate wano n'etoniwalira ddala, naye olwo etuukaganire ddala n'endala. Kiteekeddwa okutuukirira. Mu piramidi eyo, oyinza okuddira ejjirita n'otosobola kugiyisa wakati we bagattira enjazi n'omusenyu; byasibibwanga nnyo. Baagamba nti ne yeekaalu ya Sulemaani bwe yali, mukiraba.

192 Katonda aggyayo abalonde mu kkanisa eyo ey'Abapentekoote (maleeto eyo), ng'abaggyayo n'okumaliriza Ekigambo. Era kigenda kubeera wamu nnyo okutuusa Ekigambo kyennyini lwe kiryegatta n'Ekigambo. Awo ejjinja ly'oku ntikko ne lijja, nga lyogerera waggulu, "Ekisa, ekisa, ekisa ekyewuunyisa."—ejjinja ly'oku ntikko. Laba wano oli bw'oti, olaba, awo. Olaba, engeri gyerimu engazi eno wansi? N'egenda ng'efunda, efunda, efunda (obuweereza), ate nga wayise akabanga ne wajja... Wuuno Luther: okuggibwako omusango, okulongoosebwa. Wano Wesley n'ajja: ekibiina ekyatukuzibwa. Ne wajja Pentekoote: okuzzibwawo kw'ebirabo.

193 Kati, Katonda waliwo baggyamu, ng'akola ku kibiina okuzimba obuweereza ddala ng'Ekigambo ekyo eyo, kubanga kirina okutuukagana n'Ekigambo. Waliwo omugole; gw'agenda okutwala.

194 Kati, Kristo yalabisibwa okuzikiriza emirimu gya Setaani. Ekyo mukikkiriza? Kati, sisobola kunnyonnyola bino byonna; nngenda kubiyitamu buyisi, mangu ddala kati; nngenda kukoona ku bikulu n'olw'ekyo temugenda kulwawo nnyo. Kristo yalabisibwa okuzikiriza emirimu gya Setaani. Si bwe kiri? Ekyo mwenna mukikkiriza? Y'ensonga lwaki... Yali ki?—Kigambo kya Katonda, ekizikiriza emirimu gya maleeto, Setaani. Si bwe kiri? Yakolebwa kukola ekyo; yazaalibwa kubeera ekyo, okuzikiriza emirimu gya Setaani.

byonna... Kati, nngenda kwanguyaako ebintu bino ebimu (sijja kubinnyonnyola, naye nga mbiyitamu buyisi tusobola okukituukako; mbasuubiza okwanguyiriza ddala nga bwe nsobola).

184 Waliwo wano akatundu we nayingiridde ennyo mu Mwoyo. Nnina ekkanisa okugiraga n'okugikakasa mu Kigambo wano ekyo kyennyini ekizzenga kibeerawo. Kati bwe nnakikola, muli ne nngamba nti, "Mukama, waliwo wano abali wano kati—bajja kubeera wano; naabagamba ki? Sisobola kulagula kigenda kujja. Sisobola kubagamba kya kukola. Naakola ntya? Nja kubaleka awo mu bbanga." Ne mpanika omukono gwange, ne nngamba nti, "Katonda nsuubira kino nkikola olw'okwagala kwo. Sikikolangako, sikikolangako.", kubanga ensigo ebadde tesigibwanga. Nti era, "Kaakati, nnina... Nzikiriza kye kiseera nkyogere; naye kati, nngenda kwogera ki kati?"

185 Kati mu lwatu ddala nga bwe muwulira eddoboozi lyange, ekintu ne kinngamba, "Kwata ekkalaamu yo." Nngenda kukibasomera mu ddakiika. Bwe nnamala, ng'eky'okuddamu, kiri awo wennyini. Saamanya na kiki kye nnali mpandiika, natandika butandisi okuwandiika. Bwe nnamala, ne nteeka ekkalaamu wansi; ne ntunula, ne nngamba, "Katonda nsaasira, nga kiri awo, awo wennyini. Ekyo kyennoonya." Kati, waliwo ekintu kye njagala okubuuka. Tujja kukikwata katono, Mukama ng'ayagadde.

186 Endagaano Enkadde yonna kyali kifaananyi ekiraga Kristo n'ekkanisa ye. Mukkiriza nti Adamu ne Kaawa baali balaga Kristo n'ekkanisa ye? Kale, oba bo bifaananyi kino ky'ekikontana n'ekifaananyi, era kirina kubeera ng'ekifaananyi, kubanga ekifaananyi kiggya ku... ekiwakanya ekifaananyi kijja ku kifaananyi. Kristo gwe mutwe, ejjinja lya Katonda ettuufu. Ekyo mukikkiriza? Ekigambo ekituufu. Omugole gwe mubiri.

Mwetaaga Ebyawandiikibwa ku kino, kale musobola okubikebera?

(mbadde nngenda kusoma ebyawandiikibwa, naye sijja.) 1Peetero 2:1-6; Abaefeso 5:22; (olaba), 1Peetero 2:1-6; Abaefeso 5:23. musome essuula eyo, zombi awo, olaba.

187 Endagaano Enkade: Kristo, laba eno. Ka tutwale kino ng'ekyokulabirako. (Osanga singa mukyala wange teyatwala ddoola yange. Yiino wano. Jjuuzi wano n'agula amatunda. Mikwano, munsonyiweko, ekyo sandikyogedde, naye... Nnina omukyala omulungi.) Kati, emabega wa ddoola eno... (Singa teyali ye, sandibadde na ddoola, nsuubira; ekisa kya Katonda kyagituwa ye nannyamba.) Kati, emabega wa kino, kiringa, singa eyo y'essente yaffe, akabonero ka America akali ku mukono ogwa kkono ogwa ddoola kalabika okuba nga ke kabonero ak'ekitalo mu ggwanga lino. Si bwe kiri? Kale, lwaki piramidi y'eyitibwa akabonero ak'ekitalo? Nga n'essente zaffe zikikakasa. Yee, buli lw'oweereza ebbaluwa oba mmeyiro olina okuki... kikikakasa: mwaka gwa Mukama waffe, lukumi mu lwenda nkaaga-mu-bbiri. Buli kintu kijulira Kristo, olaba.

188 Mwali mwetegerezza nti akabonero ek'ekitalo, ye piramidi? Waliwo omuntu yenna amanyi nti piramidi teyateekebwako jjinja lya ku ntikko? Bameka ekyo abakimanyi? Mazima. Naliko e Misiri, Cairo, eyo. Tezaalina jjinja lya ku ntikko. Lwaki?—lyagaanibwa, ejjinja ly'oku nsonda. Eryo

98 Yaleka Yesu, omwami we ow'Ekigambo n'afumbirwa ppaapa, n'olw'ekyo tasobola kuzaala, okuzaala okwomwoyo. Kati asobola kuzaala bya bibiina; alina ensigo nnyingi ez'ekyo. Tasobola kufulumya kuzaala kwa mwoyo kubanga mwenzi. Ekintu kyokka ky'ayinza okufulumya bwe bulamu bw'ebibiina n'olube. Ekereziya katolika yennyini yakolebwa mu kuwanuuzawanuuza okuli mu ngeri y'Obukulisitaayo n'endowooza y'Ekirooma, ate ekkanisa ya Pentekoote yo mbi nokukirawo—kibinja ky'abo ababuukabuuka n'okuleekaana n'okwogera mu nnimi n'ebiri bityo. Bw'ogiraba—erimu akambayaaya akasobola n'okukugoba mu kibiina kyabwe. Katonda bw'agendayo n'azuukiza abafu, bw'oba tokkiriziganya nabo, bajja kukufulumya, bw'oba toli wa mu kibiina kyabwe.

99 Kati, nnyina w'abenzi ono ow'edda (ka muddeko katono), agamba bw'alina obuyinza okusonyiwa ebibi, naye tetukupimira ku ebyo bye weeyita; tomanyibwa n'ebyo byogamba. Omanyibwa na bikolwa byo. Ayinza atya okusonyiwa ebibi? Mulabe. Yesu bwe yakola ekintu kye kimu, baa... gamba, "Munnenye; mundage we sikkiriza Kigambo." Yeegamba mbu alina obuyinza okusonyiwa ebibi, naye ekyo kireetebwa Kigambo kyokka. Bwe kiri. Katonda yekka y'asonyiwa ebibi. Si bwe kiri? Ekyo Abafalisaayo tebaakyogera? Kizibu ki Abannanfuusi kye baalina. Lwaki?—kubanga tebaakiraba nti oyo ye yali Kigambo ayimiridde nabo! Ye ky'Ekigambo! Ye yali ekigambo Ekirabisiddwa.

KUB17:5

100 Kati Ekereziya egamba nti Yesu yabawa amaanyi. Yakikola. Ekkanisa yagiwa amaanyi. Ky'ekyo. Ekyo tukikkiriza. Bawala be bonna bamalaaya. Bawala be bonna, bawala be ab'ebibiina by'amadiini, bamalaaya. "Ow'oluganda Branham, ekyo ekigambo kinene." Ekyo si kigambo kyange; Kigambo kye. Ddala bwe kiri. Si kyange, kikye.

101 Kale, kitya? Ogamba, "Bakikola batya? Bafuuka batya bamalaaya? Kale, bantu balungi. N'olw'ekyo ba . . ." Ekyo sirina kye nkyogerako. Kye bali si kye nngamba. Sigamba nti Abakatoliki si bantu balungi... balungi ng'abalala bonna. Bantu nga ffe bwe tuli. Naye bwe kituuka ku kkanisa eri ey'edda, bakyamu. Abapolotesitanti nabob we batyo—Abamethodist balungi ng'Ababaptist oba Abapentekoote, oba abalala bonna. Bonna be bamu.

102 Naye ekintu ekikiriko kiri nti, olwo ayinza atya okubeera malaaya? Lwaki? Mugezese n'Ekigambo. Eyo y'engeri yokka gy'oyinza okukimanyaamu. Gigezese n'Ekigambo olabe ky'egamba. Oh, ddala, twayigirizibwa mu seminaaliyo nti ennaku ezo... Kyabeeranga bwe kityo, naye (ha-ha) ekyo kyali ky'eri mu nnaku z'abatume. Ekyo kyali kya batume bokka." Mmwe abeeyita ekkanisa ya Kristo—"yogera awo Bayibuli weeyogera osirike we...." Nandyagadde okubawulira nga mubaako kye mwogera kati. Nedda, musirike. Ekigambo kya Katonda kisirisa buli kintu. Tewali muntu asobola kweraga. Ky'ekyo.

YOB14:4 KUB17:5

103 Bawala be bonna bamalaaya. Batya?—ddala nga nnyaabwe—nga bakabawala mu mwoyo okuva ku Kigambo. Eyo y'engeri Abakatoliki gye bafuukamu bamalaaya. Era bwe batyo bawala be bwe bafuuka bamalaaya.

Kintu kye kimu, obukaba obwomwoyo nga bava ku Kigambo. Ye ne bawala be balina enda z'obwamalaaya. Kufa kwokka kwe kubavaamu. Katonda tasobola kuyisa bulamu mu kufa, era kyonna ekizaalibwa nga kifu tekisobola kuba kiramu. Era nga Yobu bwe yagamba, "Osobola okuggya ekintu ekirongoofu mu kitali kirongoofu... nedda wadde ekimu." Kituufu. Kale, kati asobola atya okuzaala nga ye mwennyini mufu? Asobola atya okuba embeerera nga malaaya? Olaba, ky'ekyo. Ekyo ky'ekintu kyonna.

104 Oh, abange, kati tugenda kukoona ku kintu ekirungi ddala, kijjude ebiriisa okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa. Weetegereze, era ye ne bawala be balina enda ya malaaya. Bavaamu kufa kwokka. Bw'oba oyagala okwegatta ku kibiina, ky'olowooza nti batuufu, tunuulira w'ogwa. Ogwira ddala wakati mu kufa. Ddala ddala. Ekyo bw'oba tosobola kukiraba kati, oli muzibe mu mwoyo, olaba.

105 Kati, kati ka tuddeyo tukiggyeyo nate tubeeko kye tutuukako. Mujjukira olukunngaana lwa sande eyaggwa bwe lwali?—"Omulyango ogugenda mu mmeeme." Mukijjukira? Kati, waliwo enda ey'omubiri; waliwo enda ey'omwoyo. Era endowooza y'enda ey'omwoyo. Ekyo mukikkiriza? Waliwo enda ey'omwoyo n'ey'omubiri. Era endowooza y'enda y'omwoyo. Lwaki? Kati jjukira, sande eyayita nababuulira era ne nkibakubira wano. Waliwo obusimu butano obuyingira mu nsigo okuva ebbali: olaba, okulaba, okulegako, okukomako, okuwunyiriza, n'okuwulira; butano mu nda: okulumirizibwa kw'omu mutima, n'ebirala, okuva mu nda—butano. Kati ku ludda lw'obulamu waliyo kamu kokka. Awo w'obeerera n'ebbeetu okukkiriza, okukiyingiza, oba okukireka, mulaba.

106 Eyo y'engeri obwenzi bw'omwoyo gye kukolebwamu. Mmwe bwe muba, mumanyi nnyo n'Ekigambo kya Katonda, n'okwegatta kw'endowooza, ne bayingiza obulimba bwa Setaani obukontana n'Ekigambo kya Katonda. Ekyo kyennyini Kaawa kye yakola. Okusooka okwegatta kw'omwoyo kuleetebwa kukkiriza bulimba bwa Setaani ng'obuyingiza mu nda y'endowooza ye, ekyayonoona emmeeme ye, ne kuteeka okufa mu mmeeme, olwo ekikolwa eky'omubiri ne kibaawo. Kati engeri yokka omukazi gy'ayinza okwendamu okuva ku mwami we, kwe kuganya omusajja okukyogerako naye olwo n'akkiriza omusajja omulala atali mwami we. Olwo n'ayenda. Bwe kityo n'omugole wa Yesu Kristo bw'aganya ebikwate ebyakolebwa abantu ne biyiiye ne bitwala ekifo ky'Ekigambo kya Katonda, abeera ayenze.

MAT5:28

107 Yesu teyagamba nti, "Buli yenna atunuulira omukazi aba amaze okwenda naye mu mutima gwe... atunuulira omukazi n'amwegomba aba amaze okwenda naye"? Lwaki? Akiganya ne kiyingira mu birowoozo bye. Eyo y'enda; byonna mwe bitandikira. Setaani ayingira—twasigibwa Kigambo.

MAT1:23 LUK1:30,31 YOK6:40,44

108 "Lumu nngenda kuleeta obulamu ku nsi bujjuze ensi." Ekyo Kaawa kye yalemerwa okukola, Malyamu yakikola. Yatwala Ekigambo. Kaawa yatwala obulimba bwa Setaani. Malyamu yatwala Ekigambo kya Katonda. Okuyita mu nsigo ya Malyamu yajjuza ensi nate okuyita mu mugole we, okuyita mu Kigambo, era ajja kuleeta okufuga okw'emyaka olukumi. Okuyita mu ekyo

Bwe ntyo, ne nneebuuza, "Kati kiki ekyo?" ate olwo... "Kale, enngaano eyo yaleekaana, ekyo nsobola okukiraba; ate muwugula ategeeza ki?" awo n'Anngamba nti, "Soma Abaebbulaniya 6."

MAT5:45

178 Enkuba etonnyera abatuukirivu n'abatali batuukirivu. Awo we wali obuzibu; eyo y'ensonga lwaki tetulina mugole yeetegese olwa Kristo kati. Twasiga nsigo ya bibiina by'amadiini mu kifo ky'Ekigambo. Kikoze ki?—kyongedde bw'ongezi baana ba ddiini. Ky'ekyo. Naye wakati mu bo mulimu enngaano eyagwamu. Ky'ekyo.

179 Naye labayo, Omwoyo oyo y'omu aleetera omukkiriza omutuufu, ow'amazima, owannamaddala okwogera mu nnimi, Omwoyo oyo afuula omukkiriza owannamadda Omukulisitaayo (olaba, kubanga afukirira Ekigambo, ensigo), Omwoyo oyo y'omu amuteekawo ng'omuyambi, nga maleeto wa Kaawa. Aleetera ddala maleeto okubeera ensanyufu, ng'ereekaana nnyo, n'ekisanyukira nnyo ng'abalala. Naye amazima gaakyo gali wa?—okusooka ensingo nkyamu!

1KOL13:1-3

180 Byonna omubiri gwammwe bye gwoleka tebigasa! "Bwe njogera n'ennimi z'abantu n'eza bamalayika naye ne ssiba na kwagala, tekirina kye kingasa. Ne bwe nziggyawo ensozi nga sirina kwagala, tekiriiko kye kingasa. Era bwe ngabira abaavu bye nnina byonna naye ne ssiba na kwagala, mba siriiko kye ngasa. Bwe njogera n'ennimi z'abantu n'eza bamalayika, mba nfuuse ekikomo ekivuga n'ebitaasa ebisaala." olaba, tekiriiko kye kigasa. Kkanisa, muwulirize: Pentekoote—teriiko kyegasa! Lwaki? Nsigo ntabuletabule. Tesobola kujja eri Ekigambo.

181 Kati, ky'ekyo. Omubiri ogugenda okuzaala omubiri gwa Kristo nate guteekeddwa kuva mu nda embeerera. Ekigambo, kyennyini! Y'ensoga lwaki... Wuliriza kino. Y'ensonga lwaki baazaala "akakadde akalala mu '44." (Yali nngombo ya Babaptist.) Eyo y'ensonga lwaki ekibiina kya Pentekoote tekyayinza kuzaala bya mwoyo okuleeta okweyoleka ne Kristo, kubanga yali nkuba ya kusiga busizi, n'ezaala ekibiina ky'ekkanisa, n'ekubirizibwa ababuulizi ab'amaanyi, n'ekyamira mu kkubo lya Koola. Ebibiina by'amadiini, ekyo ky'ekyo.

182 Kati, ka tuddeyo mu Ndagaano Enkadde olw'ebifaananyi ebimu, kati nngenda kutandikako wano mu ddakiika ntono olwo mbaleke mugende. Ka tuddeyo mu Ndagaano Enkadde okufuna ekifaananyi okukakasa ebintu bino. Kati, ntutte essaawa eziwerako, nga ndi ku kino. Kati tugenda kukyusa eky'okuyigako, kukyusa enteekateeka. Kati, okusooka, nnina ekintu, nga bwe naakituukako... Nsigazzaayo empapula ntono nnyo wano olwo nngende ku... Oh, abange! Abange! Abange! Mazima! Si ekyo! Njagala kwanguyaako mangu, olwo nkisome, olaba. Nngenda kusoma ddala nga bwe njagala, kubanga mmanyi nti tetunakituukako naye mu kaseera ddala katono, olaba. Kati mukooye? Nedda! Kale, olwo ye nze. Genda mu maaso, ky'ekyo.

183 Kati, eyo y'ensonga lwaki tulina ebyo bye tulina. Kati ebintu bino byonna bye njogedde, bwe biba nga tebikkiriziganya na Bayibuli oba okukwatana n'Ekigambo kya Katonda—bikyamu. Bikyamu. Era n'ebifaananyi bino

Kigambo kya Katonda... .'" Ne nngamba nti, "abo be bakkiriza abo abali ku njegoyego abayinza okujja kumpi ne batuukira ddala ku kyannamaddala ate ne baddayo; ddala ng'abo abaaliwo mu biseera bya Yoswa." Yoswa ne Kolebu baatuuka, naye bano baasigala ku njegoyego, olaba, baalega era ne balaba ku bulungi bw'emirimu gya Katonda, naye ne bakigaana.

173 Buli kiseera abantu batuula mu kkanisa, ne bagamba, "Ow'oluganda Branham, ekyo nkikkiriza," naye tebasimbulangako kukisemberera. Olaba, kizibu gye bali okusomoka. Kale bajja mu kifo ekyo, n'obuulira abakazi ab'enviiri ennyimpi; n'omwaka oguddako nga balina enviiri ennyimpi, ddala nga kye kimu. Obabuulira, ne bakola ekintu kye kimu, olaba. Tebalaba—bakkiriza ba kumugguukiriro. Bagamba bugambi, "Oh, yee, nkikkiriza nti mazima."

BEB6:8

Nti era, "Mazima ddala ekyo tukikkiriza." Naye kino... bwe kituuka awo. "Naye amatovu n'amaggwa ebisemberedde okwegaana, ng'enkomerero yaabyo kwokebwa." Muli ne ndowooza, "Amakulu gaakyo ki? Sikitegeera."

174 Kati bwe nnali nkyatudde awo, ne nneebuuza, "Katonda, oba nga kino kye kintu ky'oyagala ntegeere, ndi wano nga nnoonya okwolesebwa okuva gy'oli, Mukama, okumanya eky'okukola ku buweereza, era nsaba okimbuulire, Kitange." Ne mpulira, eddoboozi ng'erigenda (nnali eyo mu Charleston)... nga lyolekedde New Market, eri, ng'osusse olusozi, bwe natunula ne ndaba ekiringa musoke asimbye mu kiwonvu. Kati mu musoke ono ne ndaba ekintu nga kyetooloola, ne ndaba, nga nsi. Muno ne ndabamu omusajja ng'ayambadde ebyeru.

175 Kati, bangi ku mmwe abali wano muli bato nnyo okumanya bino. Mujjukira, bwe twateranga okukasuka ensigo ne . . .? Ng'oyambalira ogusawo, nga bw'oggyamu bw'okasuka? Mw. Wood, ekyo okijjukira?—okukasuka ensigo bw'oti. Ozikwata mu mukono gwo n'ozimansa bw'oti. Empewo n'ezifuummulira mu ttaka.

176 Nnalaba omusajja ng'ayambadde ebyeru ng'agenda bw'ati, ng'asiga ensigo. Ne mwekaliriza ng'agendera ddala ng'ensonda y'ensi bw'egenda. Ne ndowooza, "Ekyo simanyi kye kitegeeza." Olwo awo, ne ndaba; amangu ddala ng'ankubye amabega, ne wajja omulyolyomi owaddala, n'ajja, nga bwatunula. Yalina ekikutiya kijjuvu ng'asimba omuddo, emabega we. Ne yeetooloola ensi; ng'ankyatunula, nga yeebuzabuuza, omanyi, nga bw'azikasuka bw'ati, wonna mu nsi.

177 Kati ne nziraba nga zimera, enngaano n'emera n'omuddo ne gumera, amagimbi, amaggwa, amatovu. Bwe zityo zonna ne zikulira wamu. Kati ne wajja ekyeya eky'amaanyi, ne ndaba enngaano eyo bambi ng'ewotose, ng'egenda, "Hh-hh-hh-hh-hh-hh-hh," ng'efa olw'amazzi. Ate ne ndaba ne muwugula omukadde ng'awotose "Hh-hh-hh-hh," ng'afa olw'amazzi. Buli omu n'atandika okusaba amazzi, bw'etyo enkuba n'etonnya ku nsi, era mangu ddala ng'enkuba yaakatuuka ku ttaka, enngaano eyo n'ebuuka n'egamba, "Kitiibwa! Kitiibwa! Kitiibwa! Kitiibwa!" era ne muwugula n'abuuka n'aleekaana nti, "Kitiibwa! Kitiibwa! Kitiibwa! Kitiibwa!"

ekigambo kigenda mu maaso, era Ekigambo kisimbiddwa mu buli mutima ogwalondebwa, olwo Omwoyo n'akka n'akifukirira, era tebasobola kufa. "Ndimuzuukiza nate mu nnaku ez'enkomerero." Oh, ow'oluganda, mwannyinaze, ekyo kyannamaddala.

109 Kye ki?—endowooza y'enda y'omwoyo. Eki?—okukitwala oba okukireka. Bwe batyo bwe benda, nga batwala... nga baganya emyoyo gy'obubi egya Setaani okubayingizaamu ekintu ekiwakanya Ekigambo kya Katonda; olwo n'ayenda. Kaawa yatwala (kino mukiwulirize) ensigo y'ekigambo ekikyamu, obulimba bwa Setaani, obukontana n'Ekigambo kya Yakuwa. Ebikivaamu kufa.

110 Kati, mu ddakiika ntono eky'okuyigako kino tujja kukivaako ko, naye njagala kigondere ddala bulungi nga sinnatuuka we tulina kukoma. Nngenda kubaako olupapula lwe mbuukawo kati—mu ddakiika.

111 Kati, laba. Kaawa yakola atya? Yakola ki? Yakkiriza ensigo enkyamu. Yakikola atya?—ng'akkiriza obulimba bwa Setaani. Bameka abagamba nti ekyo bwe kiri? Kale, mazima ddala bwe kiri, ddala. Yakkiriza obulimba bwa Setaani. Kino bwe yakikola yazaala ki? Setaani yagamba, "Omanyi kino kya kitiibwa. Kino kintu kya kitalo. Okimanyi nti wakolerwa ekyo? Kale, mazima wakolebwa lwa kigenderwa kino."

"Oh, bwe nnali?"

Oh, kisanyusa amaaso. Kirungi. Wandikigezezzaako."

Naye Mukama Katonda yagamba, 'Nedda-nedda-nedda nedda tekinnaba.' Tetuteekeddwa! Nedda, nedda!"

"Naye, omanyi... ."

"Oh, bwe tu... .

"Oh, mazima ddala tolifa." Setaani oyo ow'akalimi akasendasenda. Talina binuulo nga bya nsolo n'olukira oluliko eddobo, nga bwe bagezaako okukikukkirizisa, nedda. Ayambala zitennngeenya ku bituuti. Ky'ekyo. Ate era si kazannyirizi w'omuviiri ogubunduse ng'embaata, eyeekukumye eyo ng'alindirira okulumya omwana wa maama. Oguntu ogwo—ogujja nga gulinnganga... Oh, ekyo ka nkireke.

LUB3:5

112 Kati, enda—Kaawa, yatwala ensigo ey'ekigambo ekikyamu. Kati, kati wuliriza nnyo. Kino tugenda kukissiza ddala mu nda, Mukama bw'anaaba ayagadde. Yakkiriza ekigambo ekikyamu. Ky'akola ki?—bw'ali bulimba bwa Setaani, ng'amugamba nti, ojja kuba mugezi; kale, alina kubeera mu kkanisa nnene, mbu ojja kuba bulungi wonna mu kibuga; era, ojja kubeera ng'abantu abalala bonna. Ddala, ekyo kyennyini omugole wa Yakuwa kye yakkiriza. Ekyo ddala. Kirabika ekyo kyennyini Setaani kye yagezaako okwogera Ekigambo bwe ky'ajja eri Malyamu, naye n'amusindika eri.

LUK1:34

Bwe yagamba nti, "Kino kiyinza kubeera kitya?"

N'amuddamu, "Omwoyo Omutuukuvu alikusiikiriza. Kigambo kya Katonda."

N'amugamba, "Kibe gyendi ng'ekigambo kyo bwe kiri." Ekyo ky'aleeta obulamu. Ky'ekyo.

Kale, omanyi Setaani kye yamugamba, "Bajja kukusekera."

113 Akawala ako bambi ak'akateeteeyi aka kapere ekyo tekaakiwuliriza. Ne kagenda mu Buyudaaya... "Mumanyi, nngenda kuzaala omwana"; nga tannabaako kyawulira, kubanga Ekigambo kyali kimaze okuteekebwayo. Ekyo kyali kiwedde. Teyeetaaga kuddayo gwakubiri mu lunyiriri lw'abookusabira. Nedda. Yee, ssebo; yakikkiriza. Teyalinaako yadde akabonero ak'obulamu; teyalina wadde akabonero k'okubeera olubuto; nga taliiko kyawulira; buli kimu kyalinga bulijjo, naye yagenda abuulira buli omu, "Nngenda kuzaala omwana." Lwaki?—Katonda yakyogera. Kiki ekyo?—ensigo ya Ibulayimu ennangira.

"Ogenda kufuna omwana, Ibulayimu mu mukazi oyo?" "Katonda yakyogera."

"Kale, ekyo wakinngamba emyaka abiri-mu-etaano egiyise.

"Nkimanyi, naye Katonda yakyogera." Bwe kiri. Ky'ekyo. Ky'ekintu kye kimu.

Leero ogamba ki? "Kale, omanyi ebibiina by'amadiini bijja kukugoba."

"Naye Katonda yakyogera; Katonda yakyogera."

"Kati, omanyi, bw'obatizibwa bw'otyo... ."

"Katonda yakyogera. Ky'ekyo. Ky'ekyo."

114 Eyo y'embeerera; y'oyo. Si ku kubatiza kwokka, naye n'ekirala kyonna—Ekigambo ekisigadde, olaba. Kale, wekkaanye. Eri Kaawa byombi omubiri n'omwoyo byaliwo. Okusooka n'ekiseera kyonna... kati, bannyinaze, mbagambye nga mbasaba amakya gano, okunsonyiwa ekyo nsobole okukyogera—buli kiseera omukazi oyo atambula bubi—kati njogera ku Kristo n'omugole—naye buli omukazi lw'atambula obubi, asooka kukkiriza mu ndowooza ye. Ky'ekyo. Abasendasenda basooka kumusendasenda, n'akiwuliriza ekikontana n'okusalirwa omusango gwe mwene. Olwo ekikolwa ne kikolebwa. Kale okusooka, kyayingira mu Setaani—ne kigenda mu ndowooza ya Kaawa, mu nda y'endowooza ye n'abuusabuusa Ekigambo kya Katonda olwo ekikolwa kyennyini ne kibaawo.

115 Era engeri yokka gye tusobola okubeera nga tuzaalibwa omulundi ogwokubiri okusooka enda y'endowooza ekkiriza Ekigambo, olwo Omwoyo ne gukikkako ne gukireeta. Ky'ekyo. Ekyo ky'ekikikola. Ow'oluganda, okwo kwe kuyigiriza kw'enjiri okwannamaddala. Nzikiriza nti singa Omut. Paul ali wano leero yandibuulidde ekintu kye kimu ku ssaawa eno. Kale.

116 Yakiggyamu ki?— kufa kwa mwoyo na kwa mubiri. Bagenda kukifunamu ki abo abakkiriza engeri eri endala, mu bino eby'okuzannyirira bye balimu leero?—byombi okufa okw'omubiri n'okwomwoyo. Byombi omubiri n'omwoyo birizikiririzibwa ddala, nga tebikyaliwo. Ekyo bwe kiri ddala.

117 Weetegereze, enda ya Malyamu—enda ya Malyamu, endowooza y'omubiri, olaba, yali nda mbeerera. Lwaki? Yakkiriza Ekigambo kya Katonda. Si nsonga bameka abaakivumirira, omulala agamba ki, ekyo tekirina kye kikikolako; yakkiriza Ekigambo kya Katonda nga tafuddeeyo ku kirala.

YOK5:24

118 Oh, singa ekyo nkimanya. Mukifuna? Olaba, okusooka, yali ndowooza ye.

kye wafuna!" bwe ntyo ne nkitunuulira, ne neetooloolamu katono, era ne neetooloolamu, ku olwo ne nngenda mu kibira, ne nngamba nti, "Katonda nsaasira, nzirayo eka." Ne nzirayo eka. Sirina kye nakyogerako oba ekikontana.

168 Lumu, nnali wano ku *Green's Mill* (bambi mu mpuku yange ey'edda gyemumanyi gyentera okugenda). Nnali nngenzeeyo lwa kintu kirala. Nnali mmaze ennaku nga ssatu oba nnya nga ndi eyo mu kusiiba n'okusaba. Mu mpuku mubeera mukutte, kati lumu mu ttuntu bwe nnali nvuddeyooko era nga ddala enjuba yali eyaka... bikoola. Waaliwo endoddo y'omuti eyali yagwa bw'eti naye wansi waayo (wansi awo okwolekera omwala), nga ntudde awo nnyiimuula mu maaso (kuba nnali mbadde mu mpuku ekutte okumala akaseera). Bayibuli nnali ngitadde wansi bwe nti, muli ne ndowooza, "Kale, mmanyi nja kusomako mu Bayibuli eno." Kati ne nsimba olukokola bwe nti ne mba nga nneesigamye emabega; nga nzenna mbunye ettaka.

BEB6:4,6-8

169 Kati awo ne ntadika okusoma, era bwe nnakwata Bayibuli, yali Abaebbulaniya essuula eyoomukaaga, olaba. "Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakibwako omusana; nem bafuuka abagabanira awamu n'Omwoyo Omutukuvu, ne bamala bagwa okubivaamu, tekiyinzika nate okubazza obuggya olw'okwenenya. Kubanga ensi enywa enkuba egitonnyako emirundi emingi n'ebala enva ezibasaanira abo bee... Naye bw'ebala amaggwa ne ssere, eba eri kumpi n'okukolimirwa, era enkomerero yaayo kwokebwa."

170 Muli ne ndowooza, "Kale, ekyo kye kiki?" Nnayimiriramu, ne ndowooza, "Ekyo kibadde kiki? Oh," ne nngamba, "Ndowooza waliwo ekintu."... vaawo. Nnaliko ekintu kirala kye nsabira. Kati ne nzizaawo nate Bayibuli yange wansi. Ne nngamba, "Kale, ndowooza njakuddamu nfuneyo kye mba nsomako," bwe ntyo, era empewo n'ekomawo n'ekifuuwa n'ekikomyawo. Nnali mu Ndagaano Enkadde; n'ekifuuwa n'ekikomyawo mu Baebbulaniya essuula eyoomukaaga. Ne nziramu ne nkitunuulira, era nngenda okulaba nga ky'ekyo. Nnatunula; ne ngisitula, ne ngisoma nate—ekintu kye kimu. "Kale," Muli ne ndowooza, "bannange! Bill, otandise okulowooleza mu by'okuwanuuza!"

171 Bwe ntyo, muli ne ndowooza, "Kale, nja kusoma wano," ne ntandika okusoma, naye nga sinyumirwa. Ne ndowooza, "Kale, ndowooza nja kuwanika emikono gyange waggulu ntendereze Katonda." Bwe ntyo ne nzisa wansi Bayibuli yange; ne mpanika emikono gyange ne ntendereza Katonda." Bwe nnawanika emikono gyange, empewo n'efuuwa, "Whoosh," n'eddamu nate, kati bwe yafuuwa, ne ntunulawo wali: Abaebbulaniya 6. ne nziramu ne nkisoma. Ne ndowooza, "Ekyo kitegeeza ki? Kuba sikitegeera." Nnali nneerabidde dda endowooza eri eya Pentekoote. Kati ne ndowooza, "Kino kitegeeza ki?"

KUBAL14:29,30 KUBAL26:65 KUBAL32:11,12

172 Kati nnali ntudde awo ne ndowooza, "Mukama, eriyo ekintu kyonna eyo?" ne ndowooza nti, "Kati, nzikiriza mu kulondebwa. Yee. 'Abo lumu abaayawulibwa; ekitundu ku Mwoyo Omutukuvu [olaba], era abaleze ku

163 Bwe ntyo ku olwo naddayo ndabe oba banaazina; banaakyakala, n'okuyimbira mu Mwoyo. Ne nngamba, "Oh, abange, ekyo kiwulikika bulungi! Um!" Omuntu ng'ayinza okuyimirira n'ayogera mu nnimi, ate ono n'avvuunula. Kati, ow'oluganda, bwe kyali. Baggyangayo abantu mu kibiina. Ne nngamba, "Oh, ow'oluganda, kya kitalo!"

"Gamba omukyala Jones oba Gundi, jjangu katikati; Mukama y'amuyita." Awo n'ajja. Ky'ekyo.

164 Ate, ono n'ayogera mu nnimi, oli n'avvuunula, "Oh, abange! Abange! Obufuzi obw'emyaka olukumi busemberedde. Kino ky'ekyo." Bwe ntyo ne... Muli ne nngamba, "Singa nsobola okubasikako mu mikono abasajja ba Katonda abo." Kati bwe nnali ebweru ne nngendako eri omu. Nga tebammanyi, nnali mwawufu mu bo. Bwe ntyo ne nngenda nga ntambulatambula ku kkanisa era nga wayise akaseera nga bawummuddemu, ne mbaako gwe nsisinkana ne... (omu ku bo) ne mmusikako mu mukono, ne mmugamba, "Ow'oluganda, oli otya?"

165 Kati, mumanyi Katonda yampa ekirabo okubaako bye nzuula bw'ayagala mbimanye, olaba. Nalowooza nti, "Bwe mmufuna n'ayogera n'okubaako ky'anngamba, nja kukizuula oba nga ddala kituufu oba kikyamu." Kale abo mbalaba okubeera abakadde baakyo, ne mmusikako mu mukono. "Ow'oluganda, oli otya?" N'addamu, "Naawe oli otya?" ne njogerako naye katono, nga ddala Mukulisitaayo; bwe yali, ne nngamba, "Katonda yeebazibwe!"

166 Nga wayise akaseera nadda mu kasonda, ne mbaza omusajja omulala ono, ne mmugamba, "Ow'oluganda, oli otya?" Ne njogera naye. Bwe mba nga nnali njogeddeko n'omunnanfuusi, ono yali omu ku bo. Yali musajja wa nviiri nzirugavu, yalina omwana mu mukazi ow'enviiri ezaakakupe... abaana babiri mu mukazi ow'enviiri ezaakakupe. Nakiraba mu kwolesebwa, awo wennyini.

167 Awo ne nneebuuza, "Kati, mazima ntabuddwa. Kati, Omwoyo ogwo gwe gumu guyinza—omu ku bantu abo, nga musajja wa Katonda, ate omulala nga wa Setaani, omunnanfuusi?" Ne nngamba, "Simanyi, Katonda ekintu kino ka nkiveeko." Nsuubira nnali wa myaka nga kkumi na mwenda, abiri, "Ekintu ka nkiveeko buvi. Kale, simanyi. Ekyo kiyinza kuba kitya mu nsi? Sirina kye nkyogerako, sirina kye nkigambako, naye namanya nti omuntu oyo mukyamu." Era omwoyo oyo y'omu, mwekkaanya, bw'akka akola ekintu kye kimu. Nti era, "Waliwo ekintu ekintu ekikyamu awantu. Ekyo kye kyokka ekikiriko.:"

Nagamba ku musajja ono... n'abuuza, "Wafuna Omwoyo Omutukuvu?"

Ne mmuddamu nti, "Sirowooza ng'ekyo kye mwafuna nkirina."

Ko ye, "Ekitiibwa kidde eri Katonda! Wayogerako mu nnimi?"

Ne muddamu, "Nedda, ssebo."

Ko ye, "Tomulina."

Ne mmugamba, "Kale, sirowooza nga mmulina," olaba. Nti era, "Kino kintu kipya. Sikirabangako wadde okukiwulirako."

Ko ye, "Kale, yingira awo omufune. Mazima, wuwo."

Me mmuddamu, "Weebale nnyo, ssebo." Naye, "Ow'oluganda, ssaagala

Ng'ekikolwa tekinnabaako kye kikola mu nda ye ey'omubiri, ekikolwa kyalina okusooka okukolebwa mu nda okuganya Omwoyo okujja, okukola omulimu ogusigadde. Oh, kya kitiibwa! Okuzaalibwa kw'omwoyo okutuufu nga tekunnabaawo, Ekigambo kirina okusooka okuyingira mu ndowooza; kikkirize. "Oyo awulira ebigambo byange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, era tagenda kujja mu musango (oba okuyita mu kubunyaabonyezebwa), naye ng'avudde mu kufa agenze mu bulamu." Ky'ekyo.

119 Oh, abange! Kati weetegereze: enda embeerera, endowooza ye, endowooza embeerera okukkiriza Ekigambo kya Katonda. Ogamba, "Kati laba eno. Oh," ogamba, "Ow'oluganda Branham, tekisobola kubeera bwe kityo; kizibu. John Wesley yandikirabye; Gundi yandikirabye."

120 Mazima, Setaani ayinza okuba nga ne Malyamu yamugamba ekintu kye kimu: "Ggwe ani? Kale, ggwe mwavu asembayo mu kibuga. Tolina ky'olina okuggyako okuba omuto, ow'emyaka kkumi-na-mukaaga—kkumi-na-munaana—bwe yali ng'asunda amazzi wano; kitaawo yafa wano ne nnyoko mukazi omukadde muzibe. Kati, mu nsi ekyo oge... [tugambibwa nti, Anna ye yali nnyina] ekyo ogenda kukikola otya mu nsi muno?"

ISA7:14

121 "Wuliriza, namukadde maama wange mukazi muzibe, naye mukazi wa Katonda. Okuyita mu mimwa gye yasiga ensigo mu mutima gwange. Nkisomye mu Kigambo kya Katonda ekyo Katonda kye yayogera mu Isaaya 9:6: 'Embeerera eriba olubuto.'"

122 Aleruuya! Musobola okukiraba, Ekigambo nga kyambala omubiri. Ky'ekyo. Katonda agenda kufuna ekkanisa. Egenda kuba ng'ezaaliddwa Kigambo kya Katonda kubanga ky'Ekigambo kya Katonda ekiramu. Mukiraba?

"Okimanya otya?"

"Kale, kigenda... ."

"Omanyi ky'ogenda okuyitibwanga okuva leero n'okweyongerayo? Ogenda kuyitibwanga... ."

"Sifaayo ku ekyo kye mpitibwa, ekyo tekirina kye kinkolako. Kimbeeko ng'Ekigambo kya Katonda bwe kiri."

123 Oh, ekyo buli muntu asobola okukyogera leero? Oh, singa abantu okuviira ddala mu mitima gyabwe, ffenna, tusobola okukyogera, olaba: "Mukama, kibeere gyendi ng'Ekigambo kyo bwe kiri." Abange! Mukitegeeze. Omu oba babiri oba wonna eyo kuyingira mu kulondebwa okutegeereza ddala ekyo, era, ow'oluganda, ogenda kulaba ensasi nga zibunye wano, awo wennyini. Ky'ekyo. Ekyo bw'oba nga ddala okifunye okukisisinkana, ekijja, awo amazzi ago we gatandikira okukka ku Kigambo ekyo. Yee, ssebo.

124 Kati, kyali ki?—endowooza embeerera, enda, enda embeerera olw'omwana. Kiki ekikivaamu?—obulamu obutaggwaawo. Kaawa, omukazi omulungi nga bwe yali; embeerera nga bwe yali, naye okusooka yaganya ekigambo okuleeta okubuusabuusa mu ye, obulimba bwa Setaani. Ky'akola ki?—Kyamuleetera okukwatagana n'ekkubo ekyamu. Omwana we yali ani?—

kufa.

LUK1:30,38

125 Malyamu: n'endowooza embeerera, enda embeerera. Setaani bwe yagezaako okumutawaanya, ng'ajja—malayika n'akomawo gy'ali namugamba nti, "Ogenda kuzaala omwana." Setaani n'amugamba nti, "Kati, kisingako ekyo okibuulirizeeko." Ko malayika nti, "Kikolwa kya Katonda." Kati bwe yalowooza ku Isaaya 9:6 n'atakibuusabuusa; ng'agamba, "Laba nze ndi muzaana wa Mukama." Kiki ekyavaamu?—kuzaala kwa mbeerera; ekigambo ekitaggwaawo mu ye, n'azaala obulamu obutaggwaawo.

126 Kale, omugole wa Yakuwa, ng'atabuddwa... omugole wa Yakuwa, ensigo entabuletabule. "Ow'oluganda Branham, kati ogamba ki? Ku makya wagambye nti omugole wa Yakuwa yayenda."

127 Sigenda kukireka. Kati ka twekkaanye nnyo. Kati, nsuubira, tulinayo essaawa endala emu. Ate nga nninawo ebirala wano, nngenda kubibuuka, olwo ate mu ddakiika ntandike okusoma, olaba. Nngenda kusoma mangu nnyo nga bwe nsobola okulaba nga nkireeta. Kati essaawa endala nsuubira tujja kuba tufuluma bwe munaangumiikiriza okusaba nange, olaba.

128 Kati, omugole wa Yakuwa yakyamira wa? Ky'ekyo. Lwaki Yakuwa yasindika omugole we e Misiri? Yasuubiza Ibulayimu nti omugole we, ensigo, baliba bagenyi mu Misiri okumala emyaka bina. Si bwe kiri? Ekiseera kituuse Ekigambo okutuukirizibwa. Tuli mu kiseera ky'Ekigambo okutuukirizibwa?—okununulibwa, okuggyibwayo. Kale, Ekigambo baakifuna batya? Baakola kibiina, ekibinja ky'abantu ne bakunngaana wamu ne bakabona ne bagamba, "Kati, ab'oluganda, tubeere n'okusuula akalulu ne kiyisibwa nga bakkiriziganyizza nti tugenda kubeera n'ekibiina ekiyitibwa 'Abafalisaayo' era okuyita mu ekyo Katonda agenda kukola"? Katonda teyakola ku kintu bwe kityo, teyakikola.

2SAM24:11

129 Lwaki yamutuma?—nnabbi. Era Ekigambo kya Katonda kijjira bannabbi, yamubayimusiza, nnabbi, n'amufukako amafuta n'amwoleka n'ebyamagero n'ebirala mu massekkati g'abalala abakolera setaani—kubanga Musa yasigala n'Ekigambo.

KUV12:37,38 KUBAL25:1

130 Bwe yaggyayo abantu abo; yatandika n'ekibiina ekitabuletabule. Bwe baali basemberedde ensi ensuubize, nga tebannatuukayo, omugole we ow'omuwendo n'ayenda ne Mowabu. Kati, mbuulira oba teyakikola. Yakikola atya? Nnabbi omulimba akontana n'Ekigambo kya Katonda, ng'ate yalina obubonero bwonna ne... eby'obulombolombo. Yali wa mwoyo ddala nga Musa bwe yali oba nga mulungi.

KUBAL20:11 KUBAL23:1,4,14,29

131 Labayo! Wuliriza! Kati wuliriza nnyo. Yiino wano Isiraeri mu lusiisira, ekibiina ky'eddiini. Ky'ekyo. Kyali ki? Baalina nnabbi eyafukibwako amafuta. Baali bakola bulungi. Kati wekkaanye, baalina ebyoto musanvu; ekyo kutuukirira. Ku byoto ebyo kwagendangako ensolo musanvu entukuvu—sseddume z'endiga, sseddume w'endiga yakiikirira okujja kwa Kristo.

KUBAL23:1,4,14,29 MAT24:24 MAK13:22

132 Mowabu... Kiki ekyabaawo? Balamu bwe yagendayo, yazimba ebyoto

ekibuuzo) Lwaki enkuba yammwe yonna ey'edda eyo teyaleeta Kristo? Ekyo njagala mukinnyanukule!

MAT24:37 LUK17:26

158 Tukkiriza nti; okujja kwe kusembedde. Nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, baagumiikiriza. Ateekateeka omugole we. Lwaki enkuba ebo... Lwaki Abapentekoote edda eyo emyaka mitono egiyise (bwe mwatandika emyaka ana oba ataano egiyise)—lwaki temwaleeeta Kristo, omugole omusajja, eri omugole omukazi? Ekyo ka tukiyingize eddakiika. Lwaki? Kubanga mwamufunyisa olubuto lw'ebibiina by'amadiini byammwe; ekyo kyennyini kye mwakola. Tasobola kuwasa malaaya. Agenda kuwasa mbeerera. Kigumu, naye ago ge mazima. Mmwe mwakimanyiira mu ngeri eyo. Tekikwetaagisa kukyewuunya. Sikyesittalako; mbabuulira mazima.

159 Lwaki tekyaleeta omugole? Lwaki tekyaleeta Kristo, okuleeta Kristo gy'ali? Kubanga tasaanidde. Yamusanga ayenza—y'ensonga lwaki abaana abazaalibwa tebabeerera. Adamu yasanga mukazi we ali lubuto. Bw'atyo Yakuwa bwe yalina okutwalamu omugole w'Abaamawanga—yamusanga n'olubuto. Na kati Kristo bw'alina okusanga omugole kati—yasanga kino ekibiina nnaleero kiri lubuto. Agenda kusimba ensigo ye; waliwo agenda okugikkiriza, kubanga yayawulibwa okubeera ekkanisa ku nkomerero y'olugendo.

LUB1:11, 12

160 Nga Adamu ne Yakuwa, baabasanga ng'enjigiriza z'ebibiina by'amadiini ezaakolebwa abantu zibafunyisizza embuto. Ng'amazima ga Katonda mu Lubereberye 1, buli nsigo yaleeta ekikula kyayo. Kati Omwoyo bwe yamugwako, omuntu yalimu mu nda ye ng'agijjuzza ensigo y'ebibiina ey'endowooza ye; kale eyo y'engeri gyalimu, era Kristo tayinza kumunona. Umm, ekyo kizibu, si bwe kiri?

161 Lumu, nnali ndi mu Green's Mill, nnali nsabidde ennaku; kyaliwo emyaka mingi egiyise. Ne nngenda e Mishawaka. (Kino mbadde sikyogerangako ku lutambi.) Ne nngenda e Mishawaka. Mujjukira omuvubuka omuddugavu? Nnali naakasisinkana Abapentekoote; nnali simanyi nti waliyo ekintu bwe kityo. Ne nngenda eyo ne mbasisinkana, nalowooza nti nsisinkanye bamalayika. Nabalaba nga boogera mu nnimi n'ebirala. Nnali sikiwulirangako, naye ne mbalaba, nga badduka eno n'eri nga boogera mu nnimi. Ne nngamba, "Abange, ekyo kya kitalo!" U.P.C. ey'edda ne P.A eya W. abo bonna abeegatta. Waaliwo okusosolegana wakati w'abeeru n'abaddugavu; baalina okutwala ekibiina kyabwe mu mambuka. Era nga ye Mishawaka, Indiana.

162 Abange! Nnalina $1.75—nga zimmala kudda ka. Ne nkwatako essimooni ne ngiteeka mu donanti manya mu chapati (nga zaakamala ennaku nga bbiri oba ssatu) ne nngenda ne neefunira ekikopo ky'amazzi ku mudumu, ne nngenda mu musiri gwa kasooli ne nfuluma mu Ford yange enkadde ne mbissa wansi; ne nziggyamu empale yange ey'olwo olunaku (ey'obugoogwa gye nnali nyambadde) ne T-shirt yange. Amakya agaddako era ne nzirayo. Ssaayagalanga kulya nabo. Nayanirizibwa, naye nnali ssaagala kulya nabo kubanga saalina kyakuteeka mu biweebwayo byabwe.

150 Oh, nzijukira bwe nnali nnyimiridde eyo mu kisenge, ennaku ssatu eyo nga nsaba n'okusiiba nga nnindiridde Mukama. Ekyo bwe kyangwako ne nngamba, "Oh, Katonda kiki kino? Nzuuno mu kifaananyi, nzuuno! Singa naaleeta bino eri ekkanisa, naabeera wa? Nadda wa, nkole ki? Ndabye ekkanisa eya buli kika na buli kifaananyi n'ebirala—ekiraga nti ewedde. Onookola ki?"

YO2:25 MAT17:11

151 Kati olwo, ne ndowooza ku Kigambo, "Ndizzaawo, bw'ayogera Mukama; ndizzaawo." Jjukira, omuti omuzuwaali ogw'edda; omuliro bwe gwagutuukako ne gugwokya, ne gukunkumula ensigo. Ensigo eyo n'evaamu omulala. Ky'ekyo. Emiti egy'edda ebibiina byajookya n'ebirala, naye awo waasigalawo ensigo y'Ekigambo. Bwe kiba nga ky'Ekigambo kya Katonda, kigenda kumeruka, kigenda kwezaazaamu ddala nga bw'olaba ensi. Yee, kati, tagenda kukisubwa.

152 Weetegereze, naye Kristo... Tukkiriza nti tuli mu kiseera eky'enkomerero, si bwe kiri? Kati okkiriza nti nga tonnaba kubeera na kimera, olina okusooka okusimba ensigo? Olaba lwaki nzikiriza amakanisa ago gangobe, banngambe buli kye baagala; nga bampita buli kika kya linnya n'ebirala naye ne nsigala n'Ekigambo ekyo? Olaba? Mikwano, waliwo ekisimbe—ensigo esimbiddwa; emaze okusimbibwa. Kimaze okukolebwa. Kati nsobola okukyogera: kiwedde. Ky'ekyo. Amaze okusimbibwa (oh, yee); bwe kityo n'ensigo ey'ekibiina ky'eddiini ewedde, n'abasigadde bonna.

153 Nga muganda waffe omulungi, ow'ekitalo, Billy Graham, yagamba wano mu Louisville, nti, "Pawulo yatwalanga Bayibuli... ." Yakwata Bayibuli n'agamba nti, "Kati Pawulo ng'agenda mu kibuga n'akola okudda obuggya. Ng'ayinza okufunayo akyuka omu; n'addayo omwaka oguddako nga waliyo nkaaga abaava mu omu." Nti era, nja kugenda nkole okudda obuggya kwa wiiki mukaaga nfune abakkiriza emitwalo ebiri n'oddayo nga wayise emyezi mukaaga, n'otayinza kusangayo wadde abiri!"

154 Kye ki? Si bakkiriza! Bakkiriza ba ddiini, ky'ekyo. Ddala. Olina okusiga, olaba, musimba ensigo y'ekinnaddiini, ekyo kye mufuna. "Ow'oluganda, jjangu kati, weegatte ku kkanisa oteeke erinnya lyo mu kitabo." Ekyo kyokka kye bamanyi. Ky'ekyo.

155 Kye kimu Pentekoote ky'ekoze. "Yogera mu nnimi n'ebirala, ekyo kye kyokka ky'olina okukola, olwo oba okifunye. Jjangu, weegatte ku kkanisa." Kale, twala okubatiza kwo okukyamu n'ebirala ogende mu maaso, ekyo kye kyokka ky'olina okukola, olaba.

BEF5:27

156 Naye Kristo bw'ajja, akomawo kunona mbeerera, ekkanisa etalina bbala newankubadde olufunyiro olw'ekibiina ky'eddiini oba ekintu ekirala kyonna, etabuddwamu, n'ebiyiiye. Kiteekwa kuba Kigambo ekyo kyokka.

LUB2:23

157 Kati! Oh, muntu. Tuutuno! Mukama atenderezebwe! Kati, tuyingira mu mubiri okubeera omugole wa Kristo. Kati okubeera ennyama y'ennyama ye, n'okubeera eggumba ly'eggumba lye. Kati, kati ka twanguyeeko. Ennyama y'ennyama ye era eggumba ery'eggumba lye. Lwaki te... (mbabuuza

musanvu ddala nga bye baalina. Toyogera ku nsibiko yaabwe kubanga omanyi ky'oyogerako. Yesu yagamba, "Kiririmba n'abalonde." Mukifuna, awo ky'Ekigambo, era mulamba Ekigambo nga kyeyoleka.

KUBAL23:1,4,14,29

133 Labayo, wano baali eyo; wano ne Mowabu, si kirala wabula bisopu, ddala, omuntu ow'ekitalo, n'azimba ebyoto musanvu. N'abiteekako sseddume z'endiga musanvu—nga bw'agamba nzikiriza nti Masiya ajja. Ow'oluganda, bwe kituuka ku nsibuko, bombi Katonda yalina okubakkiriza.

LUB4:3

134 Kayini bwe yazimba ekyoto (omwana wa Setaani, yazimbira Mukama ekyoto), yazimba ekyoto kya kikula kye kimu nga Aberi kye yazimba. Bombi baasinza; bombi baagenda mu kkanisa; bombi baasasula ebbanja lyabwe. Bombi baali bavunaanyizibwa; baagenda ne basinza Katonda y'omu—omu n'akkirizibwa omulala n'agaanibwa. Kijja kitya?

MAT16:18

135 Yesu yagamba, "Ku lwazi luno kwe ndizimba ekkanisa yange." Ekereziya egamba, "Waliyo olwazi eyo, ekkanisa kw'ezimbibwa; manya e... nti Peetero ye yali olwazi." Ekereziya egamba nti Peetero yaziikibwa eyo. Obwo bulimba, naye... . Okusinziira ku bwe ndabye ekiseera kye bagamba nti Peetero yaziikibwa eyo, Bayibuli egamba awo yali Yerusaalemi. Teyaliiko mu Pal... eyo. Naye mu buli ngeri, bagamba mbu gye yali. Tewaaliiwo kiwandiiko mu byafaayo ekigamba nti Pawulo yaliyooko. Naye bagamba nti Peetero... baamuziika wano, bwe kiba nga bwe kiri, kikola njawulo ki? Ekyo Yesu si kye yali ayogerako. Olaba, engeri gye bataabulamu ebintu.

Kale, Abapolotesitante bagamba nti, "Nedda! Yesu yagamba nti ye lwe lwazi olwo."

136 Kati, teyakyogerako. Yagamba, "Olina omukisa ggwe Simooni, mutabani wa Yona; omubiri n'omusaayi si bye bikikubikkulidde... ." "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu." "Omubiri n'omusaayi... ." tekyamuyigirizibwa mu sseminaaliyo. "Ekibiina ky'eddiini si kye kyakuyigiriza kino, naye Kitange ali mu ggulu y'Akikubikkulidde, era ku lwazi luno (amazima g'Ekigambo kya Katonda ag'omwoyo agabikkuddwa) ndizimba ekkanisa yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza."

137 Mowabu yakola ekintu kye kimu. Yajja, n'eyigiriza abaana ba Isiraeri; ng'egamba, "Mikwano, kati, mulabe eno [kati ekyo ky'ekintu kye kimu kye baakola ku Pentekoote, kati, labayo], kati labayo, ffenna tetuli kye kimu? Katonda gwe tukkiriza si y'omu? Ffenna tuli kye kimu." Abaana ba Moabu yali muwala Lutti. Olaba akabinja ako ak'edda akaawonawo eyo? Era kaali "Kakyalumira," mulaba. B'abo awo, nga bakaba. Mulaba, bwe batyo bwe baali eyo, nga balina... "Kale," yagamba, "kati, labayo, omanyi ffenna tuli kye kimu." (Bameka abamanyi nti baali baana ba Lutti? Ddala, okuviira ddala ku kitaabwe—bwenzi.) Nti era, "Kati, ffenna tuli kye kimu. Omanyi, mmwe Abamethodist, nammwe Ababaptist, ffe Abapresbyterian ne bonna; kati ddala, twagala ku mafuta gammwe. Ffenna tuli kye kimu." Kati baakola ki? Beewasannganga! Ekyo Abapentekoote kye bakola n'Abapolotesitante. Yafumbirwa mu ttabamiruka w'amakanisa; yeekolamu ekibiina, kati aluwa?

Ddala nga Isiraeri bwe yali: baagobebwa olw'obukaba bwombi obw'omwoyo n'obwomubiri. Katonda n'amukyawa okuva ku olwo n'okweyongerayo. Si bwe kiri? Ddala bwe yali. Yakuwa yamugoba.

KUB3:20

138 N'omugole wa Kristo yakola ekintu kye kimu—yatabula ensigo ye ey'ekibiina ky'eddiini n'agoba Kristo, omwami we eyali amwogereza, n'amugoba. Mmwe Abapentekoote ab'olujjulungu; kiki ekyababaako? Kubikkulirwa essuula eyookusatu olunyiriri lwa 20, tukiraba mu bunnabbi, Yesu Kristo ng'ali ebweru w'ekkanisa ye mu mulembe guno ogwa Lawodiikiya, akonkona ng'agezaako okukomawo—ekifaananyi ekisingayo okunyiiza mu Bayibuli. Yakola ki? Yakola obwamalaaya. Yesu bw'ajja, akonkonera ki? Yesu akomawo okutwala omugole we; kyokka bwe yakomawo okukonkona ku luggi, yaggalirwa ebweru.

139 "Kale, tosobola kuyingira wano; tosobola kuleeta kudda buggya. Ka ndabe empapula kwe baakutikkirira"—omuntu ajjuziddwa Omwoyo wa Katonda, omutuufu owannamaddala... Ekigambo kya Katonda nga kirabisiddwa mu buweereza bwe. Nga tewaliiwo wadde ky'oyinza okumunenyaako, mu mpisa embi, oba kyonna. Ani ayinza okumunenya olw'ekyo? Eri ekibiina ky'eddiini: "Kale si aba Oneness; si aba Assmbly; naye Tirinita. Si Tirinita, naye Assembly."

MAT3:9 LUK3:8

140 Mmwe bakitawe ab'obujeemu; muswadde! Katonda abali bweru; naye Yokaana yagamba ki (omubaka oyo eyasembayo ng'okujja kwe tekunnabaawo)? "Amayinja gano ayinza okugafuuliramu Ibulayimu abaana. Temweyibaala nga mugamba, 'tuli ba kino tuli ba kiri.' Katonda asobola... amayinja gano okugafuuliramu Ibulayimu abaana."

141 Kale, kati nga bwe tweyongerayo. Oh, kino nga nkyagala! Omugole wa Kristo, yakola kye kimu ng'omugole wa Adamu n'abalala, yatabulatabula ensigo Kristo n'amugobera ebweru olw'ebibiina by'amadiini ge. Ddala yakikola. Mazima yakikola. Yagaana Katonda (okubeera omwami we) nga Kaawa bwe yakola, n'akkiriza omususa ogw'obulimba bwa Setaani; bw'etyo ekkanisa enfu ey'emikolo, ezaalibwa okuva mu ye. Kati n'ovaawo n'obuyita obulimba!

YO2:25 MAT17:11

142 Obupentekoote bwammwe buli wa?—bya kutuusa mukolo n'okusinga Ababaptist. Ddala, mumanyi lwaki? Kiragira ddala ekifaananyi ekibi katikati, si bwe kikoze? Naye Yoweeri yagamba ki mu Yoweeri 12:28? "Naye ndizzaawo, bw'ayogera Mukama."

143 Nga Adamu bwe yasanga mukyala we ng'ali lubuto lw'ensigo y'okufa kw'obulimba bwa Setaani bwe yali akkirizza, Yusufu yasanga mukyala we ng'ali lubuto lw'ensigo ya Katonda, Ekigambo kye yali akkirizza.

144 Byonna biri ku ki? Ngezaako kugamba ki? Eri mmwe abantu abali ku mpewo, mmwe abantu abali mu mmotoka, nammwe abali mu kkanisa, mulaba lwaki nninga bwe ndi wano ng'ekyo nkyegaana? Si lwa kuba abasajja abo, oba abakazi abo mbakyawa; sibalinaako wadde n'ekimu, naye sisobola kugenda ku ekyo. Sisobola kukikola, kubanga kikyamu.

MAT4:1,4,8,9 LUK4:6,7

145 Otya... Nnina wano ekyawandiikibwa kye njagala okusoma ku Yesu, ku kukemebwa kwe; bwe yagezaako okufuna, ng'agamba, "Nja kukuwa obwakabaka buno bwonna obw'ensi. Bwange," olaba. Kye kimu kye yakola bwe yajja eri Kaawa (olaba) okusooka, okufuula omugaati... ku kulya, n'ebirala, olaba. Nja kukola bino byonna bw'ononsinza." "Bw'onoojja ne wegatta ku kibiina kyaffe."

MAT4:4 LUK4:4

Yesu yagamba nti, "Kyawandiikibwa, 'omuntu taabe mulamu na mmere yokka, naye na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.'"

146 Kye ki? Kati abamu ku mmwe ababuulizi, ekyo kibatiisa okusalawo; mutya nti tebajja kubaganya kujja mu bibiina byabwe: "Olwo kiki ekirala ky'ojja okukola?—bajja kukugoba!" mbasaasidde. Ekintu ekisooka, bwe bunafu bwammwe. Ky'ekyo. Okukkiriza kwammwe mu Katonda kuli wa? Banngamba ekintu kye kimu. Mazima. Nakola emyaka kkumi-na-musanvu, okutuusa Katonda lwe yampita n'anzimbira ku kino, kati ne nngamba, "Kati, Setaani kati jjangu." Mukiraba we kiri. Bwe munaakitegeerera ddala nti Katonda ababikkulidde amazima g'ekintu, tewaliiwo kintu kyonna mu nsi ekiribawangula. Kiba kiwedde. Temugenda kuwangulirwa ddala; si mmwe, naye Katonda mu mmwe. Si Kristo, naye... si omubiri, naye Ekigambo ekyali mu ye. Si Malyamu, naye Ekigambo ekyazaalibwa okuva mu ye.

YUD1:12

147 Kati, olwo omuntu anaaberanga na ki?—si na katikiti ke ak'emmere, naye n'Ekigambo kya Katonda; si na kibiina kyo okukussa mu kifo. "Kale, ka nkulage ebiwandiiko byo. W'oli walungi? Keberawo. Kale, yee, olina kuyimirira awo kikumi ku kikumi. Kale, tusobola okukusembeza akasera olw'okudda obuggya, bakugezesa balabe ky'onookola." O-o-o-o-o abange! Katonda asobola atya okukolera mu kintu bwe kityo?—kifu emirundi ebiri, kyasigulibwayo, okukulwayo, kivundu n'e birala. Oh, abange! Waliwo ekirala.

148 Oh, mmwe, Katonda abawe omukisa. Mumpulire! Siriiko kye nnyinza kukkiriza wabula Ekigambo kya Katonda era njagala kubeera bulamu bwange, kyonna kyendi. Njagala nammwe mukole kye kimu. Ka entambula zammwe, enjogera zammwe, entambula zammwe, kyonna kye mukola, kibeere mu Kigambo kya Katonda. Ka endowooza ya Kristo eyingire mu mmwe, era ekyo kijja kukufunyisa olubuto n'Ekigambo. Bw'oto... Bw'onooganya endowooza y'ebibiina okukuyingiramu, ojja kufunyisibwa olubuto lw'ebibiina. Bw'onooganya endowooza ya Kristo okukuyingiramu, tasobola kwegaana Kigambo kye kubanga ye Katonda. Ekigambo kijja kukufunyisa olubuto era okikkirize. Sifaayo oba bakugoba, bakusuula ebweru, bakufulumya ebweru, era nga buli luggi luggaddwa, ojja kugenda ng'oli kye kimu! Amiina! (Whew!) Nnina okwanguya.

149 Abange! Kristo kati yeetwalidde omugole amufunyise olubuto n'ensigo y'Ekigambo kye mwene mu nda ye (enda y'omwoyo) mu ndowooza ye, era tagenda kwetabula na kasasiro wa bibiina bya ddiini. Mbeerera gy'Ali.